

OBUFUMBO BUWEEREZA MU BITUNDU
OMUSINGI OGW'AMANYI
EKITABO EKY'OKUJJUZAMU

OMUZINGO 1

“Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo” (Matayo 28:19–20).

Craig Caster

Omusingi Ogw'amanyi Omuzingo 1 mubufumbo buwereza mu bitundu.

Emitwe emirala mubuwereza bwo'bufumbo mubitundu.

Okwagala kyeki (Omuzingo 2)

Ebyetaago ebye ngyawulo (Omuzingo 3)

Ekutukiriza ebirabwako (Omuzingo 4)

Obukulembeze obwa katonda (Omuzingo 5)

Okulungamya kwo mukulembeze.

Obutabo bwe mirimu obulala obwa FDM world.

*Omusingi gwo mukristayo ogwa amazima: Omusingi ogw'amaanyi eri omuyigirizwa aka Craig
caster*

Okukuza abaana buwereza mu mubitundu aka Craig caster.

Okutegeera abavubuuka aka Craig caster.

Bwona obutabo bwe mirimu obwa FDM. World busembedwa eri okusomebwa okwa sekinomu, ebibinja ebitono as ekikozesebwa mubuyigirizwa, ne mukuwaburwa.

Kino Kikulu: Amabanga age'mpapuula okuva mukatabo ke emirimu akasooka gagidwamu. Enamba ezempapuula ezimu zandiba zibukidwamu ku lwe nsonga eno.

Omusingi Ogw'amaanyi.

Obufumbo Buweereza Mu Bitundu Omuzingo 1

Craig Caster

Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo. (Matayo 28:19-20)

OBUWEREZA MUKUYIGIRIZIBWA KW'AMAKKA

Esimu: (619) 590-1901

Eyayilo: info@FDM.world

Website: www.FDM.World, www.discipleshipworkbooks.com

Omusingi ogwa amaanyi, Akatabo kemirimu ako Obufumbo buweereza, Omuzingo 1, aka Craig caster.

ISBN 978-1-7331045-0-0

Okukubisa ne nkola eya kali magezi obwananyini 2019 bwa Craig caster. Obwananyini bwona busigalizidwa.

01052021

Okugyako mungeri endala ewandikidwa, byonna ebyawandikibwa bigidwa okuva mu nkola empya eya king James version. Obwananyini 1982 bya Thoma Nelson. Bikozezedwa awali olukuusa. Obwananyini bwona busigalizidwa.

Ebyawandikibwa ebilabidwa na kabonera NASB bigidwa mu New American standard Bible obwananyini 1960,1962,1963,1968,1971,1972,1973,1975,1977, 19995 bya musinji gwa Lock man. Bikozezedwa awali olukuusa.

Ebyawandikibwa ebilambidwa ne NIV bigidwa okuva mu Baibuli entukuvu, New international Version. NIV obwananyini 1973,1978,1984,2011 bya Biblica. Bikozezedwa awali olukosa. Obwananyini bwona busigalizidwa ensi yonna.

Awatali kukoma kulukusa lwa bwa nanyini obusigalizidwa wagulu, tewali kitundu kukufulumya kuno - newankubade mu bukubiswira oba munkola eya e-book, oba ekintu kyona ekikubisidwa ekyawukana - kyandi nadamu Okufulumizidwa, okuterekebwa munda oba nekyanjulibwa mu mutendeera ogwo'kukiza oba nekisindikibwa, mu ngeri yona oba mungeri zonna (mubyamasanyalaze, ebyuma, okwokesamu, okukwata a maloboozi oba nengeri endaala) awatali lukuusa luwandiika.

EBIRIMU

Entandikwa	7
Enyanjula.....	9
Esomo 1: Olugendo Lw'Omuntu	12
Esomo 2: Muluberyeberye.	19
Esomo 3: Katonda Omutonzi Ow'Obufumbo.....	27
Esomo 4: Ebigendererwa Bya Katonda Eri Obufumbo	34
Esomo 5: Okukwatagana n'Empisa Ez'Obwakatonda.	43
Esomo 6: Omusingi Ogw'amaanyi	51
Esomo 7: Ebirungo Ebisatu Ebikulu	57
Esomo 8: Katonda Ayagala Okwagala Kwo.....	65
Esomo 9: Ejjinja Edene Ery'oku Nsonda	75
Esomo 10: Enkyukakyuka ey'Ekitalo	83
Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa	92
Ebisembayo	107

Entandikwa

Katonda yatonda ekitongole kyetuyita obufumbo, era kilumbidwa bubi nnyo. Ebigambo ebyo biyinza okuwulikika nga sibyalijjo gy'oli, naye embeera z'obulamu embi ennyo ezirabikako, zisibuka munkolagana wakati w'omwami n'omukyala. Abagalana nga bamaze okufumbiriganwa, buli omu atandika okwekwata kw'ebyo by'ayagala era byayayanira. Ebiseera nga biyiseewo, ebizibu bisigala nga tebisaliddwa magezi, era okunakuwala, okunyiga, n'obusungu, bireeta okulumwa, ekiviiramu okwekyawa n'okuwoleera. Abantu ababiri bwebayingira mu bufumbo obutukuvu n'essubi ng'eryo, n'ebiruubirirwa ebirungi, lwaki obufumbo bungi bulemererwa? Mungeri y'emu, lwaki abagalana bangi batebenkedde munkolagana ezitamaliza?

Ekitabo kino kiweebwayo eri Katonda n'okwagala kwe eri buli mufumbo okufuna emikisa gye yali ayagala mu bufumbo. Abantu babiri bwe beegatta ng'omwami n'omukyala nga tebatendekeddwa mu nonno za Katonda, era emirundi mingi nga tebalina byakulabirako bya Katonda okuva mu biseera byabwe eby'emabega, mu bwesimbu tebamanyi ngeri gye bayinza kulabiriramu bannaabwe. Biyinza okuleeta obulumi obw'emabega n'obuzibu obw'amaanyi obweyongera. Okuyitira mu kitabo kino, Katonda ajja kubikkula amazima agataliiko kuteesa agateekwa okugobererwa, oba ebinaavaamu bijja kuba okuggwaamu amaanyi n'okwekyawa. Mu bufunze, obulumi bungi.

Ebyo okubala bilaga nti obufumbo bungi wakati mu bakristayo bukomekereza mu kwawuukana. Nga abaana ba katonda era abasiika be bisuubizo bye byona, lwaki abakiriza baremererwa? Ekizibu kiri nti okubulwa okumanya, okubulwa okuyigirizibwa mu nonnoz z'ebyawandikibwa. Ekyenaku, ekanisa teri kuteekamu manyi gamala mu kitundu kino okukyusa ekyo ekiri okwera abangi wansi mukubo elyo okusanyizibwawo. Abafumbo bali mubwetavu obw'amaanyi obw'okusomebwa ebyawandikibwa, okubeera nga bayigirizibwa abalala mu mazima ga katonda. Abakiriza bwebayiga biki katonda by'ayagala ne basalawo okumugoberera nga abayigirizwa ba kristo, bagya kufuna ekisa namanyi okuwangula ekizibu kyona.

Katonda ayagala okweraga nti wa maanyi ku lwaffe era ayagala tumugulumize mu bufumbo bwaffe. Naye naffe tuteekwa okuba nga twagala. Tukimanyi nti obufumbo bukulu nnyo eri Katonda, naye Abakristaayo abasinga obungi oluvannyuma lw'emyaka kkumi mu bufumbo bakyawulira nti tebasobola kuyigiriza balala. Lowooza ku muntu eyali amaze emyaka kkumi ng'akola omulimu. Bayinza okuba nga bekakasa bulungi nti basobola okutendeka omuntu omulala. Era Katonda afaayo nnyo ku ngeri gye tulabiriramu bannaaffe okusinga emirimu gyaffe.

Bw'onoomala ebituntu bino mu mbeera ey'okusaba, Katonda ajja kukubulira ekigendererwa kye ng'omwami n'omukyala. Ebintu byonna byesigamiziddwa ku mazima ga Baibuli. Ebitabo eby'okukozesa n'okujjuzamu bijja kukukulembera n'Ebyawandiikibwa n'okukuwa ebyokulabirako eby'omugaso ebinaakuyamba okussa mu nkola enonno z'oyiga. Ate era ebitundu bino bigendereddwaamu okuyigiriza abalala. Bw'oggulawo amaaso go olw'engeri ey'ekitalo Katonda gy'akyusaamu obulamu bwo, ojja kulaba ng'abalala bangi nabo beetaaga obuyambi.

Mukama katonda, webale kutulaga mutima gwo n'okwagala kwo jetuli okuyita mu kigambo kyo. Nkusaba owe omukisa abo abayita mu kitabo kino. Babikulire enono era bazitegere bulungi. Bawe emitima egy'obuwombeefu basonyiwe abo ababakosezza n'okwagala okusonyiyibwa abo be balumiza. Katonda, gulumizibwa mu bufumbo bw'abo abaagala okukugoberera. Amiina.

Enyanjula.

Akatabo kano kakoledwa okkulunḡḡamya mukuyigirizibwa, ekitegeeza okutambulira mu nnono za katonda. Bwe tukozeza ebigambo nga okutambula, tusuubira nti okitegeera nti okubeera wansi w'ennono zino kikulu nnyo ng'okuyiga okutambula.

Bino by'ebiruubirirwa by'ekitabo kyaffe eky'okujjuzamu:

1. Okukulaga nti Katonda atuwa ennono z'obufumbo.
2. Okutegeka obeere nebikozesebwa n'okuteeka mu nkola ennono zino, era
3. Okulunḡḡamya obufumbo bwo n'ab'omu maka go mu kusonyiwa, okuwonya, n'okuba obumu okuyitira mu buwulize eri Katonda.

Obuwereza mukuyigirizibwa kw'amakka obwa Famire discipleship ministries buliwo okuyamba mu kusomesa omubiri gwa Kristo mu bintu ebikulu, okulemererwa okuyigiriza abalala kikwatagana buterevu nokulemererwa mu bufumbo ensangi zino. Era tumanya tutya kino? Olwebyo byetulabye, byetuyiseemu, n'ebyo bye tuzudde mu miwendo egikakasiddwa leero.

Omutendera

Essomo lyawuddwamu emirundi ettaano. Tutandika n'omuzingo ogusooka netweyongerayo nemizingo emilala nga bwegiddiringana. Gwe okubuuka emizingo egimu notagisoma kubanga tojagadde kiba kikemo gyoli era tekiba kirungi kubanga buli ssomo lilina kyelikuyigiriza era lizimbidwa ku linalyo. Okugeza wandiyagadde okumanya ebyetaago byomwami oba omukyala byeyegomba, naye waliwo ennono zebyawandikibwa eziyamba omuntu okuyiga nga tonaba kumanya nyo mwagalwawo byayagala mu nkola ey'obwakatonda.

Fuba okumaliriza omusomo gumu buli lunaku okumala ennaku ttaano. Okusobola okuyiga obulungi buli lunaku kikulu nnyo mu by'omwoyo.

Ennono zino zigezeseddwa era nezikakasibwa bulungi. Nzikozesezza mu bufumbo bwange era nyambye bangi nga nzisomesa emirundi mingi nga mpabula abafumbo n'okusomesa mu bibiina. Tegeera kino nti kano si katabo "*ak'ebintu bitaano ebyangu okukola mu bufumbo.*" Okubeera omuyigirizwa wa Baibuli mulimu muzibu era kyetaagisa okwewaayo eri Katonda by'ayagala nga bw'okyusa ebimu ku ndowooza zo n'enneeyisa yo. Ekyo kijja kwetaagisa okwewaayo, okwefiiriza, n'obwetoowaze.

Okutandika buli lunaku:

- Tunuulira buli kusoma kwa buli lunaku ng'ekiseera ky'omala ne Katonda wo, era Musuubire okwogera naawe okuyitira mu Kigambo Kye.

- Olunaku lutandiike ne saala, osabe mukama akulage wa wolina okukyusamu era akuwe n'amaanyi okuteeka mu nkola by'oyize.
- Fumiitiriza. Toyanguyiriza kuyita mu bintu ogambe nti omalirizza. Katonda muwe obudde okwogera naawe, era fumiitiriza ku ebyo bye muyiga.

Ebintu by'Olina Okumanya:

- Okusoma kuno kintu kipya mu byokola era kijja kwetaagisa okiwa obudde. Eby'okuyiga birina okukolebwa buli lunaku. Bw'osubwa olunaku, tobuuka mpapula, wabula fuba okumaliriza byonna by'osoma mu ntegeka y'abyo.
- Ebyawandiikibwa biraga bulungi nti obufumbo bukulu nnyo eri Katonda. Bw'oba ng'olina obuzibu okumaliriza eby'okuyiga, sabira entegekazo n'ebintu ebirala by'olina okukola. Saba omuntu okusaba nawe bwe kiba kyetaagisa.
- Jjukira nti omwagalwawo wa mugaso nnyo mu kufuba kuno. Muyige wamu oba mu ngeri ey'enjawulo, buli kiseera mukubaganya ebirowoozo naye ku ebyo bye muyize era musabe mukole enkyukakyuka zonna eziba zeetaagisa.
- Eby'okuyiga biyinza okwawukana ku bungi bw'ebiweereddwa. Oluvannyuma lw'okumaliriza buli ssomo, tunula mu ky'okuyiga ekiddako osobole okuteekateeka obudde bwo ne Katonda, ofunemu ekisinga obulungi.
- Ekifo kiweebwa okuddamu ebibuuzo n'okuwandiika ebirowoozo byo n'okusaba. Bw'oba ofunye ekitabo kino ekyokujjuzaamu okuva kuyintaneti n'okiprintinga, tukuwa amagezi okukinyeza n'obuuma busaatu obwa binding n'oteekamu empapula endala zonawandikamu obuwandiike bwo.

SIMA EBUZIBA

Ekitundu kino kiwa akakisa okusoma Ebyawandiikibwa n'okubikwataganya n'ensonga eyogerwako. Ojja kweyongera okumanya Baibuli, ennono za Baibuli ezikwata ku bufumbo, n'ekyo Katonda ky'akusuubiramu ng'oli mufumbo.

Okwekebera

Bw'oba osoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikuwa obudde okwekebera, okuzuula ebifo ebyetaagisa okulongoosaamu. Ekifo kiweebwa okuwandikaamu olukalala lw'ebyo byoyize, okwatula kwo, n'okusaba amaanyi n'amagezi okukola enkyukakyuka ezo. Ekimu ku bintu ebyinza okubaawo ng'omuyigirizwa bwe kwe kuwa embalira ey'obwassekinonu. Katonda bw'akuraga nti wasobya omwagalwawo oba abaana bo, kkiriza ekibi kyo obasabe okusonyiyibwa. Kino kikole buli kiseera ne bwe kiba nga tekimanyikiddwa.

FAYIRO Y'AMAZIMA

Obubokisi nga buno, buwa ennyinnyonyola y'ebigambo oba ebigambo ebiva mu Baibuli. Tufaayo nnyo okukozesa enkuluze za Bayibuli ezimanyikiddwa ennyo, ez'eddiini, ennungi n'eby'okuddamu okusobola okutegeera obulungi ebyogerwako bwe kiba kisoboka. Bingi ku binnyonyola bino biri mu Ekyongerezeddwako R: *Enkuluze.*

Enteekateeka y'Okukola

Oluvannyuma lw'okusoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikusoomooza okubaako ky'okolawo n'okussa mu nkola by'oyize mu bufumbo bwammwe. Okusobola okubeera abayigirizwa ab'amazima tuteekwa okutegeera nti Katonda takoma ku kwagala nti ffe tweyongere mu kumanya, naye era atulagira okutambulira mwebyo bye tumaanyi.

Ebikozesebwa Ebyongerezedwaako

Nkusaba okozese ebintu ebikozesebwa ebiri ku nkomerero y'ekitabo. Biriwo kulwo'kukula kwo, era tubyoogerako mu bitabo byonna eby'okujjuzamu. Nga tonnatandika lugendo luno olulungi, jjuza *Ekyongerezedwako A: Ebbaluwa ey'Okwewaya* (omuzingo 1).

Okulungamizibwa kw'Omukulembeze

Akatabo k'okulungamizibwa kw'omukulembeze kasangibwa ku FDM.world wansi wa *Free Ministry Downloads* nga kitegeza nti osobola okawanula okuva ku intaneeti kubwereere. Ebintu byonna ku mukutu gwaffe ogwa Intaneeti biteeka essira ku kuyigirizibwa era biweebwa ku bwereere.

Esomo 1: Olugendo Lw'Omuntu

Esomo lino lyonna lyesigamiziddwa ku nteekateeka ya Katonda ey'obufumbo, ekitegeeza nti ye yatonda omusajja n'omukazi okubeera obumu mu bufumbo buno obutukuvu. Okulaba obufumbo ng'obuweereza kituyamba okuba n'endowooza nti omusingi gw'obufumbo gwetaaga okuba n'endowooza ennungamu etunulira obufumbo ng'obuweereza. Omwami n'omukyala bombi kati bali mu buweereza obw'ekiseera kyonna, nga buli omu aweereza munne n'ebigendererwa bya Katonda. Katonda teyatuteeka wano ku nsi ng'asuubira nti tujja kutetenkanya obufumbo ku lwaffe. Bayibuli— Ekigambo kya Katonda—erimu ebintu byonna ebisobola okutuyamba mu nsonga zonna ezikwata ku nkolagana yaffe.

Mu Kigambo kye, Katonda takoma ku kutulaga bigendererwa bye byokka eby'obufumbo naye era n'engeri y'okuteekawo omusingi gw'obufumbo obulungi. Okuyitira mu kusoma kuno, ojja kuyiga engeri y'okwagala okwa nnamaddala, omuntu ky'asinga okwetaaga mu mukwano. Okusuuka kwekyo, ogya kuzuula ebyetaago ebirala ebyengyawulo eby'omwami oba omukyala kubanga, nga bwomanyi, nga bw'omanyi abasajja n'abakazi ba njawulo. Te tuli? Mu kiseera kino, ebyaliwo byandibadde bituyigiriza nti tuli ba njawulo mu mubiri ne mu birowoozo oba ne mu newulira.

Okutegeera Ekigambo kya Katonda kye kyogera ku byetaago by'omukwano kikulu nnyo. Awatali kino, tulina endowooza zafe kuki kyetwetaaga oba kyetusubira okuva eri omuntu omulala. Embeera ya "ndowooza _____ kye netaaga" ezaala okusuubira kungi okutali kwa byawandikibwa kuki kyetukiriza nti omukyala oba omwami kyalina okukola okugaba munkolaga eyobufumbo, era twesanga mubuzibu. Singa ebyetaago byaffe eby'omukwano eby'amazima, Katonda by'atuwadde bitateegeerwa era ne bituukirizibwa okusenziira ku nteekateeka ye, tujja kufuna kutuukirizibwa mu bufumbo.

Okusoma kuno nga tekunaba kugwa, ojja kuyiga ebintu ebikulu ebikwata ku bukulembeze bwa bakabona nga Katonda bw'ayitidde omwami, naye nga era bya mugaso nnyo n'eri abakyala. Abakyala mukubirizibwe n'obukulu bw'obuvunaanyizibwa bwammwe obw'omu Baibuli, nga kwe kuwagira omusajja wo mu buweereza Katonda bwe yamufukako amafuta okujjuza awaka. Bw'okola bw'otyo, ojja kuyamba omwami wo okutuuka ku buwanguzi, era n'okumuyamba okukkiriza nti asobola, olw'ekisa kya Katonda, okufuuka omukulembeze atya Katonda n'okwesiga Katonda okumuwa byonna by'ayagala okusobola okutuuka ku buwanguzi.

Katonda ayagala okulaga nti mwesigwa. Ayagala nnyo okweraga. Ddala bw'atyo bw'akola. Ayagala abantu balabe obulungi bwe, okumugulumiza nga bayita mu bufumbo, olwo abalala abalina obuzibu balyoke bayimirire nga beebuza nti, "Kiki kye balina ffe kye tatalina? Katonda atuyita okuba ekitangaala mu nsi eno ey'ekizikiza.

Akatabo kano ake'mirimu mubuyingirizibwa bwo bufumbo, kalina okudamu kwe bizibu byo, ebyokudamu eri ebibuzo ebyo byobade olina. Bwoba nga ozalidwa mu famire yakatonda okuyita mubulokozi mu Yesu Kristo, akuyita mwana we era okutadeko Omwoyo Omutukuvu mugwe okusomesa okuva mukigambo kye. Olina byona byewetaaga okuwangula. Ekitundu kyo

kwekuyayana okutukiriza okwagala kwe mubufumbo bwo, era eyo yengeri yokukungula emikisa gya katonda. Toggwaamu maanyi. Sigala nga olemerako.

Temulimbibwanga; Katonda tasekererwa: kubanga omuntu kyonna ky'asiga era ky'alikungula. Kubanga asigira omubiri gwe ye, alikungula mu mubiri okuvunda; naye asigira Omwoyo, alikungula mu Mwoyo obulamu obutaggwaawo. Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi: kubanga ebiro bwe birituuka, tulikungula; nga tetuzirise. (Abaggalatiya 6:7-9)

Oluvannyuma lw'emyaka mingi nga mbuulirira, nkizudde nti Abakristaayo abasinga obungi tebamanyi Katonda ky'ayagala mu bufumbo.

Wesigame ku Katonda.

Katonda ayagala akutegeeze nti asobola okukuwa buli kye weetaaga. Ng'osoma ennyiriri zino, wetwalire ebisuubizo bye mu kukkiriza.

Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye. 4Mu byo mweyatuweera ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo omungi ennyo; olw'ebyo mulyoke muwone okuzikirira okuli mu nsi okuleetebwa okwegomba okubi, mulyoke mugabane ku bwa Katonda bwe. (2 Peteero 1:3-4)

Peteero agamba nti katonda atuwade "ebintu byonna ebyetagsibwa eri obulamu", omuli n'ebikozesebwa byona ebyetagsibwa okuzimba Obufumbo bwe byawandikibwa. Ekilagiro kyafe kigambo kya katonda era nga bwekisubiza mu lunyiriri 3, "kulwamanyi ge ag'enjaawulo" nti tugya kuwangula.

Bwe tuzalibwa obugya kulwo okukiriza mu yesu kristo, tufuna omwoyo omutukuvu (Abefeeso 1:13-14), era amaanyi agazukiza yesu okuva mubafu gatandika okukola mufe. (Abefeeso 1:19-20). Naye tolemererwa kukilaba nti byona bisobola okutukibwako "okuyita mukumanya kwe"

Okumanya Kristo kukwata nnyo ku mukkiriza era kujja okuyitira mu bulokozi bwokka n'okunywerera ku ye n'Ekigambo kye. Okunyera kitegeeza "okusigala mu kifo" era kiraga ekisingawo ku kumanya okw'omumutwe, okutegeera okw'obwongo ku Yesu. Kitegeeza okufuna Ekigambo ng'amazima n'oluvannyuma okubeera omuwulize.

FAYIRO YAMAZIMA

Amaanyi – *Dunamis* (Luyonani). Embeera ey'amaanyi agajjude oba okufuna obusobozi okukola ekyo katonda yeka kyasobola okukola. Ensibuuko yafe "ge maanyi ge ag'ejawulo".

Okumanya – *Epignosis* (Luyonani) Okwenyigira ennyo mu kufuna okumanya. Tufuna ku bwa katonda bwe n'ebisuubizo "okuyita mu kumanya kwe."

Bwe tubeera mu Kristo, tetukoma ku kufuna kumanya kuyinza kutukyusa, naye era tusobola okufuna "ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo" okuva eri Katonda omwesigwa ebitundu 100

Omusinji Ogw'amanyi

ku 100. Era, ng'omuntu "afunye ku bwa Katonda bwe," ddala ofuna amagezi ag'obwaKatonda n'amaanyi g'obufumbo bwo, okusenziira ku bisuubizo bye.

OKUSIMA EBUZIBA.

Laaga kiki katonda kyasubiza mu nyiriri zino.

Kubanga mukama katonda ye njuba, ye ngabo, mukama anaagabanga ekisa n'ekitiibwa; tammenga kintu kirungi kyonna abo abeegendereza. (Zabbuli 84:11)

Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe era byonna mulibyongerwako. (Matayo 6 :33)

Okwekebera.

Amazima gano gakwata gatya ku ndowooza yo ku bufumbo bwo?

OKUSIMA EBUZIBA

Laaga amateeka mu byawandikibwa bino era kiki ekisubizidwa gyoli

Temulimbibwanga, katonda tasekererwa, kubanga omuntu kyonna ky'asiga era ky'alikungula. Kubanga asigira omubiri gwe ye, alikungula mu mubiri okuvunda naye asigira omwoyo alikungula mu mwoyo obulamu obutaggwaawo. Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi kubanga ebiro bwe birituuka, tulikungula nga tetuzirise. (Abaggalatiya 6:7-9)

Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya katonda, olw'okuteerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi n'obulungi bwe ye, ebyatuweesa ebisuubizibwa eby'omuwendo omungi ebinene ennyo olw'ebyo mulyoke mugabanire awamu obuzaaliranwa bwa katonda, bwe mwawona okuva mu kuzikirira okuli mu nsi olw'okwegomba (2 Peteero 1:3-4)

Teeka Akabuuzza Ku Bumanyirivu Bwo Mu Biseera Ebyayita.

Bangi kufe tutebereza nti bazade bafe bali batebereza butebereza okugonjoola ebizibu mubufumbo bwabwe.

Bwotunulira obulamu bwo obwemabega ne bazade bo, okukiriza nti balina entegeka eye byewandikibwa enungi ekolera bombi? _____eye_____Neda.

Enkola mubufumbo bwo (embeera, ebisubirwa ne empuliziganya) zisinzira mu nonno ze byawandikibwa? _____eye _____Neda.

Olw'okuba omwami n'omukyala bombi tebaalina byakulabirako bye bimu, buli omu aleeta ebyabwe eby'emabega mu kiseera kino, ate oluvannyuma ne balwana nga bagezaako okufuna enkola bombi gye bakkirizamu mu bufumbo. Mu mbeera eno, tebasobola kutuuka ku bakolera bombi olw'endowooza zaabwe ez'enjawulo, era emize mingi egyizikiriza gikula nga ebiseera bingenda biyitawo.

Oluvanyuma lw'okutegeera bino byonna, tusaanidde okuyiga enonno enkulu esooka ey'obufumbo obulungi: kikulu nnyo okwesigama ku Kigambo kya Katonda. Endowooza engama nti, "Nalooza nti singa nkola omulimu obulungi okusinga bazadde bange, obufumbo bwange bwandibadde bulungi okusinga obwabwe!" kya bulijjo, kyokka si gwe musingi ogw'okutuuka ku buwanguzi. Baibuli eteekwa okuba omusingi gw'obufumbo bwammwe, era enkola ey'okutuuka ku buwanguzi kwe kuzozesa amagezi ga Katonda. Katonda ayagala buli omu ku bafumbo akimanye nti awadde amagezi agetagisa n'ekisa eri buli muntu ayagala okukola okwagala kwe.

OKUSIMA EBUZIBA.

Laaga kiki katonda kyayogera ku ky'okumugoberera oba okugoberera amagezi go.

Weesigenga Mukama n'omutima gwo gwonna.

Omusinji Ogw'amanyi

So tweesigamanga kutegeera kwo gwe
mwatulenga mu makubo go gonna
era anakulungamyanga olugendo lwo. (Engero 3:5-6)

Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungu,
naye enkomerero lyaayo makubo ag'okufa (Engero 14:12)

Mu kyawandiikibwa kino, pawulo yatulagila okutambulira mukubo eriimu, mukubo elye engyawulo:

Kale nga bwe mwaweebwa kristo yesu mukama waffe, mutambulirenga bwe mutyo mu ye, nga mulina emmizi, era nga muzimbibwa mu ye, era nga munywezebwa okukkiriza kwammwe, nga bwe mwayigirizibwa, nga musukkirira okwebaza. (Abakkolosaayi 2:6-7)

Tusaanidde kutambula tutya? Bw'oba otambulira mu ngeri eyo, kinaakwata kitya ku bufumbo bwammwe?

Pawulo yakola okugeraageranya mu lunyiriri 8. Yagamba nti mwegendereze, ekitegeeza "mwegendereze era mweyongere okwengendereza."

Mwekuume tewabeerangawo muntu abanyaga mu bufirosofo n'ebyo obulimba ebitalimu okugobereranga ebyayigirizibwa abantu okugobereranga eby'olubereberye eby'ensi. Okutali kugoberera kristo. (Abakkolisayi 2:8)

Obulabe kyeki? Obulabe buno busibuuka wa? Okusinzira ku byawandikibwa, kiki kyewetaaga okuumanya?

Wa wetulina okubeera nga tugya obubaka bwafe, amagezi ne ebilagiro?

OKUSIMA EBUZIBA

Laaga wansi ebiyinda okuvaamu, ebirungi n'ebibi.

Omuntu yenna tabalimbanga n'ebigambo ebitaliimu kubanga olw'ebyo obusungu bwa katonda bujja ku baana abatawulira. (Abefeeso 5:6)

Okutambulanga nga bwe kisaanira mukama waffe olw'okusiimibwa kwonna, nga mubalanga ebibala mu buli kikulwa ekirungi era nga mukuliranga mu kutegeera katonda. (Abakkolisayi 1:10)

Era buli kye munaakolanga, mu kigambo oba mu kikulwa, mukolerenga byonna mu linnya lya Mukama waffe yesu, nga mwebaza Katonda Kitaffe ku bubwe. (Abakkolisayi 3:17)

Entegeeka ey'Ebikolwa.

Ng'oggyeeko Ekigambo kya Katonda, amaanyi, n'amagezi, tetusobola kubeera bafumbo Katonda bw'ayagala tubeere. Bw'oba olina ky'obuusabuusa ku ky'okubeera omwana wa Katonda, kyukira Ekyongerezedwako B: Okuwaayo Obulamu Bwo eri Kristo era ogoberere okulungamizibwa okuva mu Kigambo kye ku ngeri gy'oyinza okuyingira mu famire ye.

Esomo 2: Muluberyebereye.

Muluberyebereye, Katonda yatonda omusajja n'omukazi era n'atondawo obumu obutuukiridde eri ababiri be tumanyi ng'obufumbo.

Omusajja ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina ne yeegatta ne mukazi we nabo banaabanga omubiri gumu. (Oluberebereye 2:24)

Okunyonyola okwe ensi eri Obufumbo kukyukide daala, naye enteekateeka ya Katonda eyasoka tekyuuse. Okulaba okwesimbu okuva mu ndowooza yebyawandikibwa kugya tuletera okukiriza nti enkyuka kyuka ezisinga tezibade za bw'aKatonda, Era nti obufumbo n'amaka bibonyaabonyezebwa nnyo. Esonga esinga obukulu eri nti tetumanyi Kigambo kya Katonda, naddala enteekateeka ye n'ekigendererwa ky'obufumbo. Newankubade obubaka buno bubadewo, abantu tebalagiridwa oba tebayigirizidwa ku nonno ez'obufumbo.

Okubulwa okuyigiriza kwa Baibuli, oba okugaana obuyinza bwa Katonda, kireetera abafumbo okugoberera obuyinza bw'ensi oba ekkubo lyabwe. Ebbanga bwe lizze liyitawo, kigambibwa nti abafumbo ababeera awamu nga tebalina kwewayo eri obufumbo beeyongedde ebitundu 400 ku 100. Kakano kikirizibwa omukazi okubeera no lubuto oba okukuza omwana gwatazade awatali kubeerawo kwa mwami.

Okumanyagana kwa bali bebisiyaga kweyongode era kutwalibwa nga embeera ekirizibwa okukuza abaana. Bangi abokulabirako bali kumikutu egimanyidwa, kumutimbagano, nemu bifananyi ebyoyongede mu Hollywood ebirungamya mukubo elye ebitundu ebisanyawo. Obufumbo bw'abalyi b'ebisiyaga bweyongedde era butwalibwa ng'embeera ekikkirizibwa okukuza abaana. Waliwo ebyokulabirako bingi mu mikutu gy'empuliziganya, ku Intaneeti, ne mu bitabo ebisobola okutumbula endowooza z'abantu mu Hollywood, era nga bakulembera mu nsonga zino ez'okuzikiriza.

Toggwaamu Maanyi.

Mukwano tokkiriza embeera z'obuwangwa kukulemesa ku nsonga z'obufumbo. Sitaani yandyagadde nnyo okusiiga ekifaananyi ekitali kirungi, naye kimanye nti Katonda munene era wa maanyi nnyo. Okunoonyereza kulaga nti mu bantu abasalawo okufumbirwa, obweyamo bukyali bwa maanyi era buleeta essanyu lingi n'obumativu. Olupapula lw'amawulire oluyitibwa "Amawulire Amalungi agakwata ku Bufumbo" olwa Shaunti Feldhahn lwawakanya omuwendo ogugamba nti obufumbo ebitundu 50 ku buli 100 bumaliriza mu kwawukana, mu bulamu bwa ab'ensi ne mu kkanisa. Okunoonyereza kwa Feldhahn kwalaga nti abantu abafumbo 72 ku buli 100 bakyali mu bufumbo obusooka era abafumbo 80 ku buli 100 basanyufu. Mu Bakristaayo abanyikivu mu nzikiriza yaabwe, baakizuula nti okujjumbira okukunngana mu kkanisa buli wiiki gukendeeza nnyo omuwendo gw'abafumbo abawukana ebitundu 25 okutuusa 50 ku buli kikumi. "Mu butuufu, abafumbo bombi bwe baagamba nti 'Katonda y'ali wakati,' mu bujjuvu abafumbo abo ebitundu 53 ku buli kikumi baali ku mutindo ogusingayo okuba ogw'essanyu mu

bufumbo" (Feldhahn, olupapula 78). Ebyokulabirako ebyo bisaanidde okutuwa essuubi era ne bitukubiriza okunoonya Katonda by'ayagala mu bufumbo bwaffe.

Mu 2014, okunonyereza mukubala okuva mu Barna Group kwalaga nti ebitundu 40 ku buli kikumi ebya famire mu United States batwalibwa mu kibinja ky'omuzade omu nga y'akuuza omwana. Naye ate, kino kirimu abantu abafiridwa ababeezi babwe, abawukanye, oba abazimba famire omutali mubeezi. Okumpi ebitundu 39 ku buli kikumi bebatwalibwa ng'amaka ag'omugatte (abantu abalina abaana abaddamu okufumbirwa oluvannyuma lw'okwawukana oba okufirwa), era ebitundu 3 ku buli 100 bikulembeddwa bajjajja. Kino kireka ebitundu 20 ku buli 100 mu kika ekinnyonnyolwa ng'amaka ag'obuwangwa, ekitegeeza omwami n'omukyala abakyali mu bufumbo abwaasooka. Awatali kuba mukambwe oba okusaala musango mu ngeri yona, Nzikiriza amaka ag'enoona ge gakola mu ngeri etuukiridde okusinziira ku dizayini ya Katonda n'okwagala obulungi okusinziira ku ntegeka ya katonda ne okwagala kwe.

Newankubade "enoona" tezitwaliramu kwawukana, era nkimanyi nti Katonda ategeera era alowooza nti amaka amagatte n'ag'omuzadde omu bye bimu kw'ebyo Katonda by'akiriza wande nga si kye kisinga obulungi. Katonda ali 100 ku buli 100 emabega w'omuntu yenna ayagala obuyambi bwe, era mu mbeera ng'ezo, " akola byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe." (Abeefeso 1:11).

Enkyukakyuka mu Nnyinnyonnyola.

Leero, tulaba enteekateeka ya Katonda ey'obufumbo n'amaka nga tebakoma ku kukyukakyuka kyokka naye nga mu butuufu balumbibwa. Mu 1994, webster's Dictionary yannyonnyola Obufumbo ng'embeera ey'okubeera omufumbo, okubeera awamu n'omuntu owe ekikula ekirala mubutonde ng'omwami oba omukyala; enkolagana wakati w'omwami n'omukyala n'ekigendererwa ky'okutandikawo n'okulabirira amaka.

Mu 2018, ennyinnyonnyola eyo yeeyongera okukyuka n'efuuka "embeera y'okubeera obumu ng'abafumbo mu nkolagana ey'okukkiriziganya okumala akaseera akakkaanyibwako mundagaano emanyikiddwa mu mateeka; ekikolwa eky'okufumbirwa oba emikolo omuntu gy'alina okukola okukyusa embeera ye ey'obufumbo; omukwano n'okujja awamu okw'oku lusegere" (Merriam-Webster's Collegiate Dictionary). Kiki ekyaletawo enkyukakyuka, era kitegeeza ki?

Enkyukakyuka mu nnyinnyonnyola ziraga okwerekwa n'okuddirira mu mpolampola kw'omusingi gw'eby'omwoyo ogw'obufumbo mu bantu baffe. Ebigambo ebikulu mu kunnyonnyola okusooka, "okubeera obumu . . . ng'omwami oba omukyala," bilaga okufuuka omu n'omuntu ow'ekikula ekirala. Ebyawandiikibwa bino biva butereevu mu Bayibuli (Olubereberye 2:24). Okusoma kuno nga bwe kweyongerayo, kujja kulaga ennyinnyonnyola okuva eri Katonda ennyonnyola enteekateeka ye eyasooka ey'obufumbo, so si enkola eziva ku ndowooza z'abantu oba enoona obuwangwa eze nsi.

Ennyinnyonnyola ya 1944 okuva mu Webster eyogera ku "enkolagana ey'ekyenkanyi," ekitegeeza nti buli omu aweebwa oba awulira munne mu kipimo eky'enkanankana okusobola

okutuukiriza ebyetaago bya munne eby'omukwano. "Okutandika n'okulabirira amaka" kitegeeza okuteekawo omusingi omunywevu okutumbula omutindo gw'obulamu n'enneeyisa, n'okukuza abaana. Enkyukakyuka mu nnyinnyonnyola eraga engeri enjigiriza enkulu gye zikyusiddwamu n'engeri obufumbo n'amaka gye byonoonekamu. Enteekateeka ya Katonda tetegeerekeka mu maka mangi.

Abakiriza bonna betaaga okumanya mu mitima gyabwe nti Katonda yemutandinsi wo bufumbo era nti okwagala kwe nekigendererwa eri Obufumbo tekikyukanga. Kandibade kakodyo kakyamu Katonda okutegeka ekintu ekimu ekyo mugaaso, ekilungi, era ekigaazi ng'Obufumbo namala nagamba, "Aaaah, mukyezurire kulwamwe."

Obufumbo bukaluba. Okuva 1980 nga ndi mufumbo, manyi nti mulimu. Mukama yebazibwe mto nga bwozuula amazima ge n'okozesa enonno ze byawandikibwa, era nga bwo nywerera mu kristo, kyeyongera okuwooma. Ekyo katonda ky'ayagala. Ayagala kifuuke ekiwoomu buli mwaka. Nabuli mwaka oguyita, neyongera okwagala mukyala wange, era nsobola okugaba nti ali nange.

Bwe tussa ebiseera mu kuyiga amazima ga Katonda n'ebigendererwa bye mu bufumbo, era ne tukuuma emisingi gino, obufumbo bweyongera okunyima. Katonda ayagala okugulumizibwa mu bufumbo bwaffe. Ayagala okutulaga okwagala kwe ng'atulaga nti ali naffe era nti atukolera.

Ebisubirwa Ebituufu Eby'obufumbo.

Buli muntu ayingira mubufumbo ne byasubira. Buli muntu bandi ba nga tebawandikidwa wabweru, naye nga gyebali; ebisubirwa kuki kyogwana na kuki kyolina oba kyo talina kusuubira kuwebwa.

FAYIRO YAMAZIMA

Ebisubirwa—ekikolwa ekyo kutebereza oba enzikiriza ku kintu ekimu ekiri okubeerawo, omutindo ogusubirwa.

Buli omu ayingira obufumbo ng'alina by'asuubira. Buli omu. Biyinja obutawandiikibwa, naye webiri: ebyo by'osaanidde okusuubira n'ebyo by'olina okusuubirwa okuwaayo oba by'otolina kusuubira. Oboolyawo wali owuliddeko enjogera nti, "Okwagala kuziba amaaso." Weewaawoo, bwekiri. Okuvira ddala mukwekwana okutuusa okuyingira mubufumbo, buli muntu alaga oludda lwe olulungi ng'obwagazi bw'omukwano bwe bubatwala wamu n'okusuubira nti kijja kusigala bwe kityo. Naye hanemunu bw'eba ewedde, nga mubeera wamu, omwonoonyi omu n'omulala, ekituufu kivayo, era ky'oyitamu si kye wali osuubira.

Okwekebera.

Kiki kyewali osuubira okuva mubufumbo bwo oba okuva eri omwagalwa wo? Wandiiika kino ng'okyawuude, oluvanyuma muwanyise endowooza awamu.

Ebisuubirwa ebyekisirusiru

Nayingira mubufumbo nga ndeeta endowooza etali kumpi n'amazima ga katonda. Nalowoza yali wamukisa okunfuna. Naloworeza daala bwentyo! Nalowoza nali wakabi nyo. Busiru bwenyini. Yeyali owakabi. Nasuubira wiikendi zijja kuba zange okukola kyenandiyagade. Mukaseera ako, byenanyumirwa zaali mpaka z'okuvuga, okuwuuga, okuvuuba na kuyiiga. Era nabanga nebyokola.

Ekyaddala n'amugamba, "bwemba sirina kintu nakimu ekitegekedwa, awo tujja kubako ne kye tukolera fena awamu." Naye era nanfumbirwa. Nalowoza nti eyo yeyali engeri yobulamu.

Ekirala kye nasuubira kwali kusasanya sente mu ngeri gye njagala awatali kwenyigiramu kwona oba endowooza okuva gyali. Nali njagala era asigale nga mulungi atukirize ebyetaago byange eby'omubiri, alabirire abaana, akuume ne nyumba yafe nga nyonjo. Kino si kizibu n'akamu, sikyo? Kino kiwurikikanga obwenkanya? Mwe abakyala mwandiba nga mulowooza nti ekyo kiwurikika nyo nga omwami wo. (Waliwo esuubi gyali naye)

Saamanya kisinga ku bino. Nolwekyo tuyiga tutya okubeera abaami n'abakyala? Tujjukira bazade baffe byebakola oba byebatakola ne tugoberera okulung'anyama kwabwe, ne tutandikira awo okukyuka. Ebintu eby'ekika kino biyinza okwongerera okukubuzaabuza ng'ovudde mu maka g'omuzadde omu oba amaka ag'enjawulo oba nga wakuzibwa bajjajja oba mu maka g'otaazalibwamu. Era waliwo amaaka omuzade, oba abazade bombi, mwebayinza obutabawo kulwe emirimu.

Ffenna tufumbiriganwa n'ebintu ebikyamu bye tusuubira, ne kiviirako omuntu okuggwaamu amaanyi, okutabuka, n'obutamatzibwa. Mu myaka gyafe ebiri egyasooka egyo obufumbo, mukyala wange yamalanga obuude bwe obusinga nga agezaako okunkyusa. Abamu kumwe muyinza okukigera. Yagezengako okusonga kubunafu bwange, ekya malangako emirembe n'okwetamwa. Naye Kati nakizuula byenali nsubira byali byakweyagaliza era nga byali wala nyo okuva kukwagala kwa katonda, naye ekyo sakimanya mukasera ako. Nnamutegeeza bulungi okwolesebwa kwange nga tetunnafumbiriganwa, kati olwo lwaki yandifubye okunkyusa? Mukyala wange yali akola ebintu byona abakyala byebakola okutereza omusajja.

Ekyewunyisa

Bwe twasooka okugenda mu lukun'ngana lw'abafumbo, mukyala wange nange fembi twali twafuuka bakristayo era nga tugenda makanisa. Nalowoza, *otyo, kasita fena tugenda! Omukazi ono anamaliriza nga awulide kyabade ensobi ye kubanga nkimanyi nti Bayibuli teyigiriza mukazi kweyongerera kugezaako kukyusa bba*. Nagenda nendowooza nti mukyala wange agenda kuwulira ekyo kyakola mubukyamu, naye tebereza kiki kyeyali alowooza? Eye, ekintu kyekimu. Ffembi twali tulowooza nti tugenda kuwulira ekintu ekiyinza okukyusa munaffe kulwo bulungi.

Bwe twagenda mu lukun'ngana lw'abafumbo, mukama yebazibwe, omwogezi yasomesa okuva mu baibuli, era ffembi twamaliriza wiikendi eyo nga twewuunya nnyo engeri Katonda gy'ayogeramu ku kye kitegeeza okuba omwami n'omukyala. Engeri gye twalowoozangamu, engeri gye twayisaamu bannaffe, n'engeri gye twatuukirizaamu buli kimu kyali wala nnyo okuva

ku kigambo kya Katonda kye kyali kigamba nti ffembi twavaayo wiikendi eyo nga Katonda atukutteko nnyo. Nakubira omwogezi essimu oluvannyuma lw'okuddayo ne mmugamba nti, "Musajja, watwewunyisizza nze ne mukyala wange! Nneetaaga obuyambi." Omusajja ono yanjiriza okuyita mu mwaka ogwaddako. Tokoma ku kugenda mu lukunghana ku wiikendi n'ogamba nti, "Kale, kati nkitegedde." Okwo kuba nga kulota era kiba kirowoozo kya busiru.

Nze ne mukyala wange twali tusobola okugamba nti, "Ow, twagenda mu lukiiko lw'obufumbo." Naye bintu bimmeka bye twasigaza ne tutandika okukola mu bulamu bwaffe? Bwe twenyigira mu buweereza bunu era ne tutandika okuyiga Baibuli, Katonda yakola enkyukakyuka mu bufumbo bwaffe mu ngeri ey'ekyamagero gye tutasobola kwewala kubuulirako balala.

Obuweereza bw'Obufumbo

Mu kaseera kano mulugendo lwange olwo bukristayo nali simanyi kigambo okuyigirizibwa. Omutendera ogwo okuyiga ogwe njawulo, ne ekitundu ekyomugaaso gwe kizanya mukukozesa amazima ago omwoyo.

Natandika okugabana n'abantu ebintu byenali njiga, oluvannyuma omusumba wange yampita nanngamba "owaye biki byogamba abantu? Oli okubawa omukisa, era bagamba daala daala obawereza." Nzijukira okulowooza, abange, katonda asobola okukozesa omusirusiru nga nze. Awo musumba wange nambuuzza, "Wandi ssabide ekyo kutandika obuweereza obwa bafumbo?"

Bwe kityo, nze ne mukyala wange twatandika okusoma Bayibuli ku bufumbo okuva ku migogo gy'abafumbo esatu okutuuka ku makumi asatu mu bbanga lya myezi esatu. Katonda yatandika okukola ekyamagero ng'ekyo mu bulamu bwaffe ne mu bulamu bw'abalala. Nalowoza, Kaale, katonda, kino kyewunyiisa. Oluvannyuma nnatandika okuyiga ebintu byonna ebikwata ku bufumbo mu Bayibuli. Twalaba enfunda n'enfunda nti abantu bwe beewaayo okukola Katonda by'ayagala era ne bagoberera Ekigambo kye ng'omwami n'omukyala, bajja kufuna okuwona n'emikisa. Era nnali nkimanyi nti nsobola okukola omulimu guno obulamu bwange bwonna. Naye oluvannyuma lw'emyaka esatu, Katonda yandeetera okufuuka omusumba w'abavubuka. Nalowoza nti waliwo eyakola ensobi. Naye jjukira nti Katonda bulijjo alina enteekateeka.

Namala emyaka ena n'ekitundu ng'omusumba w'abavubuka. Mu ssomero lya Katonda erituukiridde, Yakola kinene nnyo mu bulamu bwange okunteeka mu mbeera zino okunnyamba okuyigiriza n'okuyigiriza abantu si ku bufumbo bwokka naye ne ku kukuza abaana. Okukola n'abavubuka kyampa amagezi ag'enjawulo n'endowooza ku maka. Katonda yali anteekateeka okukwata ku bantu bukadde na bukadde. Ekyo kye kyali enteekateeka ye, naye nnalina okukkiriza bye yanjigiriza n'okussa mu nkola enonno nga sinalaba mukono gwa Katonda nga gu kola n'okusobola okufuna okumanya okwa nnamaddala mu Baibuli.

Siri kwewana oba okweyimusa, kubanga sirina kye nnyinza kuwaayo kubwange. Kye mmanyi kiri nti bwe nneesiga Katonda era ne nkolera ku nonno ze, nnafuna bye yakola mu bulamu bwange ne mu maka gange. Ekyo katonda ky'ayagala. Ayagala nnyo okweraga okuyitira mu ffe.

Ebisubirwa ebikyamu.

Bw'oyingira obufumbo ng'olina ebintu ebikyamu by'osuubira, ate nga tomanyi kukuuma bufumbo bwo okusenziira ku Kigambo kya Katonda, ekibuuzo tekiri *oba ogenda okufuna obuzibu*, ekibuuzo kiri nti *bimeka*?

Okkiriza nti olw'okuba wasaasaanya ssente nnyingi, emyaka abiri gyonna gyandiddukanyizibwa ku tanka y'emu ey'amafuta, oil teyandibadde nga yetaaga okukyusibwa, Bureke n'emipiira byandibadde biwangaala, era yandisigadde nga etangaala awatali kuyonja oba kugiwaxinga.

Bwekiba nga ekyo kyewali osubira, kiki ekyandituusewo omulundi ogusooka bwewandigivuuzo negwamu amafuta? Wandi fulumye emotoka, nga wena otabuuse, ne wewuunya kikyamu ki ekigiriko. Wandigambye patrol yebiduuka nti eganye okuduuka. Yandikutunulide – omusajja akuuze – nga gwe ali kubilagalalagala, oba musiru, na akunyonyola nti amafuta gawedemu.

"kiki kyotegeza, nti amafuta gawedemu? Ninna okuteka amafuta mu motoka eno?"

Oluvannyuma lw'okusika emmottoka yo okugitwala ku ssundiro ly'amafuta, oyinza okukizuula nti kijja kukutwalira mayiro endala 250 zokka okutuusa lw'onetaaga okuddamu okujjuzawo. Ekyo kyandikunyiizizza. Bw'otuuka ku kigero eky'okukkiriza ekirowoozo ekyo, oyinza okufuna ekizibu. Omusirikale omulala ayinza okukugamba nti olina emipiira ejiwedeko. Mu dduuka oyinza okukizuula nti weetaaga emipiira emipya n'ezibureke. Singa osasanya doola endala 1,200 era ojja kuba oweddemu. Oluvannyuma lw'emyezi mukaaga, emmotoka esobola okutandika okufulumya ekiikaka, era n'okomawo mu dduuka olw'obutateeka oil mu mmotoka.

Bw'oba olina ebintu ebikyamu by'osuubira, ojja kuggwaamu amaanyi n'otandika okulowooza nti waliwo abantu abakulimba oba abakubba. Ekyo ky'oyinza okukkiriza mu butonde. Ate ekituufu kiri nti tebaakulimba n'akatono. Walina ebintu ebikyamu bye wasuubira mmotoka eyo okukola n'obuvunaanyizibwa bwo okugikuuma.

Leero bangi balowooza nti baalimbiddwa mu bufumbo. Abasajja n'abakyala bwe bajja okubuulirirwa, bwe batuula nkiraba. Bali ku nkomerero zombi ez'entebe nga bantunuulira nga bali nga abagamba nti, "*musajja, nina diiru embi wano!*" Buli kimu kibeera ku maaso gaabwe n'engeri gye beeyisaamu. Oluvannyuma lw'okubayigirako ebyo bye baali basuubira okuwaayo n'okufuna okuva eri bannaabwe, nsobola okutegeera ensonga lwaki tebalina ssanyu era si bamattivu. Era kitufu, tukola ensobi ez'obusirusiru naye ensobi nnyingi ze tukola mu bufumbo bwaffe ziva ku bintu ebikyamu bye tusuubira.

Katonda atuwade mukukuma kuno kwetukwatakov, ekigambo kye. Baibuli erina byona bye twetaaga okuzimba ne okukuuma okutukiriza enkolagana. Toyinza kugenda mukifo mubufumbo woyinza kugamba, "oh, ze mpede. Sikyetaaga kutekamu mu mukyala wange oba omwami. Kutekamu okweyongera yo mu buli omu okuyita mumanyi ago mwoyo mutukuvu.

Katonda atuwadde ekitabo eky'okuddaabiriza, Ekigambo kye. Baibuli erina byonna bye twetaaga okuzimba n'okukuuma enkolagana ennungi. Tolituuka mu kifo mu bufumbo ng'oyinza

okugamba nti, "Otyo, kati nze nkimmaze. Sikyetaaga kutekamu mu mukyala wange oba omwami wange." Kitegeeza buli omu okweyongera kutekamu mu munne okuyitira mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu.

OKUSIMA EBUZIBA.

Laga ennyiriri zino kye zigamba ku kutekamu ebiseera okuyiga Katonda by'ayagala n'ebyo by'asuubira.

Fubanga okweraga ng'osiimibwa katonda omukozi atakwatibwa nsonyi, ayisa wakati ekigambo eky'amazima. (2Timoseewo 2:15)

Buli kkubo ery'omuntu ddungi mu maaso ge ye naye muka ye apima emitima (Engero 21:2)

Okuyigiriza kwa mukama kwabutuukirivu, okusanyusa omutima, ekiragiro kya mukama kirongoofu, ekyakira amaaso. (Zabbuli 19:8)

Nga bwemugenda eri ekigambo kyakatonda, okuyiga kubigendererwa bye eri Obufumbo n'ebyetaago by'omwagalwa wo nga omwami n'omukyala ne mwewaayo okugoberera ebilagiro bye, mujja kukungula obujjuvu mubufumbo katonda bwabategekede. Bwe wesanga mumbeera enakuwaza, nga tofuuna sanyu na mirembe, juukira kiki kristo kyayogera.

Yesu teyagamba nti genda mu ndowooza z'ensi ez'ebyendoowza oba endaba y'ebintu, ebyokulabirako bya bazadde bo, oba mikwano gyo, wabula jjangu eri Mukama n'Ekigambo kye, era eyo gy'ojja okuyiga amagezi ga Baibuli, agajja okukuwa eby'okusuubira eby'obwakatonda.

Yesu kye kyakulabirako ekisingayo obulungi eky'okubeera n'endowooza emu okusobola okutuukiriza Kitaffe by'ayagala. Bw'oba osoma Enjiri, ojja kulaba ng'abakulembeze b'eddiini baagezaako okumuggya mu kkubo, naye Yesu yali akimanyi nti ekintu kyokka ekyali ekikulu kwe kutuukiriza Katonda ky'agamba.

Omusinji Ogw'amanyi

Kubanga saava mu ggulu kukola kye njagala nze, wabula oli eyantuma ky'ayagala. (Yokaana 6:38)

Awo ne bamugamba nti kale kabonero ki ggwe k'okola, tulabe tukukkirize? Okola mulimu ki? (yokaana 5:30)

Yesu n'abagamba nti ekyokulya kyange kwe kukolanga eyantuma by'ayagala n'okutuukiriza omulimu gwe. (Yokaana 4:34)

Yesu y'ajja okukola Kitaawe by'ayagala, okutuukiriza ekigendererwa kye. Weetegereze nti emmere ye yali ya kukola Kitawe by'ayagala. Tulina okulaba obulamu mu ngeri eyo, nga kino kizingiramu okulabirira obufumbo bwaffe.

OKUSIMA EBUZIBA

Laaga kiki enyiriri zino kyezogera ku kwagala kwa katonda na kiki kyetutchedwa okukola.

So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala ebirungi ebisanyusa ebituufu. (Abaruumi 12:2)

Si nga mu kuweereza okw'okungulu, ng'abaagala okusiimibwanga abantu naye ng'abaddu ba kristo, nga mukolanga n'omwoyo, katonda by'ayagala (Abefeeso 6:6)

Nga Abaruumi 12:2 bwayogera, Fena tulina okukakasa kiki "okwagala kwa katonda" kyekuli ne engeri yoka eyokukola kino kwe kumanya ekigambo kye.

Esomo 3: Katonda Omutonzi Ow'Obufumbo

Obufumbo obw'omu mateeka mu Amerika bubadde wakati w'omwami omu n'omukyala omu. Kino kiva ku ndwooza y'Ekikristaayo ey'abo abaatandikawo eggwanga lino, wadde nga mu kiseera kino, ennyinnyonyola eyo ey'obufumbo elumbidwa. Mu mawanga amalala, amagezi g'omuntu gegafuga, ekivuddeko okuwasa abakazi abangi. Abakyala batwalibwa okuba ebintu ebrina okufugibwa, era balina eddembe tonno nyo ng'abakyala era nga bamaama b'abaana baabwe. Ondwooza y'ennaku zino mu bitundu by'ensi ebisinga obungi bwe buno "Tujja kubeera wamu kasita onsanyusa." Okusinziira ku kunoonyereza okwakolebwa ekitongole kya Pew Research mu 2010, "Kumpi abantu bana ku buli bantu kkumi mu Amerika bagamba nti obufumbo butandise okuggwaawo."

Okwawukana ku mitindo gy'obuwangwa gino, Katonda omutuufu, omutonzi w'obufumbo, alina bingi by'ayogera ku nneeyisa entuufu, endwooza, n'ebyo abaami n'abakyala bye basuubira. Katonda yekka y'alina amazima ku ngeri gy'ayagala obufumbo bukole. Ye dizayina. Ekyawandiikibwa ekiddako kinnyonnyola endwooza ya Katonda n'enjawulo eriwo wakati w'amakubo ga Katonda n'ag'omuntu.

"Kubanga ebirowoozo byange si birowoozo byammwe, so n'amakubo gammwe si makubo gange, bw'ayogera Mukama.

Kuba eggulu nga bwe lisinga ensi obugulumivu, amakubo gange bwe gasinga bwe gatyo amakubo gammwe, n'ebirowoozo byange ebirowoozo byammwe. (Isaaya 55:8-9)

Enteekateeka y'Okukola

Wandiika esaala eri katonda. Bwoba obadde ogoberera amakubo go, yatuula gyalii era omusabe okusonyibwa. Weweeyo oyiige okwagala kwe n'okugobereera amakubo ge mu bufumbo bwo.

Katonda takuleka kuteebereza ku nteekateeka ye ey'obufumbo. Olubereberye 2:18 lulaga nti Katonda yatonda obufumbo era nti alina ekigendererwa.

Mukama katonda n'ayogera nti si kirungi omuntu okubeeranga yekka n'amukolera omubeezi amusaanira (Olubereberye 2:18)

Omusinji Ogw'amanyi

Ekisooka, wegendereze ani ayogera; "Mukama katonda yagamba." Teyali ndowooza ya Adam okwefunira omukazi, yali yakatonda. Ekyokubiri, wegendereze nti Katonda yagamba, "si kilungi omusajja okubeera yekka."

Ebintu ebirala byonna mu kutondebwa kwa Katonda byali birungi (Olubereberye 1:4, 10, 12, 18, 21, 25) naye omusajja okubeera yeka tekyali kilungi. Kiraga butereevu obutali bujjuvu bw'omusajja. Ekyokusatu, Ekyo kusaatu, wegendereze nti Katonda agamba, "n'amukolera omubeezi amusaanira." Katonda yatonda omukazi ng'asinziira ku nteekateeka ye, ebirowoozo bye n'amakubo ge. John Mac Arthur Jr. Atuyamba okutegeera ensonga eno:

Mu kwetegereza embeera y'omusajja nga si nnungi, Ye (Katonda) yali ayogera ku butali bujjuvu bw'omusajja ng'olunaku olw'omukaaga terunnaggwaako kubanga omukazi, munne adamu, yali tannatondebwa. Ebigambo ebiri mu lunyiriri luno biraga nti omusajja yeetaaga munne, omubeezi, era amwenkana (ekitegeeza omuwendo ogwenkanankana eri Katonda). Yali si mujjuvu nga talina muntu yenna amuyambako mu kutuukiriza omulimu gw'okujjuza, okuzaala, n'okufuga ensi.³

Ensonga wano eri nti Katonda yatonda Obufumbo okutukiriza okwagala kwe, si okwafe. Adamu ne Kaawa, okuyita munkolagana yabwe, bebandibade abafumbo abasooka okufuna okutegeka kwe eri Obufumbo. "Mukama mutukirivu mu makubo ge gonna, wakisa mu mirimu gye gyona" (Zabbuli 145:17) Katonda yatonda Obufumbo ng'ekintu ekirungi gyetuli, Tutekedwa okwaniriza Obufumbo ng'ekirabo ekye kisa okuva gyali. Ekintu abantu kyebalemererwa okutegera kiri nti Katonda yatonda Obufumbo kulwo bulungi bwafe. Katonda mutukirivu. Tekyandibadde kya butuukirivu singa akuwa ekintu ekikulu ng'obufumbo nga tolina biragirotegeerekeka n'amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu agasobola okukusobozesa okumuwa ekitiibwa ng'otuuka ku buwanguzi.

Eky'ennaku, n'abantu bangi abeeyita abakkiriza mpolampola beekutula ku mazima. Abakristayo bangi Bangi abeeyita Abakristaayo leero tebakkiriza nti Baibuli etukwatako mu kulungamizibwa ku bufumbo oba okukuza abaana.

Mu kubuulirira, ensonga eyo efuuka ya ddala. Bangi ku abo abamaze emyaka mingi nga Bakristaayo tebamanyi nonno za Bayibuli ezikwata ku bufumbo. Kino kiraga nti oba tebatwala ndowooza ya Baibuli nga ekikulu oba tebabuulirwa nti ebintu bye beetaaga biri mu Baibuli. Ka kibe nsonga ki, tebamanyi nti Ebyawandiikibwa biyinda okuleetera omuntu okutegeera n'okulaga engeri obufumbo gye bukolamu.

Okwekebera 1.

Saaba katonda okubikkulira embeera yo entuufu eri ekigambo kye. Wandika esaala eyo kukiriza okumwesiga, okukiriza byonna byagenda okukulaga kubufumbo okuva mukigambo.

Mu butuufu, okusinzira nga munno bw'ali e kirabo okuva eri Katonda, era nga Katonda abaagala nnyo okusinga ggwe, tuteekwa okukkiriza nti agabirira buli kye weetaaga okumanya ku kubalabirira. Ayagala ebikolwa byo bimugulumize era obeere w'amukisa eri munno gw'akuwadde.

Okuba n'Endowooza Ennunnamu ku Kigambo kya Katonda

Kikulu nnyo okumanya nti Ekigambo kya Katonda ge mazima era nti awa eby'okuddamu byonna ebinaakuyamba mu bulamu obwo bwaKatonda n'obufumbo obulungi. Twayiga mu somo 1 nti tulina "amanyi ago'bwakatonda", era atuwade ebintu byona ebyetagisa eri obulamu obwo bwakatonda" (2 Peteero 1:3-4). Katonda akozesa ekigambo, "ekiramu era ekyamanyi" (Abebbulaniya 4:12), okutukyusa. Nga pawulo bweyawandikira Timoseewo, yamukubiriza, okwesigamira daala okukigambo okumulunnamu n'okukyusa abo mu kanisa geyali asumba. Tulina okubeera n'endowooza yemu. Ekigambo kya katonda "kya magoba eri" okulunnamu n'okulagirira eneyisa yafe (2 Timoseewo3:16).

Fumitiriza ku kyawandiikibwa kino:

Buli ekyawandiikibwa kirina okuluggama kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenya, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butukirivu, omuntu wa katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi (2Timoseewo 3:16-17)

Okwekebera 2

Laaga engeri olunyiriri luno gye lukwata ku kuyiga n'engeri gye luyinza okukwata ku bufumbo bwammwe singa olukozesa.

Olunyiriri luno lunyonyola luya embeera enungi eri ekigambo kya katonda? Okiriza nti gemazima? Oganiriza?

FAYIRO y'AMAZIMA.

Enjigiriza—Ekilagiyo kya katonda ekye njawulo kituwa mu bujjuvu mazima age'ngyawulo agetagisa eri obulamu, obwo bwakatonda ne famire.

Okunenya—Ekigambo kya katonda kitugamba kiki ekikyamu oba ekibi mukukiriza ne neyisa.

Okutereza—Ekigambo kya katonda kitugamba butya bwetukomyawo ekintu ekimu mumbeera yakyo entuufu, okutereza ekintu ekimu ekibade kigude, okusonga kubulamu obwo bwakatonda.

Ekilagiyo mu butukirivu—Ebyawandiikibwa bituwa okuyigirizibwa okulungi (ekilagiyo ekyasooka ekimanyikidwa ng'okuyigiriza omwana) mu neyisa ya katonda, si kugaana kwoka na kutereza eneyisa ekyamu (Ebikolwa bya batuume 20:32, 1 Timoseewo4:6, 1 Peteero2:1, 2).

Naye kitugwanidde ffe okwebazanga katonda ennaku zonna ku lwammwe ab'oluganda abaagalwa mukama waffe, kubanga katonda yabalondera obulokozi okuva ku lubereberye mu kutukuzibwa omwoyo n'okukkiriza amazima. (1 Abasessaloniika 2:13)

Okusima ebuziba

Laaga amakubo amakyamu n'amatuufu mukufuna ekigambo kya katonda n'embala za buli kimu.

Naye mubeerenga bakozi ba kigambo, so si bawulizi buwulizi, nga mwerimbalimba.

Kubanga omuntu yenna bw'aba omuwulizi w'ekigambo, so nga si mukozi, oyo afaanana ng'omuntu eyeeraba amaaso ag'obuzaaliranwa bwe mu ndabirwamu:

kubanga yeeraba n'agenda, amangu ago ne yeerabira bw'afaananye.

Naye atunula mu mateeka amatuukirivu ag'eddembe n'anyiikiriramu, nga si muwulizi eyeerabira naye mukozi akola, oyo anaaweebwanga omukisa mu kukola kwe. (Yakobo 1:22-25)

Endowooza yaffe esaanidde kuba etya ku Kigambo kya Katonda?

Biki ebirungi ebivaamu bwe tugondera Ekigambo kya Katonda?

Laba ennyiriri zino kye zigamba ku ggwe n'Ekigambo kya Katonda.

Ekitabo kino eky'amateeka tekiivenga mu kamwa ko naye onookirowoozangamu emisana n'ekiro, olyoke weekuumenga okukola byonna bwe biri byonna bwe biri ebiwandikidwa kubanga bw'onooterezanga bw'otyoko ekkubo lyo, era bw'onooweebwanga omukisa bw'otyoko. (Yoshua 1:8)

Etteeka lya Mukama lyatuukirira, erikomyawo emmeeme: Okutegeeza kwa Mukama kunywevu, okuwa abasirusiru amagezi.

Okuyigiriza kwa Mukama kwabutuukirivu, okusanyusa omutima: Ekiragiro kya Mukama kirongoofu, ekyakira amaaso.

Entiisa ya Mukama nnungi, ya lubeerera emirembe gyonna: Emisango gya Mukama gya mazima, gya butuukirivu ddala:

Bisaanira okubiyaayanira okusinga ezaabu, era n'ezaabu ennyingi ennungi:

Biwoomerera okusinga omubisi gw'enjuki n'ebisenge byagwo.

Era ebyo bye birabula omuddu wo: Mu kubyekuuma mulimu empeera ennene. (Zabbuli 19:7-11)

Ng'abaana abawere abakajja bazaalibwe, mwegombenga amata ag'omwoyo agataliimu bulimba galyoke gabakuze okutuuka ku bulokovu oba nga rwalega ku Mukama waffe bw'ali omulungi. (1 Peteero 2:2-3)

Okwekebera 3.

Mu kiseera kino olina obukakafu mu lugendo lwo olw'obufumbo nti omanyi okuweereza munno ng'Ekigambo kya Katonda bwe kiri? ___ Yee ___ Nedda

Katonda amanyi obusobozi bwo n'obunafu n'ebisubizo okuwa amagezi n'amanyi singa omunonya n'oyayana okukola okwagala kwe mubufumbo. Wandika ebirowozo ebitono nga ogamba katonda engeri gyoli omusanyufu eri ekisuubizo kino.

Okusima ebuziba.

Pawulo yakiraga nti yali ayagala kusanyusa Katonda. Yali mugenderevu nnyo.

Era kyetuva tufuba, oba nga tukyali muno oba nga tuli wala, okusiimbibwa ye. (2 Abakkoliso 5:9)

Wandiika esaala nga ogamba katonda nti olubirira kumusanyuusa ng'omaririza akatabo kano.

Esomo 4: Ebigendererwa Bya Katonda Eri Obufumbo

Mu nteekateeka ya Katonda ey'obufumbo, Atuwadde ebigendererwa ebikulu, oba embala, byetuteekwa okukkiriza okusobola okutuukiriza by'ayagala. Enono za Baibuli eziri wansi zijja kuteekawo ekkubo ery'okukozesa mu bitundu ebisigadeyo mu kitabo kino. Bino bijja kwogerwako emirundi mingi era bikulu nnyo mu bufumbo obulungi.

Obuwereza bw'Obufumbo.

Bwetuwulira ekigambo omuwereza, mu ndowooza eyabulijo tuba tumanyi musumba oba omuntu akolera ekanisa. Naye ate kino ekigambo kirina amakulu amalala.

Kino kikola kitya mubufumbo bwafe obweki kristayo? Tuli wansi wobulabirizi n'obuyinza bwa Yesu Kristo, oyo ali omu ne katonda kitafe, era tufuna ebilagiro byafe okuva gyali. Katonda atuwade abagalwa baffe, era ayayanira ffe okukola ebigendererwa bye gyebali ne kulwabwe. Tuli bawereza eri ababeezi baffe, wansi wakatonda. Endowooza eno ejja kukyusiza ddala engeri gy'otambuzamu obufumbo.

Olabye obuvunaanyizibwa bwo ng'obwo muwereza?

_____eye_____Neda.

Mu bufumbo, okwesigama ku Mukama waffe Yesu Kristo kikulu nnyo. Tetuli bakutumbuula kwagala kwafe ne byetweyagaliza, naye tuvunanyizibwa ku kwagala kwa katonda n'okuyayana kwe mu nkolagana yobufumbo bwafe. Matayo 20:28 egamba, " nga Omwana w'omuntu bw'atajja kuweerezebwa, wabula okuweereza," era yesu kyekyokulabirako kyafe. Kya lwatu, obuweereza n'okuweereza kye kimu, era Yesu kye kyakulabirako kyaffe. Toba n'andoowoza nga ey'ensi egamba nti okuwereza kitegeza kutitibya munno mu bufumbo, wabula weereza ng'obaagala era ng'obalabirira ng'amateeka ga Katonda bwe galagira. Bwe tutandika okulaba ng'obufumbo bwaffe buweereza eri Katonda n'okuweereza abagalwa baffe mu bufumbo olw'ebigendererwa bye, tutandika okutambulira mu kkubo ettuufu.

Okuva Katonda lwe yatonda omusajja, omukazi, n'obufumbo, tulina okutuukiriza ebigendererwa bye mu bufumbo obutukuvu. Katonda yakola abaami n'abakyala okuweereza buli omu by'ayagala. Okweraba mu buvunaanyizibwa obwo, ng'omuweereza wansi wa Katonda, wansi w'enteekateeka ye ey'okuweereza, kikulu nnyo.

Bw'oba olina endowooza ya Katonda ng'omuweereza, olwo tojja kuba mukaayana wadde okwogera by'oyagala, ng'olwanirira okufuna ky'oyagala. Mwembi bwe munaaba n'okwagala okutuukiriza Katonda by'ayagala, ng'abaweereza be eri bannaabwe, mujja kuba mukisa era n'okuzzaamu buli omu amaanyi.

Wandiika esaala nga osaba katonda okuyamba werabe ng'omuweereza we n'omubeezi wo ng'Obuwereza obusooka.

FAYIRO y'AMAZIMA.

Omuwereza (omuntu)—Diakonos (oluyonaani).

Awereza oba weyita, oyo omu alabirira, odukanya, na tukiriza.

Omuwereza (ekigambo ekikola)—okukyusamu, okuteekamu nkola n'okutegeka, okuwereza abalala, okukolera mukama ng'omuweereza. Omuweereza yoyo akolera wansi wekilagiro ekyo mulala, okukola ebigendererwa bye. Ng'abakristayo tuwerereza wansi wa yesu. Era ng'abaana be tuli wano okukola okwagala kwe.

Okusima Ebuziba.

Nnyonnyola engeri Pawulo ne banne gye baaweerezaamu abantu. Ndownooza ki ze baayoleka?

Naye twali bawombeefu mu mmwe, ng'omulezi bw'ajjanjaba abaana be yebwe tutyo bwe twabalumirwa omwoyo, ne tusiima okubagabira, si njiri ya katonda yokka era omwoyo n'emyoyo gyaffe ffe, kubanga mwali baagalwa baffe nnyo. (Abasesolonikka 2:7-8)

Enteekateeka Entuufu

Nga abawereza ba katonda tulina okumanya ebigendererwa bye, kiki ky'ayagala ffe tumaririze, butya bwetweyongera yo, n'abutya bwetuweereza eri abo batuwade. Okutegeera ebigendererwa bye nakyo kituyamba okumanya obwetaavu bwaffe obwa bulijjo obw'amagezi n'amaanyi ga Katonda.

FAYIRO y'AMAZIMA.

Ekigendererwa—ekigenderwa, oba ekivamu oba ekilubirirwa ekiyayanibwa. An intended, or desired result or goal.

Abafumbo Abakristaayo bwe babuuzibwa engeri gye balabamu nti baweereza bannaabwe mu bufumbo, bawa eby'okuddamu eby'enjawulo. Kiraga nti abasajja n'abakyala tebalina bumu mu nsonga eno. Mu ngeri emu, kino kye kizibu ekikulu: ng'abantu babiri abalina omulimu gwe gumu bagenda mu makubo ag'enjawulo, okubuzaabuza n'ebintu ebirala bingi ebibi biyinza okuvaamu. Bayibuli eraga nti enteekateeka eyo si ya Katonda.

Kubanga Katonda si wa luyoogaano, naye wa mireembe; nga bwe kiri mu kkanisa ez'abatukuvu zonna. (Abakkolinso 14:33)

Eky'ennaku, omubiri gwa Kristo tegussa nnyo essira ku kutendeka oba okuyigirizwa mu bufumbo. Amakanisa mangi tegakubirizangako obuyigirizwa bw'obufumbo wadde okuyigiriza ku bilagiro by'aKatonda ku bufumbo. Kyokka amakanisa gajjudde abantu abanoonya amagezi

Omusinji Ogw'amanyi

ku bufumbo. Mu myaka gyaffe egy'obutiini, tutendekebwa essaawa amakumi ataano n'okusingawo okusobola okufuna layisinsi y'okuvuga mmotoka, kyokka okutendekebwa kwetaagisa essaawa mmeka okusobola okufumbiriganwa? Tewali. Olw'okuba tebatendekeddwa bulungi, abafumbo bangi, n'abafumbo Abakristaayo, buli omu ayinza okuwabya munne.

Omwami n'omukyala bwe batakkaanya era nga tebategeerekeka mu bigendererwa byabwe Katonda bye yabawa, wabaawo obuzibu, oluvannyuma ne wabaawo obunkenke, obutakkaanya n'enjawukana. Obuzibu buno ku bufumbo bwabwe n'amaka gaabwe kizibu kya maanyi ekiri mu mubiri gwa Kristo leero.

Mu matayo, Yesu yalaga amazima ge:

Bwe yamanya okulwooza kwabwe n'abagamba nti buli bwakabaka bwe bwawukana bwokka na bwokka buzika na buli kibuga oba nnyumba bw'eyawukana yokka na yokka terirwawo. (Matayo 12:25)

Okwekebera 1.

Musabe ekiisa eky'okusonyiwa buli omu munne olw'ensobi ze yakola emabega n'obutakolera wamu, era musabe aggule emitima gyammwe okufuna ebiragiro bye okukolera awamu nga ttiimu.

Fumitiriza kumbeera z'okuyayana kwa katonda.

Kale mwambalenga ng'abalonde ba Katonda, abatukuvu era abaagalwa, omwoyo ogw'ekisa, obulungi, okwewombeeka, obuteefu, okugumiikiriza; nga muzibikiirizagananga, era nga musonyiwagananga mwekka na mwekka, omuntu yenna bw'abeeranga n'ensonga ku muntu munne; era nga Mukama waffe bwe yabasonyiwa mmwe, era nammwe bwe mutyo: ku ebyo byonna era mwambale okwagalana, kye kintu ekinyweza okutuukirira. Era emirembe gya Katonda giramulenga mu mitima gyammwe, era gye mwayitirwa mu mubiri ogumu; era mubeerenga n'okwebaza. Ekigambo kya Kristo kibeerenga mu mmwe n'obugagga mu magezi gonna; nga muyigirizagananga era nga mulabulagananga mwekka na mwekka mu zabbuli

n'ennyimba n'ebiyiye eby'Omwoyo, nga muyimbira Katonda mu kisa mu mitima gyammwe. (Abakkolisayi 3:12-16)

Omusingi gwa byona byetukola gutekedwa kubeera kutegeera ebigendererwa ne ntegeka za katonda gyetuli. Bwe twaniriza obuyinza bwa katonda, kikulu nyo okuwerekerezaako ebikolwa. Katonda mukubi wa pulaani, naye mulimu gwafe okuzimba enyumba okusinzira ku byatulaze. Bwe tutegera kiki katonda kyagezako okukola okuyita mufe era munda mufe, bwe tugoberera entegeeka ye, tumanya lwaki kyamugaaso nyoo ffe okubeera n'enkolagana entuufu ne kristo.

Okusima ebuziba

Laaga engeri olunyiriri luno gye lukwata ku munno mu bufumbo era omuweereza.

Kubanga ffe tuli mulimu gwe abaatonderwa mu kristo yesu olw'ebikolwa ebirungi katonda bye yasooka okuteekateka ffe okubitamburirangamu. (Abefeeso 2:10)

Ebigendererwa Ebina

Ebigendererwa bya katonda gyetuli ng'abafumbo era abawereza biyinza okumenyebwamu ebitundu bina:

1. Ayagala okugulumizibwa mu nkolagana zaaffe.
2. Ayagala tukyusibwe mu kifananyi kya kristo.
3. Ayagala tutukirize ebyetaago eby'omukwano buli omu eri munne.
4. Ayagala tukuuze abaana bafe okusinzira ku kigambo kye.

Ekigendererwa Ekisooka: Okugulumiza Katonda

Ebigendererwa byafe ebisooka nga abakiriza kwe kugulumiza katonda. 1 Abakkoliso 6:20 egamba, "kubanga twagulibwa muwendo nolwekyo tusinze katonda mu mubiri ne mu mwoyo, ebya katonda." Ekigambo "kusinza" kivunuulwa "okufananaga". Nga abakiriza era abawereza ba katonda eri abagalwa bafe, tuli bakukola nga ye gyebali.

FAYIRO y'AMAZIMA

okugulumiza— okutunulira, okuwa ekitibwa, okutendereza, okuwa ekitibwa ng'omuteeka mukifo ekyekitibwa⁵

Kale omusana gwammwe gwakenga bwe gutyo mu maaso g'abantu balabenga ebigambo ebirungi bye mukola, balyoke bagulumizenga kitammwe ali mu ggulu. (Matayo 5:16)

Yesu yali agamba, "njagala mutunulire nze, okusinza kitange mu guulu." mu bufumbo, omwagalwa wo atera di okulaba katonda mu mbala yo oba eneyiisayo? Kikukwatako buli

Omusinji Ogw'amanyi

lunaku? Kuba ekifananyi batya lino eteeka elimu erye byawandikibwa bwe lyandikyusiza enkolagana yo singa buli kumakya wasaba," katonda njagala omwagalwa wange akulabe mungeri ngyenkolamu era adaamu kubanga oyagala okusinziibwa muye."

Teeberezaamu engeri ennono eno emu eya Bayibuli bweyinza okukyusa omukwano gwammwe singa buli ku makya musaba nti, "Katonda, njagala munnange akulabe mu ngeri gye nneeyisaamu n'okuddamu kubanga ky'oyagala kwe kugulumizibwa mu nze."

Juukira, katonda atukyuusa okuva munda, ekilabisibwa mu embeera zaaffe n'eneyiisa. Okukyusibwa kwafe kufuuka kwadala nga bwe tulaga kristo bwali eri abo abatwetolodde.

Okwekebera 2

Laaga ebigambo, embeera, n'eneyiisa zolaga eri omwagalwa wo ezitalaga katonda.

Abaami, Abefeeso 5:25 egamba, "Abaami, mwagale abakyala bamwe, nga kristo naye bweyayagala ekanisa nayewayo kulwayo." Kino kigamba omusajja nti ebirowozo bye, ebigambo ne ebikolwa eri mukyala we bya kufanana ng'ebikolwa bya yesu eri ekanisa. Buno obuvunanyizibwa buneene bwatutadeko. Tetuusobola kukola kino mu maanyi gaffe – okugyako okuyita mumaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu.

Abakyala, Abefeeso 5:22 egamba, abakyala mugondere abaami bamwe, nga mukama waffe," okugamba omukyala nti wakuyiisa omwami engeri yemu gyayiisaamu mukama.

Etegeeka eyebikolwa.

Wandiika embeera zona mu wiiki ewede zo takiridemu katonda bulungi. Saaba katonda akusonyiwe, era genda eri omwagalwa wo okole kyekimu. Tewekwasa.

Ekigendererwa Ekyokubiri: Okukyusibwa Kwaffe

Tekisanyusa okumanya nti yesu kristo bwe yakuyita gyali, teyagamba, "genda welongose, leka byona ebintu ebibi byokola, okomewo gyendi era njakulaba oba nakukiriza," katonda bwe yatuyita gyali, yatutwala nga bwe twali. Mukama yebazibwe.

Katonda bwe yankwata, nali nziruuka mayilo kikumi buli saawa mu kubo ekyamu. Ekyewunyisa ku kulokoka kwange, mukama bweyakwata ku birowozo byange n'omutima n'ebigambo, "nkwagala, era nkwetaaga." Newunya nti ayinza atya okuba ng'njagala. Mu mbeera yange ey'okwonoona, kwali kwagala kwe okwansika gyali okumufuna ne musaaba okubeera omulokozi wange era mukama wange. Naye ate yali tayagala nsigale kyekimu mubulamu bwange obw'okweyagaliza n'ekibi. Katonda yakwata omutima gwange nandaga endowooza ye eri obulamu bwange.

Sikumanyi, naye manyi ekibi kyo, Nzikiriza oli mwononyi (Abaruumi 3:23). Tujja eri kristo nga tukyayonoona (Abaruumi 5:8), "awatali manyi" (olunyiriri 6), "abalabe" ba katonda (Olunyiriri 10). Naye Katonda agamba nti okuva lwe tukkiriza Kristo, olugendo olw'okukyuka, oba ekyo Bayibuli ky'eyita okutukuzibwa (1 Abakkolinso 1:30), lutandika. Gwe nange tulina okuba nga tusobola okutunula emabega ne tugamba nti tufanana nga yesu leero okusinga ejjo. Naye ate Abakristayo bangi tebamanyi engeri omutendera gwa katonda n'okutukuzibwa bwe bikola mubufumbo. Okukyusibwa mu kifananyi kya kristo ntegeeka ya katonda era kigendererwa eri buli mukiriza.

Omutuume Yokaana yatuwa okukubirizibwa okw'okwatagana n'okukuuma ekigambo kya katonda okubeera abatukiride oba okufuuka abakuuze.

Naye buli akuuma ekigambo kye, mazima daala okwagala kwa katonda kutukirira muye, kulwa kino tumanya nti tuli muye. (1Yokaana 2:5)

Ekitundu "akuuma ekigambo kye" kitegeza kumanya kigambo kye n'okukikola, awo "okwagala kwa katonda kutukirira" mufe.

Bwe mukwata ebiragiro byange munaabeeranga mu kwagala kwange nga nze bwe nnakwata ebiragiro bya kitange, ne mbeera mukwagala kwe. (Yokaana 15:10)

FAYIRO y'aMAZIMA

Okutukirira —Teleio (Luyonani). Okutuukiriza, ekiraga nti waliwo ekigenda mu maaso. "Okusingira ddala n'amakulu okuleeta enkomerero mu bujjuvu, okumaliriza, okutuuka ku kigendererwa, okumaliriza omulimu oba omulimu."⁶

Bwetumanya ekigambo kye netuyayaana okukikola, tutandika okukyusibwa okuva munda, era ekivamu kilabisibwa mu neyisa yaffe. Mu mbeera eza bulijo, omuli nebisomoza obulamu bwa waka, katonda ajja kukozeza abagalwa baffe ng'ekikozezebwa okulaga ebintu mufe byakyawa, embeera ez'okwonona n'eneyiisa ezilabika nga tukwatagana.

Wali okilowozezako nti omwagalwa wo akozesebwa katonda okukyusa mu kifananyi kya kristo?

Omusinji Ogw'amanyi

Bwetugamba oba bwetukola ebintu ebitali bya bwa katonda, tugamba, "wandetede okukola bwenti." Naye tetusobola kukisanga mu kigambo kya katonda. Katonda agamba, "Kubanga ku ebyo ebijjula mu mutima, akamwa bye koogera."(Matayo 12:34). Obutali butuukirivu obwo buli munda, era Katonda akozesa munno okubufulumya n'akulaga kye weetaaga okukyusa. Bwe tugamba nti tetulina musango oba ne tubanenya, tulemererwa okutwala obuvunaanyizibwa. Kikulu nnyo okutegeera ng'abaweereza nti Katonda akozesa amaanyi g'amaka gaffe okutulongoosa n'okutufuula abafaanana Kristo.

Naye ffe fenna, bwe tumasamasa ng'endabirwamu ekitiibwa kya mukama waffe amaaso gaffe nga gaggidwako eky'okubikkako, tufaananyizibwa engeri eri okuva mu kitibwa okutuuka mu kitiibwa nga ku bwa mukama waffe omwoyo. (Abakkolinso 3:18)

Mu ngeri y'emu Omukristaayo akyusibwa mpolampola n'afuuka ekifaananyi kya Kristo era n'ayagala Katonda by'ayagala mu bintu byonna.

Okwekebera 3

Olunyiriri luno luwa obukakafu nti Katonda ali ku mulimu okukukyusa. Osobola okumwesiga n'omusaba akulage ebifo by'okyetaaga okulongoosaamu? __ Yee __ Nedda.

Wandiika essaala ng'okkiriza engeri ye etuukiridde ey'okulaga nti olina embala etali ya Kristo.

FAYIRO y'AMAZIMA.

Okukyusibwa—Metamorphoō
(Luyonani). Okukyuka,
okufuukaamu ekintu ekirala
eky'enjawulo, nga ekisanyi
okufuuka ekiwojolo. Mwetugya
ekigambo eky'olungereza
metamorphosis.

Okusima ebuziba

Laaga kiki Katonda kyasubiza okukola mugwe.

Nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandiika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa yesu kristo. (Abafiripi 1:6)

Omulumu guno omulungi gwe mutendera ogw'okufuuka nga kristo, mu nsonga eno okubeera omuyigirizwa we n'omufumbo gwa yagala obeere.

Okyalina ekifo eky'okukula mukitundu kino? _____eye _____neda.

Tulina okukiriza mu mitima gyafe nti Katonda akozesa eby'engyawulo wakati wo mwami n'omukyala ng'ekikozesebwa okuyigiriza mu kugondera okwagala kwe. Abakristayo bangi bagaana amazima kubanga tebamanyi, obutakizuula nti kino kitundu ku mutendera gw'okwetuukuzibwa. Obufumbo kitundu ku nkambi ya katonda eyo okutendeka.

Bingi kubigezo bye tuisinkana bitegekedwa ye. Katonda akiriza ebintu okugya ne bireera ekibi kyo (obutafanana kristo) ku nguulu. Kitegere nti yategeka embeera eno okulaga ebintu bino mugwe, sigwe kunenya mubeezi wo, naye gwe kugamba nti "Oh mukama katonda wange. Ekibi kino kyali wano bwewanzikiriza, era oli kukozeza embeera eno okundaga ebibi byange nsobole okwenenya era nkomye okukikola."

Katonda tali kukiriza embeera zino asobole okuzuula kiki ekiri munda mufu. Byona yabimanya daa era alaba era akya twagala. Akikola tusobole okweraba n'okwagala obuyambi bwe okukyuka.

Entamu erongoosa eba ya ffeeza n'ekikoomi kya zaabu
naye mukama ye akema emitima. (Engero 17:3)

Okwekebera 4

Okugezesebwa kuno bwekugya, mbeera ki ezimu ezitali za bwakatonda n'ebikolwa ebyelaga gyoli okuyita mu mwagala wo oba abaana?

Omusinji Ogw'amanyi

Tunulira kiki katonda kyali okukola mugwe okuyita munyiriri zino.

Laba, nkulongooseza naye si nga ffeeza nkulondedde
mu kikoomi kwe kubonyaabonyezebwa. (Isaaya 48:10)

Nze mukama nkebera omutima
nkema emmeeme okuwa buli muntu
ng'amakubo ge bwe gali
ng'ebibala bwe biri eby'ebikolwa bye (Yeremiah 17:10)

Ebigendererwa ekyokusatu ne ekyokuna biri mu somo eliddako.

Esomo 5: Okukwatagana n'Empisa Ez'Obwakatonda.

Bwe tutwala obuvunanyizibwa (obwananyini) kulwe neyiisa yafe, tujja kusaba Katonda n'ababeezi baffe okutusonyiwa era tusabe, "katonda, twala kino okuva mufe." Awo enkyukakyuka w'etandikira. Okutuusa nga twanukude embeera mu ngeri eno, tetujja kufuna kukulaakulana. Emirundi mingi Abakristaayo abafumbo bwe bajja okubuulirirwa nga bamaze emyaka etaano, kkumi, oba abiri emabega nga boogera eby'obulabe, olw'okuba tebaategeera Katonda by'ayagala mu kitundu kino, bawulira nga tebalina ssuubi era baagala okulekulira.

N'oluvanyuma olwokuyiga nti Katonda akozesa enkolagana zaffe ng'omwami n'omukyala okutukyuusa, ng'ogyeko ekisa kye ekya buli lunaku, tetusobola kukkiriza na kukolagana Naye mu nsonga eno. Bwe tutabeera mu Kristo buli lunaku, era okugezesebwa ne kujja, tuyinza kweyisa mu ngeri y'omubiri n'obusungu, amalala, okunenya, okwesaasira n'ebirala bingi. Abakristaayo beeyongedde okulowooza nti ebikolwa byabwe ebibi biva ku bintu ebiva ebweru, n'olwekyo tebalina kuvunaanibwa. Bwe tubeera mu Yesu buli lunaku, nga tunoonya ekisa okukola by'ayagala, mu ngeri eyo yokka lwe tuyinza okufuna enkyukakyuka eno ey'omunda.

Nga tutunuulira yesu yekka omukulu w'okukkiriza kwaffe era omutuukiriza waakwo, olw'essanyu eryateekebwa mu maaso ge eyagumiikiriza omusalaba, ng'anyooma ensonyi, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogw'entebe ya katonda.
(Abebbulaniya 12:2)

Okwekebera 1.

Yesu "yagumikiriza" obulumi bwo musalaba kulwe ekivamu eky'esanyu, okulokolebwa kw'emeeme zaffe. Sanyu ki lyo laba erifuula obulumi bwokukyuusibwa ekigwanide? Menya yo ekitono enyo ebitundu bibiri katonda byeyali okulaga ebyetaaga okukyuka (obusungu, obutagumikiriza, ekiluuyi, obutasonyiwa, obukambwe, obukawu, obugya n'ebirala)

Olunyiriri luno era lugamba, "okutunulira yesu." Wandika esaala ey'okwewayo okumutunulira ebisomoza mu bufumbo bwe bijja mu maka go.

Katonda mirundi mingi akozesa ebintu byetumanyi okukola emirimu gye. Wali osomyeko olugero lwa yusuf? osomyeko ebikwata ku Yusufu? Waliwo omuvubuka eyandibadde mu myaka abiri mu etaano ng'abudabudibwa. Yandibadde ng'ali ku buli ddagala eriweweeza obwennyamivu eliri ku nsi leero.

Omusinji Ogw'amanyi

be baakwatirwa obuggya. Bwe batyo ne bamukuba ne basima ekinnya mu ttaka ne bamusuula eyo ng'abaloozaza nti afudde. Oluvannyuma baakyusa endowooza yaabwe ne bamutunda mu buddu (ng'ekyo kyabalabikiranga ekisinga obulungi).

Obulamu bwa Yusufu bw'akyankalanyizibwa, naye ye teyakyankalana, kubanga yateeka okukkiriza kwe n'okwesiga mu Mukama. Oluvannyuma Yusufu yasisinkana baganda be, era baanakuwala nnyo olw'ebyo bye baamukola. N'abaddamu nti, " Nammwe, mwayagala okunkolako obubi, naye Katonda n'ankolera ebirungi nga bwe kiri kaakano, asobole okuwonya abantu abangi okufa." – Olubereberye 50:20. Yusufu yalina emikisa mingi mu bulamu bwe n'agamba nti, "Katonda, obulamu nga buzibu, si bwa bwenkanya era kati nja kukola kye njagala." Soma ebyafaayo bye mu Olubereberye 37-50 ku ngeri gye yeesigamu Katonda.

Kyokka, ng'Abakristaayo leero, singa abagalwa baffe mu bufumbo batuyiwa oba nebaremerwa bye tusuubira, tusobola okusunguwala n'okwonoona. Mu kiseera kino kyonna Katonda alindirira ekitangaala okutwakira, tusobole okutegeera nti akkiriza okugezesebwa olw'obulungi bwaffe. Wadde nga Katonda takubiriza oba siyaleeta okusobya kuno, tayagala tuwoollereze ekibi kyaffe n'okusigala mu mbeera ey'obujeemu. Ekisinga okutukalubirira ye Katonda okutussaako engalo n'atandika okutubumba. Kiyinza okuluma. Bayibuli egamba nti: "Ye mubumbi" era ffe tuli "bbumba."

Oyinza kubeera otya omusirusiru?
Ye mubumbi, era akusingila daala gwe, ebumba!
Ekintu ekikoledwa kyandi nga akikoze,
Sigwe ankoze"?
Jaaga yali egabye,
"omubumbi eyankola musiru?" (Isaaya 29:16)

Emirundi mingi mu kaseera ak'ebbugumu, Katonda bw'aba agezaako okuleeta enkyukakyuka, tumugamba okuyitira mu bikolwa byaffe nti, "Nzigyako omukono gwo, Mukama! Saagala kubumbibwa ggwe. Saagala ngeri gy'olagamu ekibi kyange n'okunjigiriza!" Nga ekyo kya busirusiru nnyo okugamba Omutonzi waffe.

Oyinza okuba ng'omwami wo oba mukyala wo tomutwala ng'engalo za Katonda yennyini, naye akugamba nti kituufu. Ajja kugenda mu maaso n'okutunyigiriza okutuusa lwe twewaayo oba okunakuwala. Abantu bangi abafumbo tebalina ssanyu, tebafuna Katonda ky'ayagala, kubanga tebamanyi kigendererwa kye mu bufumbo bwabwe.

Mukama akozesezza mukyala wange okubikkula ebintu bye ssaagala era nkimanyi nti Katonda tayagala. Akozesezza nnyo mutabani wange omukulu Nick okusinga ekintu kyonna oba omuntu yenna ku nsi okulaga obubi bwe nnina. Nali simanyi busungu bwe nalina munda okutuusa mutabani wange lwe yajja. Yagenda okuweza emyaka esatu, ng'asobode okunnyiiza okusinga omuntu omulala yenna ku nsi. Kyokka Katonda yantegeeza nti, "Si Nick, Craig, nze. Nateeka omwana ono omuzibu okukyusa mu bulamu bwo okwanika ebintu bye nkyawa mu ggwe. Bwe mbikubikkulira n'onsaba okukukyusa, tojja kukyuka okutuusa lw'onootwala obwannannyini

n'okwenenya. Era naawe tojja kuba na nkolagana n'omwana wo. Kiri gyoli, Craig. Wanika oba obonebone."

Tetwagala bisomoza oba kubonabona. Abakristayo bangi balowooza," oh, lindamuko katono, katonda, ntekedwa okubeera musanyufu," eye, naye si mungeri yaffe, kubanga tweyaliza. Nze naawe tetusaanidde kugamba Katonda nti, "Mmanyi kye nneetaaga. Luno lwelukulala lwange." Katonda amanyi nti tuli babi. Ekigambo kye kigamba nti tetusobola kwesiga mitima gyaffe. Tuteekwa okutunuulira Ekigambo kya Katonda. Yesu yagamba bw'ati mu Yokaana 6:38, "Kubanga saava mu ggulu kukola kye njagala nze, wabula oli eyantuma ky'ayagala." Okugulumiza Katonda kitegeeza okutuukiriza by'ayagala n'ebigendererwa bye mu bulamu bwaffe.

Ekigendererwa eky'okusatu: Ayagala buli omu atutukirize ebyetaago eby'omukwano ebya munne.

Ekigendererwa ekidako ye buli omu okutukirize ebyetaago by'abagalwa baffe eby'omukwano (Olubereberye 2:24). Kino tekikolebwa mu ngeri yaffe oba mu maanyi gaffe, wabula mu Kigambo kye ne mu kisa kye. Tulina okutegeera n'okukkiriza nti Katonda yatonda Adamu n'oluvannyuma Kaawa nga "omubeezi amusaanira."

Awo Mukama Katonda n'ayogera nti, "Si kirungi omuntu okubeeranga yekka; nnaamukolera omubeezi amusaanira." (Olubereberye 2:18)

Katonda ayita Obufumbo obw'omusajja n'omukyala "okufuuka e kimu", si okufanagana, Naye okwegata okwe ebintundu ebibiri okukola ekintu ekijjude. Sirina kubeera ng'omukazi ate mukyala wange talina kubeera ng'omusajja. Katonda agamba nti twetaaga okumanyiira enjawulo y'omulala, okufuuka ababiri abakwatagana abatuukiriza ddala ebyetaago by'omukwano nga tuyita mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu. Ayagala tuweereze bannaffe mu bufumbo, okutuukiriza ebyetaago byabwe eby'omukwano, n'okukola enkolagana ey'omukwano eyebuziba era eyomunda.

FAYIRO Y'AMAZIMA.

Okuyamba—Azar (Olwebulaniya).
Okuyamba, okuwagira,
okuzzaamu amaanyi, oyo
abeetoolodde, akuuma, era
ayamba omulala.

Okugerageranyizibwa—oy'o
avunanyizibwako omulala, oluuyi
olulala, ekitundu ekitafanagana
kiralala, omwagalwa naye nga
tebafanagana.

Okusenziira ku ebyo ebyali mu Kitabo ky'Olubereberye, Katonda bwe yakiraba nti tekyali kirungi omusajja oyo okubeera yekka, yamuwa omuyambi oba omubeezi. Weetegereze ekigambo Kye yakozesa wano eky'omubeezi, si mukulembeze oba omutendesi. Katonda yatonda omusajja okuva mu nfuufu y'ettaka (Olubereberye 2:7), naye era yabumba omukazi okuva mu lubirizi lw'omusajja (Olubereberye 2:21-22). Katonda yali alaga nti omwami n'omukyala balina ekifo mu bulamu bwa bannaabwe. Buli omu yandibadde yeesigama ku munne. Omusajja yali yeetaaga omukwano. Omusajja yali yeetaaga obuyambi. Katonda yawaayo obuyambi obwo okuyitira mu mukazi. Omukazi yandibadde akola ku bintu ebyali bibula mu musajja, n'omusajja naye bwatyo. Obulamu bw'omukazi bwava ku musajja, era obulamu bw'omusajja bwali bugenda kuva ku mukazi.

Okwekebera 2.

Abakyaala, oyagala okubeera omubeezi/ayamba eri omwami wo? ____eye ____neda (mugambe Kati.)

Abaami, Oli mwetegefu okukiriza gwe keniyini n'eri omukyalawo nti omwetaaga? ____eye ____neda (mugambe Kati).

Katonda era ayagala omwami n'omukyala bakole omukwano ogw'enjawulo gw'ayita "omu" mu by'omwoyo, mu nneewulira ne mu kwegatta, mu ngeri eyo buli omu atuukiriza ebyetaago bya munne eby'omukwano.

Omusajja ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina, ne yeetaba ne mukazi we, nabo banaabanga omubiri gumu. (Olubereberye 2:24)

Mu matayo 19:5-6, Yesu yagamba, 'Omuntu kyanaavanga aleka kitaawe ne nnyina, ne yeetaba ne mukazi we; nabo bombi banaabanga omubiri gumu?' Olwo nga tebakyali babiri nate, naye omubiri gumu. Kale Katonda kye yagatta awamu, omuntu yenna takyawukanyanga."

Katonda ayagala ofuuke omu ne munno mu bufumbo. Kirungi nnyo okukula mu mukwano n'omwami wo oba mukyala wo ne kiba nti osobola okumanya munno ky'allowooza. Ekyo kyali kikutuuseko? Katonda ky'ayagala.

Ebiseera ebisinga tekinetaagisa kusaba mukyala wange kintu kyona kubanga abeera yategedde dda bye nneetaaga, nange bwentyo. Twagala buli omu okukulembeza munne n'okumanya ebyetaago bya munne n'okutuukiriza ebyetaago ebyo nga tebinnaba kusabibwa. Ekyo Katonda ky'ayagala.

Kino kyekyama eky'amaanyi kyayogerako. Katonda bwabatutunulira oluvanyuma nga mufumbiliganye, abalaba nga ababiri mu omu. Olugendo luno kwe kuyiga okumanya n'okuyisa bannaffe nga Katonda bw'atulaba, si nga tweyawudde ku bannaffe, wabula ng'omu. Bangi tebayigirizidwa mu mazima gano era basigala bwalowooza mungeri ey'obwomu, ekikosa obubi enyo enkolagana yaffe ne katonda n'ababeezi baffe.

Okuyita mukusoma kuno ojja kuyiga ku byetaago by'omukwano eby'enjawulo eby'omwami n'omukyala. Kyokka waliwo obwetaavu bumu obwenkanankana eri abasajja n'abakazi—okwagala. Ekyetaago ky'omukwano kye tusinga okwetaaga kwe kwagala, era Ekigambo kya Katonda kye kinnyonnyola okwagala okwa nnamaddala kyeki.

Katonda alagira abaami:

FACT FILE

Kyagaase— kisuula amakulu ago butavawo oba obumu obutayinza kugwawo, nolwekyo okwawuukana tekwalowozebwako.⁷

Omubiri gumu—okwegatira daala okwe bitundu ebingi okufuuka ekiramba. Ekiganda kimu ekye mizabibu emingi (okubala 13:23) oba Katonda Omu mu busatu. (Ekyamateeka 6:4). N'olwekyo okugatibwa kuno okw'obufumbo kwali kujjuvu n'abantu babiri.⁸

Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, era nga kristo bwe yayagala ekkanisa, ne yeewaayo ku lwayo. (Abefeeso 5:25)

Katonda alagira abakyala:

Obuyonjo bwammwe tebubanga bwa kungulu, obw'okuluka enviiri n'okunaanika ezaabu n'okwambala engoye naye omuntu ow'omwoyo atalabika mu kyambalo ekitayonooneka, gwe mwoyo omuwombefu omuteefu, gwe gw'omuwendo omungi mu maaso ga katonda. (1 Peteero 3:3-4)

Katonda ataddewo emitindo gy'okwagala egirabika ng'emizibu okukuuma, naye Katonda yanditusabye okukola ekintu ekitasoboka? Katonda wa bwenkanya era wa mazima Abantu bangi tebandigambye nti Katonda si wa bwenkanya, naye emitima gyabwe gigamba nti tebasobola kwagala bannaabwe mu bufumbo nga Katonda bw'ayagala. Ekituufu kiri nti endowooza eyo si ya "Siyinza" wabula esinga kuba ya "Sijja." Obwo bujeemu 100 ku buli 100. Manya nti Katonda atusuubiza okutuwa ekisa kyonna kye twetaaga okukola By'ayagala, nga mw'otwalidde n'okwagala bannaffe mu bufumbo. Amiina.

Katonda yagamba nti nnina okwagala mukyala wange nga Kristo bw'ayagala ekkanisa, era mukyala wange alina okunjagala n'okwagala okutaggwaawo nga eri mukama waffe. Eye, kisoboka, katonda si mulimba. Bw'ayogera bw'aty, kiki ekiyinza okumulemesa okukolera awamu naffe okutuukiriza obuweereza buno obw'okwagala? Ffe Ffekka abasobola okukikomya, awamu n'okwerowoozaako oba obutaba na kukkiriza. Ekintu kyokka ekiyinza okulemesa kino okutuukirizibwa kwe kujjema kwaffe.

Bw'okkiriza ekigambo kya Katonda, nti kino ky'ayagala okukola mu bulamu bwo n'okuyita mu bulamu bwo bwonna, olwo lw'olifuuka ekibya kye okufuka okwagala kwe mu ggwe. Ekigambo kya Katonda kyekisalaawo omuwendo gw'oteeka ku mwagalwawo so si ebisuubirwa eby'okweyagaliza. Omwagalwa wo bw'alemererwa okugondera okwagala kwa katonda, olina okusigala nga oli mwesigwa eri okuyayana kwa katonda gyoli mu bufumbo. Katonda bwagamba omusajja okwagala mukyala we nga kristo bw'ayagala ekanisa, tategeza nti singa omukyla akola omusajja ky'ayagala era nga bw'akyagala. Ekigambo kye tekigamba mukazi, yagalanga omwami wo n'okwagala kuno okutaggwaawo era omuwe ekitiibwa nga Mukama bw'agoberera ekigambo kya Katonda.

Abakristaayo bangi baagala okunenya bannaabwe olw'obusungu bwabwe n'enneeyisa yaabwe embi. Oluvannyuma lw'emyaka kkumi n'ettaano oba abiri nga obufumbo tebukolera ku Kigambo kya Katonda, kyangu okufuna emize egy'ekibi era n'oyagala okubivako. Mbakubiriza okweyama okuyiga Katonda by'ayagala n'okwetikka obuvunaanyizibwa mu buli kye bakola ekikontagana n'Ekigambo kya Katonda. Ekiddirira kiba kyamagero.

Okuwabula kwange kubadde kubaze ebibala naye si lwa kuba nti ndi wa kitalo. Amazima n'amaanyi biri mu kigambo kya Katonda so si nze. Abantu bwe basaba Katonda okubakyusa, abaako ky'akolawo. Abafumbo bwe bakkiriza ebigambo bya Katonda, era ne baagala okukola by'ayagala, abasisinkana gye bali era n'abawa omukisa.

Omusinji Ogw'amanyi

Bw'oba teweessiga Katonda, obeera omuyise mulimba, era wabaawo ebiddirira ebitali bilungi bwetutereka ebirowoozo ebigamba nti, "Tomanyi gwe nnawasa, Katonda." Tulemerwa okukkiriza nti Katonda ye yatonda omuntu oyo. Katonda akimanyi nti embeera gy'olimu nzibu, naye era akimanyi nti obutamanya, obukakanyavu, ekibi n'okulemererwa okugoberera entegeeka ye bijja kuleeta ebizibu.

OKUSIMA EBUZIBA

Laaga embeera zo n'ebikolwa byo kyebitekedwa okubeera.

Era awatali kukkiriza tekiyinzika kusanyusa Katonda, kubanga buli ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nga Katonda waali, era nga ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya. (Abebbulaniya 11:6)

Okutya abantu kureeta ekyambika,
naye buli eyesiga mukama anaabanga mirembe. (Engero 29:25)

Kubanga tutambula olw'okukkiriza si lwa kulaba. (2Abakkoliso 5:7)

Kubanga naffe twabuulirwa enjiri era nga bo naye ekigambo eky'okuwulira tekyabagasa bo, kubanga tebaagattibwa mu kukkiriza wamu n'abo abaawulura. (Abebbulaniya 4:2)

Ekigendererwa eky'okuna: kubisamu— Okufuna n'Okukuza Abaana Ab'bwaKatonda

Okuzaala, oba okukuza abaana, kye kigendererwa ekirala Katonda kye yateekawo mu bufumbo.

“Bw'atyo Katonda n'atonda omuntu mu kifaananyi kye, mu kifaananyi kya Katonda mwe yabatondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda. Katonda n'abawa omukisa, era Katonda n'abagamba nti, “Mweyongerenga mwalenga ...” (Olubereberye 1:27-28)

Ekyo tekitegeeza nti abafumbo bonna balina okuzaala abaana. Singa bwe kityo bwe kyali, bonna bandibadde n'obusobozi. Ekimu ku bigendererwa by'obufumbo kwe kukuza n'okutendeka abaana, si mu ngeri yaffe wabula mu ngeri ya Katonda.

Abantu abamu bewala okufuuna abaana kubanga baayita mu kukuzibwa okubi, ba lumizibwa oba baayita mukutulugunyizibwa, ekyatondawo obutasonyiwa oba okutya okusimbye omilandira mu mitima gyabwe. Bwe kiba nti eno y'ensonga yo, noonya Mukama akuyambe ku nsonga ezo n'okukuwonya. Tokkiriza kibi kya bantu balala kukunyagako by'oyagala mu bulamu bwo.

Ensonga endala eyabulijo eyo butabeera na baana kwe kweyagaliza kwafe, bwe tutunulira abaana nga ekiziyiza oba ekiremesa entegeeke zaffe, n'ebirubirirwa. Wadde nga kiyinza okuba eky'amagezi abafumbo abamu okuteekateeka okuzaala abaana mu biseera eby'omu maaso basobole okwemalira ku bulamu bwabwe obupya obw'obufumbo, okukakasa nti balina webagya ssente, okumaliriza emisomo n'ensonga endala ez'enjawulo, ekigambo ekikola ky'enkyeteekateeka. Ekirala weetegereze nti abafumbo bangi abaakafumbiriganwa bazaala abaana amangu ddala era bafuna omukisa nga babakuza. Kino kye kintu buli bafumbo ky'ebalina okuleeta mu maaso ga Mukama mu kusaba. Bw'oyimirira n'olowooza ku nsonga eno, singa bazadde bo baali beefaako bokka era nga batwala abaana ng'ekizibu, tewandibadde wano.

Bwoba owulira nga tewetegese kukuza baana, kankukubirize okugenda okuyita mu kikozezebwa ekimanyidwa nga “okukuza abaana buwereza,” akali ku website yafe eya FDM.World. Nga abangi bwe bataayigiliriziddwa ku ngeri y'okubeera n'obufumbo obwaBaibuli, bwe kityo bwe kiri ne ku kukuza abaana. Bw'oba olina abaana oba ng'oteekateeka okubafuna mu biseera eby'omu maaso, engeri yokka gy'oyinza okukifuula omukisa eri bonna kwe kubakuza ng'Ekigambo kya Katonda bwe kiri. Mu kukola bw'oty, ogulumiza Katonda era osobola okuba omukakafu nti ajja kkuwa ekisa kye n'amaanyi ge okutuukiriza omulimu guno ogw'ekitalo.

Nze ne mukyala wange twamala emyaka etaano egyasooka nga tukikola mu ngeri yaffe ekyavaamu okuggwaamu amaanyi. Bwe twakozesa amagezi ga Katonda okukuza abaana baffe, kyafuuka kya ssanyu era kyavaamu ebibala bingi. Kati abaana bange bakuze, era ndaba ebibala eby'ekitalo eby'okukola ebintu mu ngeri ya Katonda. Era, tulina omukisa ogwewuunyisa ogw'okubeera n'abazzukulu n'okulaba engeri abaana baffe gye bakuza abaana baabwe.

Kuno Si Kusaga, Katonda!

Omusinji Ogw'amanyi

Owulira nti okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda ng'omwami n'omukyala, okugulumiza Katonda mu bikolwa byo byonna, okufuuka ekifaananyi kye, okutuukiriza ebyetaago bya munno mu bufumbo, n'okukuza abaana kyangu? Si kyangu. Kizibu ddala.

Si kyangu kutuukiriza bigendererwa bya Katonda eby'obufumbo era oluusi kiyinza okuba ekizibu. Si kigendererwa kya Katonda okutya n'okulowooza nti kino tuteekwa okukikola mu maanyi gaffe. Mu butuufu, tetusobola kukikola awatali ye. Obufumbo bungi bulemererwa olw'okuba tetufuna nkolagana ey'oku lusegere ne Kristo. Awatali kino, tetujja kuba na kumanya na maanyi ga kukola Katonda by'ayagala.

Esomo 6: Omusingi Ogw'amaanyi

Okwagala kwa katonda kwe kuwa omukisa Obufumbo bwafe era n'okufuna okutukirizibwa, naye tujja kuisinkana ebisomoza n'omuyaaga mu lugendo luno. Okubeera n'omusingi omunywevu oguzimbibwa ku Yesu Kristo kikulu nnyo okusobola okusigala mu kkubo eryo n'okuwangula. Essomo lino lijja kukuyamba okutegeera engeri gy'oyinza okuba n'omusingi omunywevu ogw'eb'omwoyo mu bulamu bwo ne mu bufumbo bwo.

Katonda yatonda obufumbo, era Katonda kennyini yawa omwami n'omukyala ebilagiro ebikwata ku ngeri gy'ayagala obufumbo bukolebwemu. Ebilagiro ebyo bisangibwa bulungi mu Kigambo kya Katonda, era okusoma n'okugondera Ekigambo kye kye kyokka kye tusobola okuleeta obumu, emirembe, okwagala, n'ekibala ky'Omwoyo mu bufumbo bwaffe. Okutegeera n'okussa mu nkola enjigiriza zino eza Baibuli y'engeri yokka ey'okufunamu emikisa gyonna Katonda gy'ayagala tufune mu bufumbo n'amaka.

Okubeera n'omusingi omunywevu kiteekwa okuba nga ky'osooka okukulembeza. Ojja kulaba nti kino tekyali nteekateeka ya Katonda yokka okuva ku ntandikwa, mu Ndagaano Enkadde, naye era ne mu kubuulirira kwa Yesu mu Ndagaano Empya.

Eky'okulondawo.

Katonda ayagala ebilagiro bye bilabibwe, nolwekyo ebya Wandika biteera okubeeramu ebyokulabirako n'okugeragelanya abantu kwe basobola okutegera amangu. Mu matayo 7:24-27, Yesu yabuulira ku lugero olwa bazimbi ababiri: Omusaja omu yazimba enyumba ye ku lwazi, omulala n'azimba kumusenyu. "nkuba n'etonnya, mukoka n'akulukuta, kibuyaga n'akunta, ne bikuba enju eyo;" (olunyiriri 25). Nga bwe kisuubirwa enyumba ey'okulwazi yasigalawo ate enyumba eyali kumusenyu yagwa. Yesu yali amaze ebbanga ng'ayigiriza abagoberenzi be ebintu bingi, era olunyiriri 24 lulaga ensonga ye: "Buli muntu awulira ebigambo byange ebyo, n'amala abikola, kyaliva afaananyizibwa n'omusajja ow'amagezi eyazimba enju ye ku lwazi:"

Bulijjo tulina okusalawo wakati w'okugoberera ekkubo ery'amagezi oba ery'obusirusiru. Tewali kirala kyakusatu. Ekkubo erimu lireeta obuwanguzi, eddala kulemererwa.

Puulani y'Omuzimbi.

Emyaka mingi egiyiise, nali mukulakulanya w'etaaka eyazimbanga amakorero, Ssemaduuka, n'amatererekerwa. Nali mu by'okugula etaaka ly'okuzimbako ebizimbe bya ofiisi, okusinzira ku muwendo ogwetegerezedwa ogufanaana ng'ogulimu amagobo. Kyokka omukubi wa puulani bwe yamaliriza pulaani, omusingi gwali munene emirundi ena okusinga bwe kyali kisuubirwa, n'ekyongera ku miwendo.

Bwe twabuuzza, omuzimbi yatunyonyola nti fuuti nga asaatu wansi w'etaaka waliwo etoosi. Mu ndowooza ye ey'obukuguugu, engeri yoka eyokuzimba obulungi kyali kyetagisa Omusingi ogw'amanyi okuwanirira ekizimbe. Mu kaseera ako mumilimu gyange, nali mmaliriza emirimu

egy'enjawulo egikikirira sukweya za fuuti ezisukka mu ka kade ezo okuzimba, era nandilonzewo okugoberera obumanyirivu bwange mukifo eky'okugendera ku mageezi g'omukubi wa puulani. Kuba akafananyi kiki ekyandituusewo singa natwala puulani eyo n'ensaalawo okuzimba okusinzira ku bumanyirivu bwange.

Singa nasalawo okukendeeza omusingi ne ntuuka ku kye nnali ndowooza nti kijja kumala, ebizibu byandibadde bya maanyi. Embuyaga ne musisi bwe by'andize, omusingi gwandibadde gumenyese.

Okwonooneka kwandibadde kitegeeza nti ekiseera kyandituuse ekisenge ne kimenyeka, enjatika z'andize mu madirisa, enzigi ne zituuka n'obutaggala, amadaala ne gatandika okumenyeka, n'ekisenge ky'amdaala ag'atambula g'andikyaamyee. Mu nkomerero, ekizimbe kyandigaaniddwa olw'okuba eky'obulabe olw'omusingi omunafu n'okwonooneka okw'andidirede.

Nandibadde musirusiru okubuusa amaaso omuzimbi olw'ensonga yonna, ka gube mululu, amalala, oba okuteeka okukkiriza mu bumanyirivu bwange. Okugoberera ekintu kyonna ng'ogyeko enteekateeka y'omukubi wa puulani ey'okuzimba omusingi omunywevu kyandivuddemu akabenje. Bwe kityo bwe kiri ne ku ffe ng'abakkiriza bwe tutafaayo ku biragiro bya Katonda. Bwe tuba ab'okuzimba omusingi omugumu ogw'obulamu bwaffe, tekimala ffe okubeera "abawulira," naye tuteekwa okuba "abakola" (Yakobo 1:22) bwe tuba ab'okuzimba omusingi omunywevu ogw'obulamu bwaffe. Bulijjo kiba kya busiru okubuuza oba okubuusa amaaso omuzimbi w'okukkiriza kwaffe, Yesu Kristo.

Ebyawandiikibwa biraga engeri Katonda gye yazimbamu omusingi omugumu gwe twetaaga okuyiga n'okugoberera, kubanga ekizimbe kiba kirungi ng'omusingi gwe kiyimiriddemu. Obulamu bwo buyinza okulabika obulungi okumala akaseera nga tofaayo ku mazima gano, naye embuyaga ziyinza okujja. Omuyaga ogw'ebizibu oluvannyuma gulaga omusingi gwo omutuufu.

Okutegeera Ebintu ebisinga obukulu

Yesu yagamba nti: "Naye musooke munoonye obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe, era ebyo byonna biribagattako." – Matayo 6:33. Bw'oba ng'ovvunula "ebintu bino byonna" olina okumanya nti okubuulira kuno kutandikira mu Matayo 5:1, amanyiddwa nga Okubuulira kw'okulusozi. Ekitundu ekirilanye ekigambo kino (olunyiriri 31) lw'oyogera ku mmere, ebyokunywa, n'engoye. Kristo bw'aba ng'anaakola ku byetaago ebyo nga tusooka kumunoonya, talisingaawo kutuwa bintu byona olw'obufumbo bwaffe.

Okunoonya Katonda n'Obwakabaka bwe kye tulina okukulembeza mu bulamu bwaffe ng'abakkiriza, era bwe kityo, gwe musingi gw'obulamu. Ng'abaami n'abakyala, naamwe muli baweeriza ba Katonda eri abagalwa baamwe mu bufumbo era nga mwolekaganye n'okusoomoozebwa okw'amaanyi okw'okutuukiriza by'ayagala mu byonna ebikwatagana n'amaka gammwe. Kino tukituukiriza nga tussa ensonga z'obulamu mu bifo by'azo era nga

tukulembeza ebyo bye tusalawo okusenziira ku ebyo Katonda by'agamba nti bikulu. Okusobola okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda, tuteekwa okumunoonya buli lunaku atuwe amaanyi tusobole okutuukiriza omulimu guno.

Abasinga obungi ku ffe tuyinza okukkiriza nti kikulu Omusumba okubeera n'enkolagana ennungi ne Mukama waffe. Twandimusuubira okuzuukuka buli lunaku n'amala ebiseera ng'asoma n'okusaba, ng'anoonya amagezi n'okulunng'amizibwa okuva eri Katonda okukulembera amaka ge n'ekisibo kye. Singa tekikola, tujja kubuusabuusa okwewaayo kwe kubanga tukimanyi nti twetaaga Katonda okutuwa amaanyi n'okutulunng'ama okusobola okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe.

FAYIRO Y'AMAZIMA

Sooka *ononye*—ekilagiro
okukola n'obutalekeera.
Ekisuubizo kiri nti "bino ebintu
byona bijja ku kwongerwako."

Oyinda okwanguwa okuteeka ku Musumba wo ebyo by'osuubira, naye nawe welowoozeko. Engeri Katonda bw'atunuulira okuweereza omwagalwa wo n'abaana bo n'obukulu bwe bumu bw'ateeka ku nkolagana y'omusumba n'ekisibo kye, olowooza tekyetaagisa kunoonya Katonda buli lunaku? Tekyetaagisa kuzimba musingi ogwo ogw'amaanyi, enkolagana eyo ne Kristo mw'ogya amaanyi n'amagezi ebyetaagisa okugulumiza Katonda mu maka go? Ebyokulabirako n'Ebyawandiikibwa bitutegeza nti singa tetusoma Kigambo ne tusaba buli lunaku, embala enkadde ey'ekibi etandika okuvayo, ne kireetawo obutabanguko n'okuzikiriza mu bulamu bwaffe.

Omusingi Omunafu—Ebizibu Mu Maka.

Bwe twetegereza amaka mu nsi yonna, tulaba nga gali mu buzibu. Omuwendo gw'abafumbo abagattululwa mu kkanisa gweyongedde ate ng'abaana batta bannaabwe, okukozesa ebiragalalagala n'okugezaako okwegatta. Bangi batuuka n'okuva mu kukkiriza. Ekitabo ekimu kigamba nti:

Abaana abali wakati w'ebitundu tundu 80 ne 90 ku buli 100 mu Amerika baleka okukkiriza kwa bazadde baabwe nga batuuse mu myaka egy'obukulu. Ku muwendo ogwo ogw'awagulu ennyo, abaana obukadde makumi ataano abakulira mu kkanisa leero bayinza okwongera okuuka ku muwendo oguli wansi w'akasanvu mu mirembe kkumi gyokka. Ekyo kya nnaku nnyo amaka g'Abakrisitaayo agaliwo kati mu Amerika okuba nga eryo ly'ekkubo lyebakutte singa tewaba nkyukakyuka ya maanyi.⁹

Abawi b'amagezi Abakristaayo abaweereza abafumbo n'ab'omu maka agali mu bizibu eby'amaanyi batera okukizuula nti omusingi gw'okukkiriza okw'amaanyi era ogw'olubeerera gulagajjaliddwa. Ebiseera ebisinga kino kiva ku butamanya, ng'abantu bakolera ku bumanyirivu n'amagezi g'ensi mu kifo ky'amazima ga Baibuli. Olw'okuba abafumbo n'abazadde tebayigirizibwa ngeri y'okuzimbamu omusingi guno omunywevu mu bulamu bwabwe, tewaba kulaga Kristo eri abagalwa baabwe. Okulabirira ab'omu maka go mu ngeri yo n'amaanyi go kiyinza okukuviirako okugya omwagalwa wo n'abaana bo ku Katonda.

Enkolagana Ne Katonda Ey'oku lusegere.

Mu kya mateeka 6, Musa ya tukiriza okwagala kwa katonda nga asomesa aba Isiraeri kiki ekwali kibasuubirwamu bwe bayingira ensi ensuubuuzze. Mubilagi bino, katonda alaaga omutima gwe ku nkolagana gye yali ayagala nafe. Enkolagana eno eyo munda ne katonda gwe musinji, amanyi go okukiriza kwafe, kwe tuzimba obulamu bwafe ne famire.

"Kale gano ge mateeka n'ebiragi, Mukama Katonda wammwe bye yalagira okubayigiriza, mulyoke mubikolenga mu nsi, gye mugenda okubeeramu nga mumaze okusomoka omugga Yoludaani.²Mmwe n'abaana bammwe era ne bazzukulu bammwe, mussengamu Mukama Katonda wammwe ekitiibwa obulamu bwammwe bwonna. Mutuukirizenga amateeka ge gonna n'ebiragi bye bye mbawa, mulyoke muwangaale ennaku nnyingi.³Kale wulira, ggwe Isiraeri, bw'otuukanga mu nsi Mukama Katonda wo gye yasubiza bajjajjaabo, ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki, okwatanga ebyo byonna bye yakulagira olyoke olabenga ebirungi era olyoke oyale nnyo."⁴Wulira, ggwe Isiraeri; Mukama Katonda waffe ali omu.⁵Onooyagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna.⁶Era ebighambo bino bye nkulagira tobyerabiranga; onoobikuuma mu mutima gwo, (Ekyamateeka 6:1-6)

Ennyiriri 3 ne 4 zitandika ne "Wulira, ggwe Isiraeri" okuggumiza obukulu bw'okuwuliriza eddobozi lya Katonda. Ekigambo ekyo buli lwe kirabika kitegeeza "Wuliriza!" Mazima ddala Katonda ali ku ludda lwaffe. Ayagala tugende mu maaso. Mu nnyiriri zino, ebintu ebyo byali bikulu nnyo eri Isiraeri okusobola okuwangaala ng'eggwanga. Ebyo Katonda bye yayogera mu Ekyamateeka 6 bitukwatako leero. Ennyiriri zino ziraga amazima agasobola okutuyamba okutuuka ku buwanguzi ng'abakkiriza n'abaweereza b'abaana baffe.

Olunyiriri 5 bwe lugamba nti, "Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna," kitegeeza okulaga okwagala kwo eri Katonda ng'osalawo okuba n'enkolagana ey'oku lusegere naye. Okubeerako awamu ne Kristo kintu kikulu nnyo buli lunaku. Okumanya obulungi n'okubeera mu ye "n'omutima gwo gwonna, emmeeme yo n'amaanyi" kiraga okwenyigira mu bulamu bwo bwonna—omubiri, emmeeme n'omwoyo. Okitegeera nti munno mu bufumbo n'abaana bo beetaaga okwagala okuva gy'oli, era oyinza okuba ng'omanyi engeri gy'oyinza okukikolamu. Naye Katonda era akusaba okussaayo omwoyo n'obudde ng'ozimba enkolagana ennungi naye. Katonda asubiza nti singa omukulembeza, enkolagana endala zijja kulongooka.

FAYIRO y'AMAZIMA

Omutima—Lebab

(Lwebbulaniya).

Omutima, ebirowozo, omuntu ow'omunda. Enkozesa ye kigambo kino enyonyola omutindo gw'omuntu womunda.¹⁰

Omutima—Kardia (Luyonani).

ekifo eky'okwegomba, enewulira, okwagala, omutima oba ebirowozo¹¹

Olunyiriri 6 lugamba nti ebighambo bya Katonda biteekwa okuba mu mitima gyaffe, ekitegeeza okusoma Ebyawandiikibwa obutayosa—n'okubigondera. Okusobola okulaga ekyokulabirako kya Kristo n'okuyigiriza abalala, tuteekwa okuba nga tumanyi bulungi Katonda by'ayagala. Ekyo

n'okwesigama ku magezi ga Kristo n'amaanyi ge musingi ogwetaagisa okutuukiriza obuvunaanyizibwa obw'amaanyi obw'okuweereza bannaffe mu bufumbo n'okukulemba abaana baffe okukula mu by'omwoyo. Okwewaayo kwaffe n'okwogera ne Katonda buli lunaku bikwata butereevu ku buwanguzi.

OKUSIMA EBUZIBA

Nyonyola kiki kyetutekedwa okukola n'ekigambo kya katonda.

N'omutima gwange gwonna nkunoonya;
Tonzikiriza okukyama okuva ku mateeka go.
11Ntadde ekigambo kyo mu mutima gwange,
Nneme okwonoona mu maaso go. (Zabbuli 119:10-11)

Nyonyola butya amateeka gano bwe gasobola okuyamba okubeera omufumbo omulungi. Wandika amakubo abiri ku buli lunyiriri.

Naye ekigambo kikuli kumpi nnyo, mu kamwa ko ne mu mutima gwo olyoke okituukirizenga. (Ekyamateka 30:14)

Amateeka ga Katonda we gabeera mu mutima gwe,
Era tagaviirako ddala. (Zabbuli 37:31)

Nsanyuka okukola by'oyagala, Ayi Katonda wange,
Era nkuuma amateeka go,
mu mutima gwange munda. (Zabbuli 40:8)

Eky'ennaku, abantu bangi mu mubiri gwa Kristo tebaayingiziddwa mu mazima nti omukwano ne Katonda (Kitaffe, Mukama waffe Yesu Kristo, n'Omwoyo Omutukuvu) gukwatagana n'okufuba okw'amaanyi okumunoonya. Omukwano gwetaaga obudde mu Kigambo kye, okusaba, n'okukolagana n'abakkiriza abalala. Ekigambo *okuyigirizibwa* kiraga nti Omukristaayo omu (oba abawerako), oboolyawo abakuze mu by'omwoyo, azze okuyamba omulala okukulaakulanya enkolagana ennungi ne Mukama waffe. Awatali bukulembeze, ekkubo liyinza okuba nga zzibu okugoberera.

Oyinza okukkiriza naye era ne weebuza engeri gye kisoboka okuzimba enkolagana ne Katonda atalabika. Oyinza okwetegereza enkolagana gy'olina ne Katonda ne weebuza oba waliwo ekisingawo ku kugenda mu kkanisa ku Ssande, okusaba obulokozi n'okukyusa empisa embi. Yee, waliwo ebirala bingi, era osobola okwongera okunyweza enkolagana yo ne Katonda.

Esomo 7: Ebirungo Ebisatu Ebikulu

Yesu yanyonyola omugaaso gw'okubeera n'Omusingi ogw'amaanyi mu birungo ebisatu ebikulu.

Era mumpitira ki Mukama wammwe, Mukama wammwe, so nga temukola bigambo bye njogera?

Buli muntu yenna ajja gye ndi n'awulira ebigambo byange n'abikola, nnaabalaga gw'afaanana:

afaanana ng'omuntu azimba ennyumba n'asima wansi nnyo, omusingi n'agussa mu lwazi; awo amazzi bwe gayanjaala, omugga ne gukulukutira ku nnyumba eyo lwa maanyi okugisuula, n'okuyinza ne gutayinza na kuginyeeanya: kubanga yazimbibwa bulungi.

Naye oyo awulira n'atakola afaanana ng'omuntu eyazimba ennyumba ku ttaka n'atasima musingi; awo omugga ne gugikulukutirako lwa maanyi n'egwa amangu ago, n'okugwa kw'ennyumba eyo ne kuba kunene. (Luuka 6:46-49)

Okufuuna yesu kristo.

Ekiisooka, yatugamba "buli agya gyendi", ekilaga wa wetugenda okuzimba. Baibuli elaga bulungi nti yesu gwe musingi gwafe.

Kubanga tewali muntu ayinza kusima musingi mulala wabula ogwo ogwasimibwa ye yesu kristo. (1 Abakkoliso 3:11)

Wateekwa okubaawo ekiseera mu bulamu bwe wanoonya okusonyiyibwa ebibi byo era n'osaba Yesu Kristo ajje mu bulamu bwo nga Mukama era Omulokozi. Okubeera nga wazalibwa buzalibwa mu Amerika n'ogenda mu kanisa tebikufuula mukristayo. Kyetaagisa okusalawo okwenenya okuva mu kibi n'okuwa Katonda obuyinza bw'obulamu bwo okuyitira mu Yesu Kristo.

Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba katonda be bakkiriza erinnya lye. (Yokaana 1:12)

Enkolagana Eya Buli Lunaku ne Kristo

Ekyo kubiri, ekitundu mu Luuka kigamba, "buli muntu yenna awulira ebigambo byange," ekitegeza ebikozesebwa byetukozesa okuzimba, kye kigambo kya katonda n'okusaaba. Otekedwa okusalawo buli lunaku okumala ebiseera ng'osoma n'okufumitiriza ku kigambo kya Katonda, okuwuririza daala kiki katonda kyayogera. Okuyita mu Kigambo kya katonda n'okusaaba, tumumanya ne tutegeera okwagala kwe nabutya bwe tusobola okubeera obulungi.

Nnakomererwa wamu ne kristo naye ndi mulamu si ku bwange nate, naye kristo ye mulamu mu nze era obulamu bwe nina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza omwana wa katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange. (Abaggalatiya 2:20)

Okugondera ekigambo kya katonda.

Ekyo kusatu, tutekedwa okutambulira mu Kigambo kya Katonda oba okukigondera. Yesu bweyagamba, "buli.... awulira ebigambo byange n'abikola," Yali ayogera ku muntu akola okwagala kwa katonda. Enkola eno ey'okuwulira n'okukola kitegeeza okugondera, oba okussa mu nkola Ekigambo Kye mu bulamu.

Kubanga mumaze okwetukuza obulamu bwa mwwe mu kugondera amazima olw'okwagalanga ab'oluganda okutaliimu bunnnanfuusi, mwagalanenga mu mutima n'okufuba okungi. Bwe mwazaalibwa omulundi ogw'okubiri, si na nsigo eggwaawo, wabula etegwaawo, n'ekigambo kya katonda ekiramu eky'olubeerera. (1 Peteero 1:22-23)

Wandiika ebirungo ebisatu mu bigambo byo.

1. _____
2. _____
3. _____

Ebyawandiikibwa bitutegeeza nti kikulu buli kiseera okwekenneenya ebigendererwa byaffe n'ebikolwa byaffe.

Tukebere tukeme emitima gyaffe,
tukyukire nate eri mukama. (okukungubaga 3:40)

Okwekebera

Nyonyola butya bw'okwasaganya enkolagana eya buli lunaku ne katonda mu bitundu bino n'okusoma ekigambo kye n'okukikozesa. Oyinza kunyonyola otya Omusingi gwo ogw'omwoyo?

Etegeeka Eyebikolwa 1

Oluvanyuma lwo kuyiga enonno zino, okwatuula n'okusaba okusonyibwa byetagisa? Wandika esaala yo n'okwewaayo okutandiika naye buli lunaku.

Yesu ng'Omusingi

Ka twekenneenye ebintu bisatu Yesu bye yayogerako mu Lukka 6:46-49.

Okkiriziganya ne Katonda ku bikwata ku njiri, nti oli mwonoonyi, era nti Kristo yafiira ku musaalaba olw'ebibi ebyo, n'aziikibwa nazukira nate ku lunaku olw'okusatu (1 Abakkolinso 15:3-4). ____eye____neda

Wali osaabye Katonda okusonyiwa ebibi byo n'oyita Yesu mu mutima gwo, okubeera Mukama era Omulokozi wo bulamu bwo? ____eye ____neda.

Lino lye daala ekulu elisooka mu kuzimba Omusingi ogw'amaanyi. Tosobola kubuuka kino, kubanga kristo gwe musingi gw'okukiriza kwafe. Bw'oba tokyekakasa, weekenneenye *eky'ongerezedwako B: Okuwaayo Obulamu Bwo eri Kristo okwongera okunnyonyolwa.*

Kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka kubanga omuntu akkiriza na mutima okuweebwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa okulokoka (Abaruumi 10:9-10)

Osobola okusaba kati nomuyita mu mutima gwo ne saala eno enyangu nga:

Mukama yesu, njatuula nti ndi mwononyi era nzijja gyoli okusonyibwa. Nzikiriza nti wasasuula omuwendo ku lw'ebibi byange ng'okufa kumusalaba, era nzikiriza nti wazikibwa n'ozukira okuva mubafu ku lunaku olw'okusatu. Webale kulwa sadaaka yo. Nsaaba ojje mumutima gwange, onzijuuze omwoyo omutukuvu, era nyamba okubeera omuyigirizwa. Webale kunsonyiwa n'okujja mubulamu bwange. Webale kubanga Kati ndi mwana wa Katonda era ngenda muguulu. Amina.

Omugaaso gw'okusaaba.

Oluvannyuma lw'okusalawo okuzimba obulamu bwo ku kukkiriza mu Yesu Kristo, ebintu ebibiri ebiddako bitegeeza okugoberera Kristo ng'oteekawo ebintu ebisinga obukulu. Ka twetegereze ekikolwa eky'okusaba. Okusaba kutera okulowoozebwa ng'okugezaako okusaba amaanyi ga Katonda okukyusa embeera, naye Katonda ayagala nnyo okubeera kimu n'endowooza yaffe buli kiseera. Okusaba kuzingiramu okulowooza, naye okusinga ekyo, kwe kwogera ne Katonda

okuyita mu mukututu omuggule era nga kizingiramu okwogera n'okuwuliriza. Katonda ayagala okimanye nti buli kintu akibeeramu buli kiseera.

Temweraliikiranga kigambo kyonna kyona, naye mu kigambo kyonna mu kusabanga n'okwegayiriranga awamu n'okwebazanga bye mwagla bitegeezebwenza eri katonda. (Abafiripi 4:6)

Ayagala omanyee buli kiseera okubeerawo kwe n'okweyongera okuwuliziganya, era ayagala nawe obeere n'ekiseera eky'okusirika, eky'ekyama naye buli lunaku. Mu zabbuli 5:3, Dawudi yagamba, "Ayi Mukama, buli nkya onoowuliranga eddoozi lyanze. Buli nkya nnaakusabanga, ne nnindirira ky'oonoziramu."

Esaala n'okusoma baibuli bikozezebwa ebikulu eri okukula mubulamu bw'omukristayo. Akaseera k'okusoma kano n'empuliziganya biteera okumanyibwa ng'okwewayo. Okufuuka eyenyigidemu daala okusukuluma ekigambo ekiwandikidwa kyetagisa embeera ey'okutebereeza eyitibwa okukiriza - okukiriza newankubade nga tetulaba. Mu yokaana 20:29, Yesu n'amugamba nti, "Kubanga ondabye, kyovudde okkiriza; balina omukisa abakkiriza nga tebaliiko kye balabye."

Mu Matayo 6:9–13, essaala ya Mukama waffe, Yesu kennyini yatuwa ekyokulabirako ku ngeri gye yasabangamu era n'alaga ebimu ku bintu ebikulu ebyali birina okulowoozebwo mu kusaba.

Essaala eno wammanga kyakulabirako ekiyinda okukuyamba okutegeera obwangu bw'empuliziganya ey'omutima eyalug'amizibwa ebintu ebiri mu ssaala ya Mukama waffe era esobola okukozesebwa okutandika ebiseera byo eby'okwewaayo.

Mukama yesu, nkwebaza era nkusinda kubanga oyanyira okubeera kumpi nange, okwagala okumala akaseera nange, nkwebaze kulwo kwagala kwo n'obwesigwa, era nkusinda, gwe omutonzi katonda era akwasaganya ebintu byona okubeerawo. Nkusaba ekisa okutambulira mukugonda leero, okwagala omwagalwa wange n'abaana, n'okubafaako okusindira ku kigambo kyo. Nyamba nsonyiwe omuntu yena anumiza leero, era mpa ekisa okusaaba okusonyiyibwa bwe nemererwa okkukikirira. Era yesu nsaaba obikule omutima gwange okufuuna ekigambo kyo amakya gano. Nsaaba okutegera, okumanya enyo, ne ekisa okkugondera. Amina.

Kikulu nnyo okutandika ebiseera byo eby'okwewaayo ng'osaba, oboolyawo esaala efaananako n'eyo. Oyinda okukemebwa okukozesa essaala ezitegekebwa, naye Katonda ky'asinga okwagala kwe kwogera naawe. Kubanga aba yategeede dda ekiri mu mutima gwo era akwagala si songa ki ky'okoze. Abaruumi 5:8 wagamba nti: "Naye Katonda alaga okwagala kwe ye gyetuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira." Bw'obeera ne Katonda buli lunaku ojja kutandika okuwulira obulungi mu kwagala kwe, era okusaba kujja kufuuka "okwogera naye" ku buli kimu.

Entegeka eyebikolwa 2.

Wandiika essaala eri Katonda, ng'osaba obuyambi mu kukulaakulanya obulamu obw'omukwano n'obw'okusaba naye. Jjukira nti okukkiriza mu Kristo kwe kutuwa okutuuka eri Kitaffe. Yokaana 14:6 "Yesu n'amugamba nti, "Nze kkubo, n'amazima n'obulamu: tewali ajja eri Kitange, wabula ng'ayita mu nze."

Soma musaala eno pawulo gye yawa Abefeeso. Ebigambo ebimu bikyusidwa okugifuula eyiyo. Yongera okugifuula eyiyo ng'oteekawo erinya lyo awali ebanga

Nze [_____] Kyenva nfukaamirira Kitaffe, buli kika eky'omu ggulu n'eky'oku nsi kwe kiggya erinnya, ampe, ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu (muntu wange ow'omunda.) Kristo atuulenga mu (mutima gwange) olw'okukkiriza; mbeerenga n'emimizi, nnywezebwenaga mu kwagala, ndyoke mpeebwe amaanyi okukwatanga n'amagezi awamu n'abatukuvu bonna obugazi n'obuwanvu n'obugulumivu n'okugenda wansi bwe biri, n'okutegeera okwagala kwa Kristo okusinga okutegeerwa, ndyoke nzijjulire ddala n'okutuukirira kwonna okwa Katonda.

Kale oyo ayinza okukola ennyo okusingira ddala byonna bye nsaba oba bye ndowooza, ng'amaanyi bwe gali agakolera mu nze, aweebwenga ekitiibwa mu kkanisa ne mu Kristo Yesu okutuusa emirembe n'emirembe egitaggwawo. Amiina. (Abefeeso 3:14-21)

Wandiika ebintu pawulo by'asaba oba by'atendereza mu kusaba kwe.

Ng'oggyeeko okuteeka essaala eno mu nkola, osobola okugikozesa buli kiseera okusaba ebintu bino mu bulamu bwa munno mu bufumbo n'abaana bo, n'abaagalwa bo abalala ng'oteekawo amannya gaabwe.

Katonda ayagala enkolagana, eyetaagisa okukkiriza enjiri n'okuwaayo obulamu bwo eri Yesu nga Mukama era Omulokozi era n'osalawo okuwaayo obudde okusaba n'okusoma Ekigambo kye. Okubeera mu bulamu obw'Ekikristaayo, oluusi ekiyitibwa "okusigala mu Kristo," kizingiramu okuwuliriza Katonda okuyitira mu kusoma n'okufumiitiriza ku Kigambo Kye. Mu matayo 4:4 Yesu yagamba, "Kyawandiikibwa nti, 'Omuntu tabanga mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.'" Omusumba wo ayinza okuba omusomesa ow'enjawulo, naye okumalako wiiki ennamba ku bubaka bwa Ssande bwokka kijja kukuleetera okuba omunafu mu by'omwoyo.

Abakristayo bangi bateeka obupapuula bwo kwewayo, okugeza nga "Daily Bread", muginabiro oba okulinaana ekitanda okufuna mangu dose yamanyi go'mwoyo. Bakasikayo, nebasomako katono nebalowooza bakoze kyebalina okukola. Naye ate emeere eyamangu nga eno egwamu mangu, awamu n'endowooza kuki kyetusomye.

Mu buwangwa bwaffe tulina ebyuma bya kalimagezi bingi ebituyamba okukola ebintu bingi ne kiba nti ebiseera ebisinga obudde bwaffe ne Katonda bitwalibwa mu katogo ako. Bwe tutateekamu manyi buli lunaku okufuna obudde n'eKatonda, nga mw'otwalidde n'okusoma okumalirivu, okufumiitiriza, n'okusaba, olwo tuyinza okufuuka abantu abagala ebya kagwilawo, ekiyinza okukuleetera obulamu obubi mu by'omwoyo.

OKUSIMA EBUZIBA.

Soma enyiriri zino era owandiike kiki kyezogera kumbeera gyetulina okuba nayo nga tusoma ekigambo n'okunonya amagezi okuva eri katonda.

Omutima gw'omutegeevu gufuna okumanya
n'okutu kw'ab'amagezi kunoonya okumanya. (Engero 18:15)

Gulanga amazima, so togatundanga, weewaawo,
amagezi n'okuyigirizibwa n'okutegera (Engero 23:23)

Okutambulanga nga bwe kisaanira mukama waffe olw'okusimbibwa kwonna, nga mubalanga ebibala mu buli kikulwa ekirungi era nga mukuliranga mu kutegeera katonda (Abakkolosaayi 1:10)

Okwewaala okusoma okwa mangu, wemanyiilize empiisa ey'okufumitiriza ku kigambo kya Katonda. Abantu bangi balwooza ku kusaba kw'Abahindu bwe bawulira ekigambo okufumiitiriza, naye kigambo ekikozesebwa Katonda wa Baibuli. Okufumiitiriza ngeri ya kunyamyamu ne Katonda nga tolina bigambo. Bwe tufumiitiriza ku ebyo bye tusoma, tusobola okuwuliriza obulungi ebyo Katonda by'ayogera. Bayibuli egamba nti " beera musirifu" mu maaso ga Katonda asobole okwogera naffe.

Naafumiitirizanga ebiragiro byo era naalowozanga amakubo go. (Zabbuli 119:15).

FAYIRO Y'AMAZIMA

Okufumiitiriza—Mu Baibuli, okufumiitiriza tekyali kikulwa kya kasirise. Kyali kitegeeza okusinda, okwogera, oba okuwuuma, gamba ng'okusoma ekitundu mu ddooboozi eritali ly'amwanguka oba okunyamyamu weeka, ng'otabagana n'ebigambo ebiwandikidwa bisobole okunyikibwa mu birowoozo byo. Ng'akasawo ka majjani bwe kanyikibwa mu cayi, bwe kityo okufumiitiriza ku Byawandiikibwa kibileetera okubuna mu birowoozo byaffe.

OKUSIIMA EBUZIBA.

Laaga kiki katonda kyeyagamba yoswa okukola era lwaki kyali kikuku eri katonda neri obuwanguzi bwa Yoswa.

Ekitabo kino eky'amateeka tekiivenga mu kamwa ko, naye onookirowoozangamu emisana n'ekiro olyoke weekuumenga okukola nga byonna bwe biri ebiwandikidwa kubanga bw'onooterezanga bw'otyoko ekkubo lyo era bw'onoooweebwanga omukisa bw'otyoko. (Yoswa1:8)

Oyagala okubeera "ne obuwanguzi obulungi" mubufumbo bwo? ____eye____neda.

Nnyonnyola amakulu g'ekitundu kino gy'oli. Okutwala kino mu mutima n'okubeera mu mbeera ng'eyo kyandikutte kitya ku bufumbo bwammwe?

Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kw'ababi,

Omusingi Ogw'amanyi

Newakubadde okuyimirira mu kkubo ly'abo abalina ebibi,

Newakubadde okutuula mu ntebe z'abanyooma.

2Naye amateeka ga Mukama ge gamusanyusa,

Era mu mateeka ge mw'alowoleza emisana n'ekiro.

3Naye alifaanana ng'omuti ogwasimbibwa okumpi n'ensulo ez'amazzi,

Ogubala ebibala byagwo mu ntuuko zaagwo.

Amalagala gaagwo tegawotoka (Zabbuli 1:1–3)

Esomo 8: Katonda Ayagala Okwagala Kwo.

Abaana bwe babeera abato, okwesigama ku maama ne taata kusobola okubareteera obutewulira bulungi oba okutya nga balekedwa mukulabirirwa kwo mulala. Maama ne taata bwebadaa, waliwo okufaayo okwamanyi n'okusanyuuka. Okumala akaseera, enkolagana eyo omuzade n'omwana enungi ezaala okusanyukira okwagala okwebuziba okwenkanankana. Abaana bwe bagenda nga bakula, beyongera okufuuka ebesobola ku lwabwe, era okusanyukira okutabagana kuno kugwawo. Osanga nga kati basigazza embuuzza enyangu eri maama oba Taata, oba okwogeera kuyinza okukendereera ddaala. Mu kutabagana kuno, okubeerawo kw'abazade tekutwalibwa nga kikulu oba tekumanyibwa yade.

Tusobola okukola ekintu kyekimu ne mukama. Bwe tusooka okujja eri Kristo, tubeera twesunga okusaaba n'okugenda mu kigambo. Bwe tukisoma, tuwulira katonda nga ayogera ne mitima gyafe. Tuteera okufuuna enewulira eyesanyu ne tugabana amawulire gaffe amalungi n'emikwano n'abagalwa. Wewale okugwa mu mbeera eyo ng'Ekigambo kya Katonda kifuuse kyakubiri ku bintu ebirala, eby'okukola ebilala bw'ebifuuka ebikulu okusinga ekiseera kye tulina ne Katonda.

Bwe tutaba bulindaala, endowooza zaffe ziyinza okufuuka "kale, kale, okuddamu okusoma Matayo, ekyo n'akisooma ddaa?" Eky'ennaku, tufiirwa endowooza eya "Taata ali wano!" Tetusobola kusigala mu ndowooza eno. Tulina enkizo ey'omukisa okugenda awatukuvu w'awatukuvu ne Katonda ayagala tumuyite "Taata" ng'Abaruumi 8:15 bwe bagamba nti, "Abba, Kitaffe." Tumuwulira ng'ayogera amazima ag'ekitalo era ng'atubuulira engeri gye tuli ab'ekitalo era abakulu gy'ali.

Okwekebera 1

Di lwewasembayo okutuula mukasirise ne katonda omulamu, nga wesuunze Ye ayogere gyoli?

Oluvanyuma nga yesu awadeyo omwoyo gwe kumusalaba, ekyasooka okubawo ekiwandikidwa mu baibuli kwe kuyurika kw'olutimbe (ejjijji) okuva wagulu paka wansi, olwali lubika ekifo ekiyitibwa a watukuvu wa watukuvu (Matayo 27:51). Kyategeza nti okwesadaka kwa kristo okufa kwakomya okwewalibwa kwafe okuva eri katonda. Ekyo nga tekinaberawo, kabona omukulu yeka yeyali ayingira yo lumu mumwaka nga alina omusaayi gwe ekisoro ekisadacidwa. Omuwendo ogw'amanyi gwa sasulibwa Kristo bwe yawayo omusaayi gwe kulwo okusumurulwa kwafe. Abebulaniya 10:19 egamba "kale ab'oluganda, bwe tulina obugumu okuyingira mu kifo ekitukuvu olw'omusaayi gwa yesu," nga tukakasasibwa nti okufa kwa yesu tekwali kuwangula manyi ga kibi kyoka naye nokugula ekuubo eri Taata okubeera ne okukungaana nafe. Tusanide "obutalagajjalira obulokozi obukulu obwenkana awo?"(Abebulaniya 2:3)

Bw'oba ng'olina abaana abakulu, ofuna mukisa ki nga baagala okubeera naawe? Olowooza Katonda wa njawulo? Akyagala gwe nange bwe tukwogera nti "obuude buwedeyo" ne tugamba kitaaffe, buno buude bwo, gwe nange, mukaseera kano, era sigenda kuleka ekintu kyonna kujja mukubo. Ngenda kukikuuma kino, katonda."

Bwe tukola okwewaayo kuno okuteekawo obuude ebaali obwa katonda, ebiziyiza bitandika okuvayo. Bwe kutaba kutataganyizibwa okuva eri famire n'amasimu, awo ebirowozo ne bijuula, ekizibu kumulimu, amabanja, omwagalwa wo, abaana bo, n'ebirala. Ebiseera bingi sitani asindika ebiziyiza bino kubanga amaanyi obunywevu bwo musingi gwaffe, amaanyi g'okukiriza kwafe, teggava mufte, oba okuyayana okubeera taata asinga, maama oba omwagalwa, naye okuva munkolagana ne kristo. Buli kintu ekirungi kikula okuva munkolagana eno.

OKUSIMA EBUZIBA

Nyonyola kiki enyiriri zino kyezogera ku lutalo lwe tulimu era tutekedwa kukola ki.

Kuba newakubadde nga tutambulira mu mubiri, tetulwana kugobereranga mubiri (kubanga ebyokulwanyisa eby'entalo zaffe si bya mubiri, naye bya maanyi eri Katonda olw'okumenya ebigo);

nga tumenya empaka na buli kintu ekigulumivu ekikulumbazibwa okulwana n'okutegeera kwa Katonda, era nga tujeemula buli kirowoozo okuwulira Kristo; (2 Abakkoliso 10:3-5)

Yesu bwe yanyonyola olugero lw'omusiizi eri abayigirizwa be (Makko 4:13-20), yali ayagala bamanye kubukodyo bwa sitani. Ekyawandiikibwa kino kiyinza kitya okukwatagana n'ebiseera byomala mu kigambo? Olutalo lwe luliwa?

Bano be b'oku mabbali g'ekkubo ekigambo we kisigibwa awo bwe bawulira, amangu ago setaani n'ajja n'aggyamu ekigambo ekyasigibwa mubo. (Makko 4:15)

Pawulo bwe yawandiika 2 Abakkolinso 11:3, yayogera ku Olubereberye 3, olwogera ku ngeri ekibi gye kyayingira mu nsi Kaawa bwe yawuliriza obulimba bwa Setaani. Pawulo yali atya nti Setaani, mu ngeri y'emu, yadiyonoonye (okwonoona, okusaanyaawo, oba okuzikiriza)

ebiwoozo by'abakkiriza abapya okuva mu bweruffu (obulongofu, obwesimbu, oba "obumalirivu bw'omutima") bye baalina mu nkolagana yaabwe ne Kristo.

Naye ntide, ng'omusota bwe gwalimbalimba kaawa mu bukuusa bwagwo, mpozzi ebiwoozo byammwe okwonoonebwanga mu kulaba wamu ne mu bulongoofu ebiri eri kristo. (2 Abakkolinso 11:3)

Kaawa yalimbibwa (okumuwabya) olw'obukujjukujju bwa Setaani (okukeema) n'akkiriza nti eby'obulimba bye bituufu. Enteekateeka ya Sitaani bulijjo y'emu.

Okwekebera 2.

Bulimba ki bwe wali okiriza obukwata kukwagala kwa katonda okubeera ne nkolagana ey'oku lusegere naawe?

Wandiika ebimu ku biwoozo ebitera okujja ng'otandika oba ng'okola okusaba kwo n'ekiseera kyo eky'okwewayo, era saba Katonda akuyambe okubirwanyisa.

Sitaani tayinza kunenyezebwa olw'abuli kintu. Oluusi ffe ababeera n'ensobi. Yesu bwe yali asaba mu lusuku, ng'awulira obulumi olw'okuba yali an'ateera okugenda ku musaalaba, abayigirizwa be beebaka nga balina okusaba naye. Yesu yabalabula ku bunafu bw'omubiri.

Mutunule musabe, muleme okuyingira mu kukemebwa omwoyo gwo gwagala naye omubiri munafu. (Matayo 26:41)

Ekilagiyo kya yesu kwe "kutunuula tusaabe" era ekivamu kya bulungi bwafe – nti tuleme okukemebwa n'obunafu bwaffe. Okusaba kw'amugaso nyo mu kulwanyisa olutalo

Omusingi Ogw'amanyi

Iw'okulwanyisa ebirowoozo nga bino: *siwulira nti njagala, nkooye, sifaayo oba tewali budde.* Ebintu ebisinga obukulu mu kunoonya Mukama birina okudda mu kifo ky'obuteefirayo.

OKUSIMA EBUZIBA.

Nyonyola kiki enyiriri zino kyezikulagira okukola.

Mutamirukukenga, mutunulenga; omulabe wammwe Setaani atambulatambula, ng'empologoma ewuluguma, ng'anoonya gw'anaalya (1 Peteero 5:8)

Mwambalenga ebyokulwanyisa byonna ebya katonda, mulyoke muyinzenga okuyimirira eri enkwe za setaani. (Ebefeeso 6:11)

Obuwanguzi bwo bwonna, omuli n'amaanyi okuweereza ng'omwami oba omukyala biva munkolagana etakoma ne kristo. Makko 4:34 egamba, "teyayogera nabo awatali lugero, naye bwe yaba nga yekka n'abayigirizwa be n'abannyonyola byonna," okumala obuude ne yesu mukweewaayo okwa buli lunaku kijja kutuwa amagezi ag'ebuziba n'okutegera okuva mubyawandikibwa, n'amaanyi n'amagezi getwetaaga eri Obufumbo bwafe.

Katonda ayagala buli omu ku ffe mu ngeri y'emu, era yeegomba okubeera naffe. Tewali kitabo kya bufumbo ekyawandiikibwa ekijja okukwata ku buli mbeera gy'oyolekagana nayo. Obwetaavu bwaffe obusinga obungi si kugonjoola bizibu byaffe byokka, wabula okukyusa omutima gwaffe katonda yekka ky'asobola okutukolera. Eno y'ensonga lwaki ayagala tumwesige buli lunaku, nga tutunuulira Ekigambo kye okusobola okutegeera n'okuwa okulung'amizibwa.

OKUSIMA EBUZIBA.

Wetegereze embeera ya bayigirizwa bwe batategeera okusomesa kwa yesu. Kiki kyebakola?

Awo n'asiibula ebibiina, n'ayingira mu nju abayigirizwa be ne bajja w'ali ne bagamba nti tutegeeze olugero olw'eggaano ey'omu nsiko eyali mu nnimiro. (Matayo 13:36)

Katonda bulijjo atulindirira okujja gy'ali, ng'ayagala tunoonye amagezi ge twetaaga okukola ku bulamu. Kino bwe tukimanya, tuyinza tutya okuba n'eby'okukola bingi ne kiba nti tetusobola kumala biseera bingi ne Katonda omulamu? Kino tulina okukikumira mu birowoozo byaffe, nga twekuuma emize gyaffe egy'okwefuga oba okutwala obulungi bwa Katonda ng'ekintu ekitali kikulu.

Fubanga okweraga ng'osiimibwa katonda, omukozi atakwatibwa nsonyi, ayisa wakati ekigambo eky'amazima. (2 Timoseewo 2:15)

Katonda aggumiza obukulu bw'okubeera abanyiikivu mu kumala ebiseera mu Kigambo kye, tusobole "okukisalamu wakati," oba okutuuka ku kutegeera okutuufu.

Wandyewaade bubonero bumeka mubude bw'okwewaayo (okusaba) kwo buli lunaku?

Olowooza kiki kyategeza wano ne kigambo "okukwatibwa ensonyi?"

FAYIRO Y'AMAZIMA
okufubanga (ekigambo ekikola)—
Ekiragiro okukola n'okweyongera okukola. Obunyiikivu, okubeera omunyiikivu, okufuba okukola kyonna ekisoboka, okwagala n'obunyiikivu mu kutuukiriza ekigendererwa.
Okwawulamu obulungi—
Ekirowoozo ky'okusalamu ekintu obutereevu nga bw'okola mu bubazzi oba mu kuzimba, oba ng'osala olugoye lw'olina okutunga awamu.

Entegeeka eyebikolwa

Fumiitiriza ku lunyiriri luno okuva eri Timoseewo. Wandika essaala eri Mukama, ng'osaba obuyambi obw'enjawulo okugoberera ebiragiro bye.

Laaga okukubiriza mu lunyiriri luno.

Kale ab'oluganda, kyemunaavanga mweyongera obweyongezi okufubanga okunyweza okuyitibwa kwammwe n'okulondebwa kubanga ebyo bwe munaabikolanga temulyesittala n'akatono. (2 Peteero 1:10)

Obuwulize Kikolwa

Ekirungo eky'okusatu ekyetagisa okuzimba Omusingi ogw'amaanyi eri obulamu bwe buwulize, oba okusalawo okukola okusinziira ku mazima ga katonda n'okwagala kwa Katonda okubikulidwa.

Buli muntu.... awulira ebigambo byange n'abikola... afaanana ng'omuntu azimba ennyumba n'asima wansi nnyo omusingi n'agussa mu lwazi, awo amazzi bwe gayanjaala, omugga ne gukulukutira ku nnyumba eyo lwa maanyi okugisuula, n'okuyinza ne gutayinza na kuginyeenya kubanga yazimbibwa bulungi (Luuka 6:47-48)

Tulina okutwala Bayibuli ng'ebigambo bya Katonda. Mu ndagaano enkadde, Abayudaaya baatwalanga erinnya lya Katonda nga litukuvu nnyo ne kiba nti tebaalyogeranga. Tulina okukimanya nti tulina omukisa ogw'ekitalo nti ekisa kya Katonda, ekyalagibwa ssaddaaka ya Yesu ku musaalaba, kitulaze nti tetulina musango era kituyambye okutuuka ku Kitaffe ali mu ggulu n'okubeerawo okw'amaanyi okw'Omwoyo Omutukuvu ng'omusomesa era atulannganyama. Omulimu gwo kwe kuyayana okukola okwagala kwa Katonda n'okuyanukula mu kwebaza n'obuwulize. Bw'otwala Ekigambo kya Katonda ng'ebiteeso obuteeso, olwo nno oyinza okwesanga ng'olondamu n'okwelobozza kyolowooza nti ky'oyagala ekisinga obulungi. Ekyo kijja kukuviiramu okuba n'omusingi omunafu mu bulamu bwo.

Kale bwe kityo buli muntu yenna ku mmwe ateefiirizenga byonna by'ali nabyo, taayinzenga kuba muyigirizwa wange. (Luuka 14:33)

FAYIRO Y'AMAZIMA

Okuleka — Okwegaana oba okweffiriza. Okusobola okukwataganya ebintu bye tukulembeza mu bulamu bwaffe n'Ekigambo kya Katonda, ekissa Katonda by'ayagala waggulu ku byaffe.

Bangi baalowooza nti enjigiriza ya Yesu yali nzibu nnyo okugoberera, bwe batyo ne bakyuka ne bava eri Katonda. Mu misomo gino wajja kubaawo ebiragiro ebiyinza okuba eby'enjawulo ku ngeri gy'okolamu ebintu mu kiseera kino. Ebimu bayinza okulabika ng'ebizibu, naye ekisa kya Katonda kijja kukuyamba okukola by'ayagala. Omubiri gwaffe tegwagala ffe okwesigama ku Katonda okufuna amagezi n'amaanyi.

Okuva mukaseera ako bangi ku bayigirizwa be badaayo nebatadamu kutabuula naye. Awo yesu n'ayogera eri ekumi na babiri, "namwe mwandiyagade okugenda?" (Yokaana 6:66-67)

Entegeeka eyebikolwa 2

Wandiika obweyamo eri Katonda, okwesigama ku ye olw'ekisa n'amaanyi g'okwegomba n'okugoberera ebiragiro bye ng'omwami oba omukyala.

Katonda atulazze omutima gwe ku bintu bye tukulembeza mu bulamu bwaffe, era nti ekirina okuba mu kifo eky'okubiri nga kiddirira Katonda, ennyumba yo eteekwa okukulembezebwa mu birowoozo byo, okwagala kwo, n'ebikolwa byo. Kino kyetaagisa okusobola okuweereza obulungi. Amaka mangi tegakola bulungi. Abantu bafaayo nnyo ku by'okwesanyusaamu, ku mirimu, oba ku buweereza mu kkanisa.

Kyesigwa ekigambo ekyo nti Omuntu bw'ayagalanga obulabirizi, yeegomba mulimu mulungi. Kale omulabirizi kimugwanira obutabangako kya kunenyezebwa, abeerenga musajja wa mukazi omu, atatamiira, mwegendereza, mukwata mpola, ayaniriza abagenyi, atayombera ku mwenge, atakuba; naye omuwombeefu, atalwana, ategomba bintu; afuga obulungi ennyumba ye ye, agonza abaana be mu kitiibwa kyonna; (naye omuntu bw'atamanya kufuga nnyumba ye ye, ayinza atya okujjanjaba ekkansa ya Katonda?)

si oyo eyaakakyuka, alemenga okwekulumbaza n'amala agwa mu musango gwa Setaani.

Era nate kimugwanira okubeeranga n'okutegeezebwa okulungi eri abo ab'ebweru, alemenga okugwa mu kuvumibwa ne mu kyambika kya Setaani.

Bwe batyo n'abaweereza kibagwanira okubeeranga abalimu ekitiibwa, si bannimibiri, abatanywanga mwenge mungi, si beegombi ba bintu;

nga bakuuma ekyama eky'okukkiriza mu mwoyo omulungi. Era nate abo basookenga okukemebwa, balyoke baweereze, nga tebaliiko kya kunenyezebwa.

Bwe batyo n'abakazi kibagwanira okubeeranga abalimu ekitiibwa, abatawaayiriza, abatatamiira, abeesigwa mu byonna. Abaweereza babeereaga basajja ba mukazi omu, nga bafuga abaana baabwe obulungi n'ennyumba zaabwe bo. Kubanga abamala okuweereza obulungi beefunira obukulu obulungi n'obugumu bungu mu kukkiriza okuli mu Kristo Yesu. (1 Timoseewo 3:1-13).

Ekikwatagaana ne kitundu kino omuwandisi omu yagamba, " Pawulo yategeezezza nti obumanyirivu omukulembeze bw'afuna mu maka bujja kumuyamba okufuna obusaasizi obw'amaanyi olw'omulimu gwe mu kkanisa." Ekigambo "okufuga" kyalabikira mu lunyiriri 4. Okukulaakulanya obukugu obw'obukulembeze obulungi mu maka kyali kyetaagisa okukozesebwa mu kkanisa.

Okwekebera 3

Omusumba atekwa okuteereza amaka ge nga tannasanira mu maaso ga Katonda akusobola okuba ekyokulabirako ekirungi eri ekisiibo. Singa osanga omusumba alina ebizibu ebirabika ng'eby'obufumbo n'amaka n'olaba nga tafaayo ku mukyala we oba abaana be mu ngeri entuufu, wandimusizaamu ekitiibwa n'obukulembeze bwe? Lwaki?

Kubanga kyennava mmulonda, alyoke ayigirize abaana be n'abazzukulu, okukwatanga n'okugonderanga ebiragiro byange, nga bakola ebituufu n'eby'amazima, ndyoke ntuukirize bye namusuubiza." (Olubereberye 18:19).

Ekyo kiraga bulungi engeri Katonda gy'alabaamu amaka. Katonda yagamba Ibulayimu, nga ye mwami era taata, nti yali amumanyi ng'alina ekigendererwa eky'okuyigiriza ab'omu maka ge amakubo ga Mukama waffe. Weetegereze nti Katonda teyagamba nti, "Mulina okukola buli kiseera okuleeta ssente," wadde nga tukimanyi nti bwe tutalabirira maka gaffe, tubeera twegaanye okukkiriza (1 Timoseewo 5:8). Tagamba nti, "Weeyongere okuweereza" oba "Lwaki tolannya njamira eyo n'ogenda e Misiri okuwummulamu." Wadde ng'omulimu, obuweereza, n'ebiseera eby'okwesanyusaamu bikulu nnyo era nga bya Baibuli, tewali kw'ebyo kirina kukulembezebwa. Byona birina okufibwako naye ng'olina okusooka okukolagana ne Katonda n'ab'omu maka go.

Okwekebera 4.

Lowooza ku bintu by'okulembeza mu bulamu bwo, ku bikwata ku Katonda, munno mu bufumbo, ku baana, ku mulimu, ku kkanisa, ku by'okwesanyusaamu, ne ku bufumbo. Katonda yabaade asooka, n'ozzaako amaka? Buuza omwagalwawo oba akkiriziganya naawe. Bw'oba olina abaana, babuuze mu ngeri ey'obukkakkamu era ey'okuyigiriza, bajja kukuwa eky'okuddamu ekituufu. Bw'oba ng'ebintu by'osinga okukulembeza tebikwatagana bulungi, wandiika essaala ey'okweyama okukyusaamu. Beera mulambulukufu.

Okusiima ebuziba

Nyonyola kiki ekyawandiikibwa kino kyekyogera kunoono z'ebyawandikibwa ku kulondawo wakati w'okweereza ne famire.

Era oba nga mulwooza nga kibi okuweerezanga Mukama, mulonde leero gwe munaaweerezanga; oba bakatonda bajjajjammwe abaali emitala w'Omugga be baaweerezanga, oba bakatonda ab'Abamoli, bannannyini nsi mwe muli; naye nze n'ennyumba yange, ffe tunaaweerezanga Mukama." (Yoswa 24:15)

Awo Eriya n'asemberera abantu bonna, n'ayogera nti Mulituusa wa okutta aga n'aga nga mulwooza wabiri? Mukama oba ye Katonda, mumugoberere: naye oba Baali, kale mumugoberere ye. Abantu ne batamuddamu kigambo. (1 Bassekabaka 18:21)

Tewali muntu ayinza kuweereza baami babiri; kuba oba anaakyawanga omu, n'ayagalanga omulala; oba anaanywereranga ku omu, n'anyoomanga omulala. Temuyinza kuweereza Katonda ne mamona. (Matayo 6:24)

Ossa mu nkola enonno za Katonda mu maka go? Ebibala by'Omwoyo Omutukuvu kwe "kwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa, obukkakkamu,

n'okwefuga" (Abaggalatiya 5:22-23). Bino bye bintu omwagalwawo mu bufumbo n'abaana bye balaba nga bikula mu ggwe n'okweyongera mu maka go?

Wandy'epimye otya? _____ Bulungi nyo _____ katono nyo ne bivako _____ Nkyalina eby'okukyusa

Singa wabaawo ekintu ekirala kyonna ekikulu okusinga enkolagana yo ne Kristo, ojja kubonaabona, era n'ab'omu maka go bajja kubonaabona. Katonda awa omukisa obuwlize. Obujeemu bulemesa Katonda okutuwa omukisa kubanga tukoleera mu mubiri, mu bujeemu, era wabweru w'okwagala kwa katonda. Olaba ebifo ebyetaaga okulongoosebwa? Katonda atuwa ebiragiro, era abilambika bulungi mu ngeri etegerekeka, era asaba obuwlize. Tulina Omwoyo Omutukuvu okufuula Ekigambo okuba ekilamu mu ffe, okutuyigiriza, okutukulemba n'okutusalira omusango nga tuvudde ku Katonda by'ayagala. Ffenna twetaaga amaanyi ga Katonda n'ekisa kye buli lunaku. Naye tetusaanidde kwerabira nti Katonda takolera mu ngeri y'ekyamagero kw'ebyo bye yatuyita okukola mu buwlize.

Nate ku mulundi guno, wandiika ebintu bisatu ebisobola okukola omusingi omunywevu.

1. _____
2. _____
3. _____

Esomo 9: Ejjinja Edene Ery'oku Nsonda

Ekintu ekisinga obukulu mu kuzimba ku musingi omunywevu kwe kulonda ejjinja etuufu ery'oku nsonda. Ka twetegereze Ebyawandiikibwa kye byogera ku nsonga eyo ku bikwata ku Kristo, era n'enkolagana yaffe naye.

Kale bwe mutyo temukyali bannamawanga na bayise, naye muli ba kika kimu n'abatukuvu, era ba mu nnyumba ya Katonda. 20Kubanga mwazimbibwa ku musingi gw'abatume ne bannabbi, Kristo Yesu yennyini nga lye jjinja eddene ery'oku nsonda. (Abefeeso 2:19-20)

Kubanga waliwo mu kyawandiikibwa nti,
 "Laba, nteeka mu Sayuuni ejjinja ekkulu ery'oku nsonda,
 eddonde, ery'omuwendo omungi;
 Era amukkiriza talikwasibwa nsonyi."

⁷Kale eri mmwe abakkiriza omuwendo mungi, naye eri abatakkiriza,
 "Ejjinja abazimbi lye baagaana,
 eryo lye lyafuuka omutwe ogw'oku nsonda;"

⁸era

"Ejjinja eryesittalwako, era olwazi olusuula."
 Beesittala kubanga tebaagondera kigambo, nga bwe baali baateekeddwa okukola. (1 Peteero 2:6-8)

Waliwo entegeeka ey'enkulaakulana ey'eby'omwoyo eyogerwako mu nnyiriri zino:

1. Kiriza yesu kristo,
2. Beera muye, era
3. Gonda.

Abakristaayo abasinga obungi beemalira ku ky'okusatu. *Oh, nnina okulekera awo okukola kino. Nnina okukola ekisinga obulungi. Obulamu bwange tebulisanyusa Katonda.* Ekirungi, okutuukiriza emitendera ebiri egisooka kireeta obuwanguzi mu kyokusatu—twesanga nga tulina amaanyi, ekisa n'okwagala okubeera abawulize.

Abantu bwe bajja okubuulirirwa nga balwanagana n'enneeyisa embi oba emize emibi, ekibuuzo ekisooka kyandibadde nti, "Enkolagana yo ey'okubeera mu Kristo eri etya?" Abantu abasinga obungi baddamu nti, "Ekyo kitegeeza ki?" Enkolagana yaffe ne Kristo y'enkolagana etuwa amaanyi okumugondera. Enkolagana yaffe ne Katonda y'etuwa ekisa ku lunaku olwo tusobole okuwangula ekibi. Atuwa ekisa eky'olunaku olwo lwoka. Tatuwa kisa okumala wiiki nnamba. Tulina okulaba enkolagana eno n'okutegeera enonno eno ey'omwoyo. Katonda yakikola mu ngeri eno tusobole okukuuma omukwano n'okussa ekimu naye buli lunaku naye.

Mubeere mu nze, nange mu mmwe. Ng'ettabi bwe litayinza kubala bibala lyokka, bwe litabeera mu muzabbibu, bwe kityo nammwe temuyinza, bwe mutabeera mu nze.

Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera mu nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola. (Yokaana 15:4-5).

Yesu y'assa essira ku nsoga ey'okubeera mu ye, ng'akozesa ekigambo ekyo emirundi ena. Bwe yawa abayigirizwa be ekiragiro kino, waayita akaseera katono n'agenda ku musaalaba n'agenda okubeera ne Kitaffe mu ggulu. Yali ayagala okukakasa nti abayigirizwa be bamanyi nti enkolagana yaabwe n'aye ejja kugenda mu maaso, ne bwe kiba nti teyaliiyo.

FAYIRO Y'AMAZIMA
Okubeera—okusigala, okubeera,
okweyongerayo mukifo,
okugumikiriza awatali kuwanika.

OKUSIMA EBUZIBA.

Nyonyola wa wetutekedwa okugonda era n'ekivamu kyeki?

“Awo Yesu n'agamba Abayudaaya bali abaamukkiriza nti, “Bwe munywerera mu kigambo kyange, nga muli bayigirizwa bange ddala; 32era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe.” (Yokaana 8:31-32)

Bwe mubeera mu nze n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe musabenga kye mwagala kyonna, munnakikolerwanga. (Yokaana 15:7)

Weetegerenze engeri Ebyawandiikibwa bino gye bikwataganamu n'okunywerera ku Kristo, okumwesigamaako, n'ebivaamu.

si kubanga fekka tulina obusobozi, okulowooza ekigambo kyonna ng'ekiva gyetuli; naye obusobozi bwaffe buva eri Katonda. (2 Abakkoliso 3:5)

Kyetuva tulema okuddirira; naye newakubadde omuntu waffe ow'okungulu ng'aggwaawo, naye omuntu waffe ow'omunda afuuka omuggya bulijjo bulijjo. (2 Abakkoliso 4:16)

Obulamu bwaffe obw'okwewayo n'okusaba eri Katonda bufaananako n'omusingi gw'ennyumba. Tosobola kukiraba, naye amaanyi g'agwo geeyoleka ng'embuyaga n'obutyabaga bw'omu butonde bize. Tuyinza okuba nga tufaayo nnyo okukozesa ebiseera byaffe ebisinga obungi ne ssente okulaba ng'ennyumba erabika obulungi, naye omusingi omunafu guyinza okuleetera ebiseera ebyo byonna ne ssente okufira obwereere amangu. Singa tumalira ebiseera byaffe ku kulabika ng'abawanguzi mu kifo ky'okukula mu butuukirivu, ennyumba yaffe ejja kuzimbibwa ku musenyu era ejja kugwa, nga Yesu bwe yalagula mu Matayo 7. Omusingi gwe guwanirira ennyumba, so si kutimbibwa n'omulimu gwa langi ogusikiriza.

Mu masomo gano wammanga, ojja kufuna ebikozesebwa mu Baibuli okusobola okufuna obufumbo obw'okutya Katonda. Kyokka, bw'obuusa amaaso enonno eno ey'omwoyo n'obuusa amaaso omusingi gwo, ojja kudda butereevu mu mizze gyo emikadde. Okunyikirira mu enkolagana yo ne Katonda, mu Kristo, gwe musingi gwokka gw'oyinza okuzimba obulungi.

Obujeemu n'Okulondawo.

Bw'owulira ekigambo ky'obujeemu, kiki ekikujjira mu birowoozo? Abavubuka? Obujeemu butera okukwataganyizibwa n'abavubuka. Kyokka, obujeemu kitegeeza okuziyiza obuyinza bwonna. Bw'osalawo okukola ebintu mu ngeri yo, nga mw'otwalidde n'okukulembeza by'oyagala mu kifo ky'okulagirwa Katonda, kwe kujeemera Katonda. Okusalawo obutateekawo budde bwa kubeera n'enkolagana ey'oku lusegere ne Mukama waffe kwe kwewaggula.

Okukulaakulanya omukwano n'okunywerera ku Kristo kuba kusalawo, era Katonda atugamba bulungi mu Byawandiikibwa okukola byombi. Y'agamba Abayisirayiri mu Ekyamateeka 6, nga tebannayingira mu nsi ensuubize, okwagalanga Katonda n'omutima gwabwe gwonna, ebirowoozo byabwe, omubiri, n'emmeeme yaabwe. Tumala ebiseera n'abantu be twagala, era tuteekwa okusalawo buli lunaku okwagala Katonda nga tumala ebiseera okumutegeera obulungi, nga tunoonya amazima ag'eby'omwoyo mu Baibuli, n'oluvannyuma, olw'ekisa kye, okukizimba mu bulamu bwaffe okuyitira mu kusaba n'obuwulize.

Okusaanyizibwawo kw'omusingi gwaffe ogw'eby'omwoyo, enkolagana yaffe ne Katonda, kutandika n'okulagajjalira obulamu bwaffe obw'okwewaaayo era ebiseera ebisinga kivaako bino wammanga:

1. Turekerawo okwewayo ne tutandiika okubuuza, "Ate nze, enwulira yange, n'ebyetaago byange?"
2. Tutandiika okwetolorera mu kwesasira ne tulaga okwagala okuliko obukwakulizo, mukifo eky'okwagala okutaliko ka kwakulizo kwona.
3. Tulekera okulumwa enjala (okunonya) eri obutukuvu.
4. Tutandika okuwolereza endowooza zaffe embi, enneeyisa yaffe, n'okwerowoozaako eri abagalwa baffe n'abalala.
5. Tutandika okunyenya abalala olw'okubonaabona kwaffe, endowooza zaffe embi, n'enneeyisa yaffe.

Okwekebera

Waliwo endowooza oba enneeyisa ng'ezo? Wandika olukalala lw'abyo. By'atule eri Mukama era musabe akusonyiwe. 1 Yokaana 1:9 egamba "Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu."

Tuyinza tutya okulwanyisa endowooza yaffe ey'obutafaayo, ekireetera omuntu obutafaayo n'ekibi? Tulina okwetendeka. Mu 1 Abakkolinso 9:27, omutume Pawulo yawandiika nti, "nnebonereza omubiri gwange era ngufuga;" Yakitegeera nti yali yeetaaga okutendeka omubiri gwe okusobola okukola ekyo kye yali tayagala kukola. Pawulo yateranga okukozesa eby'okulabilaako eby'emizannyo okulaga ensonga ye. Okwebonereza kigambo kya muzanyo gwe bikonde.

Kiki ky'osooka okulowooza ku makya? Bw'obeera ogalamidde ku kitanda ng'ozukuse, kiki ky'osooka okulowoozaako? Weetendeka mu ngeri eno: ekintu ekisooka ku makya, ebirowozo byo bisse ku Kristo, era jjukira oba kkiriza gyoli n'eri Katonda engeri gye weetaaga amaanyi ge okulwanyisa okwegomba kwo okw'omu butonde okw'ekibi. Ekisinga obukulu, Katonda amaanyi ebizibu byo. "Bwe mwali nga mukyali boonoonyi, Kristo yabafiirira." – (Abaruumi 5:8). Kati, mu Kristo, Katonda asobola okutuukaako: "Nzuuno. Njagala okuwa omukisa. Nkwagala nnyo."

FAYIRO Y'AMAZIMA

Okubonereza—Hupopiazio
(Oluyonani). Kyateranga okunnonnyola abakubi b'ebikonde nga bakuba ebikonde, okukuba ebitundu by'omu maaso, ne wansi w'amaaso, okutuusa lwe gaddugala era nga bbulu. Ebyawandiikibwa ebikwatagana: 1 Timoseewo 4:7–8; Yuda 3; 2 Peetero 1:5–6.

Okusima ebuziba

Ebyawandiikibwa bino bituyigiriza ki ku birowoozo by'omuwandiisi wa Zabbuli ku makya? Yali akola ki? Oyinza otya okujjukira okulowooza ku Katonda nga tonnava ku kitanda?

Ayi Mukama, buli nkya onoowuliranga eddoboosi lyange.

Buli nkya nnaakusabanga, ne nnindirira ky'onoonziramu. (Zabbuli 5:3)

Nnakeera emmambya nga tennasala, ne nkoowoola:

Nnasubira ebigambo byo. (Zabbuli 119 :147)

Katonda amanyi buli kimu. Amanyi obunafu n'obusirusiru bwe tuyinza okuba n'abwo n'ebintu byonna "ebitali bituufu" bye twalina munda bwe yatutwala ng'abaana be. Yali amanyi era n'atulonda. Tali wano kutusalira musango, wabula ayagala kutuwa omukisa. Tulina okutendeka ebirowoozo byaffe. Bw'ozuukuka, leka ebirowoozo byo ebisooka bibeere nti, "nzuuno Mukama. Nneebaza nti ndi omu ku babo! Nkimanyi nti ebintu bingi mu bulamu bwange byetaaga okulongoosebwa. Katonda, nneetaaga amaanyi go." Mukama ayagala okuwulira nga buli lunaku oyogera bw'oty.

Weetendeke okussa essira ku Yesu mu biseera ebisooka eby'oku makya; si ku ssente zo, omwgalwawo, abaana bo, oba ku mulimu gwo, ka kibe nti ebintu ebyo biyinja okulabika ng'ebikulu. Beera mu saala ng'omusaba ekisa kye okwagala amaka gammwe n'okutambulira mu by'ayagala, nga temunnatandika mirimu gyonna egy'olunaku.

Temulimbibwanga, Katonda tasekererwa: kubanga omuntu kyonna ky'asiga era ky'alikungula. (Abaggalatiya 6:7)

Singa tukulembeza Katonda mu maaso g'ebintu byonna, tujja kukungula ebisuubizo byonna ebitulinda mu ye. Lowooza ku Katonda, era obeere n'ekiseera kyo eky'okwewaayo, naye era okomawo gy'ali emisana mu bilowoozo byo. Tulina okwesigama ku Katonda n'okumugondera nga twolekaganye n'ebizibu, nga mw'otwalidde n'ebizibu mu bufumbo bwaffe.

Weteegereze engeri Katonda gy'atugamba okuteereza ebirowoozo byaffe.

Kale oba nga mwazuukirira wamu ne Kristo, munoonyenga ebiri waggulu, Kristo gy'ali ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda. 2Mulowoozenga ku by'omu ggulu, so si ebiri ku nsi. (ab'ekkolossayi 3:1-2).

Enkola eno eyinza etya okukuyamba ng'ofunye obuzibu mu bufumbo bwo?

FAYIRO Y'AMAZIMA

Okunoonya n'okussa ebirowoozo ku kintu—Ebigambo bino ebikozi biraga nti ekikolwa kikya genda mu maaso.
Noonya—Okunoonya n'okufuba okunoonya.
Okussayo ebirowoozo byo—Okwagala, okwagala n'omuntu ow'omunda.

Enteekateeka y'Okukola.

Wandiika esaala. Saaba katonda awe endowooza yo obulamu n'obwangu, akuyigirize engeri y'okumunoonyaamu, era ebirowoozo byo obiteeke ku bintu ebina waggulu.

Katonda waffe Omufuzi

Nga abaana ba katonda era abaweereza be, tuteekedwa okujjukiranga nti Katonda y'afuuga era alina ekigendererwa mukugesebwa kwetuisinkana. Zabbuli 139:1-18 etugamba ennaku zafe z'ateegebwa, buli lumu kuzzo. Zali zawandikibwa mu kitabo kye nga obuude tebungaba kutondebwa, nga ensi tenaba kubawo.

Baibuli egamba, "Kubanga ffe tuli mulimu gwe, abaatonderwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye yasooka okuteekateeka ffe okubitambulirangamu." (Abefeeso 2:10). Tusobola okufuna okubudabudibwa mu kumanya nti mu buli mbeera, katonda abeera y'atusooseyo. Amanyi buli kimu. Teyeewuunya. Bw'ozuukuka ku Lwomukaaga ku makya n'osanga omwagalwawo ng'akola ekintu ekikunyiiza, oba n'olaba ng'omwana wo ow'emyaka esatu ayiye omubisi n'ebyokulya byonna wansi n'akola akavuyo, oyinza okukkakkana ng'olowooza nti, *Kale Katonda, wano w'ansosewo dda. Kino kikwata ku ki? Munno bw'akugamba ekintu ekikuyisa obubi oba ne yeerabira okukola ekintu kye yeeyama okukola, saba. Wewaawo, wano w'ansosewo dda. Wamanya nti kino kigenda kuntuukako. Wagamba nti mu mbeera zonna ontegekede emirimu emirungi.*

Tusobola okuyiga okugulumiza Kristo mu mbeera zaffe zonna. Wandika enjogera eno oba gyikwaate mu mutwe ojiikozese ng'endagiriro mu kukulaakulanya endowooza ennungi:

Bwe nteeka amaaso ku balala nfuna,
nyigirizibwa

Bwe nteeka amaaso ku nze, nneennyamira.

Bwe nteeka amaaso gange ku Yesu, nfuna
omukisa.

Kiteeke ekyo ku firigi yo oba kundabirwamu yo, osobole okukiraba buli kumakya okujjukiza nti wano Yesu y'akusosewo.

Okusima Ebuziba

Okusinziira ku lunyiriri luno, kiki Katonda ky'akola emabega w'ebilabikako? Anni gwe tulina okwesiga?

Mu oyo nafe mwe twafuukira obusika, bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akoza byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe. (Abefeeso 1:11)

Nyonyola kiki ebyawandikibwa bino kyebilaga ku mbaala ya katonda.

Eby'ekyama biba bya mukama katonda waffe naye ebibikkulibwa biba byaffe era bya baana baffe emirembe gyonna, tulyoke tukolenga ebigambo byona eby'omu mateeka gano. (Ekyamateeka 29:29)

Mukama ow'eggye alayidde,
ng'ayogera nti mazima bwe nnalowoza bwe kirituukirira
bwe kityo era nga bwe nateesa bwe kinywera bwe kityo." (Isaiah 14:24)

Mukama, ggwe Katonda wange;
naakugulumizanga, naatenderezanga erinnya lyo;
kubanga okoze eby'ekitalo,
bye wateesa edda, mu bwesigwa n'amazima. (Isaaya 25:1).

Mu mutima gwo muntu mulimu okufumitiriza kungi, naye okuteesa kwa mukama kwe kunaanyweranga. (Engero 19:21)

Eyatulokola n'atuyita okuyita okutukuvu, si ng'ebikolwa byaffe bwe biri, kye twaweerwa mu kristo yesu emirembe nga teginnabawom (2Timoseewo 1:9)

Esomo 10: Enkyukakyuka ey'Ekitalo

Ekigendererwa kyaffe ekikulu ng'abakkiriza, era ng'abafumbo, kwe kukyusibwa ne tufuuka ekifaananyi kya Kristo, nga tukola by'ayagala, okwongera okumufaanana mu birowoozo ne mu bikolwa. Katonda alina enteekateeka n'ekigendererwa mu kugezesebwa kwe twolekaganye nakwo, ng'abikozesa okulaga ebifo we twetaaga okukyusibwa.

Okusima ebuziba

Wandiika ebirungi ebiva mu Byawandiikibwa bino.

Mulwoozenga byonna okuba essanyu, baganda bange, bwe munaagwanga mu kukemebwa okutali kumu; nga mutegeera ng'okugezebwa kw'okukkiriza kwamwewe kuleeta okugumiikiriza. Era omulimu gw'okugumiikiriza gutuukirirenga, mulyoke mubeere abatuukirira, abalina byonna, abataweebuuka mu kigambo kyonna. (Yakobo 1:2-4)

naye buli akwata ekigambo kye, mazima okwagala kwa Katonda nga kumaze okutuukirizibwa mu oyo. Ku kino kwe tutegeerera nga tuli mu ye; (1 Yokaana 2:5).

Ekyokulabirako ky'enkyukakyuka eno kiyinza okusangibwa mu Matayo 14. Yesu yali aweereza abantu. N'aliisa enkumi n'enkumi z'abantu, n'awonya, n'abuulira, era olunaku bwe lwaggwaako n'akoowa. Yatambula n'agenda ku nnyanja y'e Ggaliraaya n'agamba abatume bagende mu lyato basomoke okudda ku ludda olulala. Yabasisinkananga eyo. Abatume baayingira mu lyato ne batandika okusomoka, yesu n'asigala emabega okusaba.

Amangu ago n'awaliriza abayigirizwa okusaabala, bamukulembere okugenda emitala w'eri, amale okusiibula ebibiina. Bwe yamala okusiibula ebibiina, n'alinnya ku lusozi yekka okusaba: obudde bwe bwawungeera, yaliyo bw'omu.

24 Naye eryato lyali limaze okutuuka mu buziba, nga lyesunda n'amayengo, kubanga omuyaga gwabafuluma mu maaso.

Awo ekiro mu kisisimuka eky'okuna n'ajja gye bali, ng'atambula ku nnyanja. Abayigirizwa bwe baamulaba ng'atambula ku nnyanja, ne beeraliikirira, ne bagamba nti Dayimooni; ne beekanga nga batya. Amangu ago Yesu n'ayogera nabo, n'agamba nti Muddeemu omwoyo: nze nzuuno; temutya.

Peetero n'amuddamu n'agamba nti Mukama wange, oba nga ggwe wuuyo, ndagira njije gy'oli ku mazzi.

N'agamba nti Jjangu. Peetero n'ava mu lyato, n'atambulira ku mazzi, okugenda eri Yesu. Naye, bwe yalaba omuyaga, n'atya: n'atanula okusaanawo, n'akaaba, n'agamba nti Mukama wange, ndokola. Amangu ago Yesu n'agolola omukono, n'amukwata, n'amugamba nti Ggwe alina okukkiriza okutono, kiki ekikubusizzabuusizza? (Matayo 14:22-31)

Bwe b'atuuka wakati w'ennyanja, omuyaga gwajja. Kyokka, Yesu yali asindise abayigirizwa be mu mbuyaga eyo, ng'amanyi bulungi nti yali ejja. Yabateeka mu mbeera eyo mu bugenderevu, nga bw'atera okutukolera. Bwe yaalaba Yesu ng'atambulira ku mazzi, Peetero n'akaaba ng'agamba nti, "Mukama wange, oba nga ggwe wuuyo, ndagira nzije gy'oli nga ntambulira ku mazzi." Yesu n'agamba nti, "Jjangu." Peetero n'ava mu lyato, n'atambulira ku mazzi, okugenda eri Yesu. Naye, bwe yalaba omuyaga, n'atya, n'atandika okukka mu mazzi nga asaanawo, n'akaaba, n'agamba nti, "Mukama wange, ndokola," Ekigambo kigamba nti Yesu "amangu ago" yagolola omukono gwe n'amukwata.

Yesu bwe yagamba Peetero ave mu lyato, Peetero yafuna akakisa okukuumira amaaso ge ku Kristo, ng'amwesiga nti embeera yali wansi w'obuyinza bwe era yali asobola okukola ekintu ekitasoboka ku lulwe. Okukkiriza kwe bwe kwakendeera, Peetero n'atandika okubkira, n'ategeera obwesigwa bwa Mukama waffe n'obukulu bw'okukuumira amaaso ge ku ye. Nga wayise emyaka nga asatu, Peetero bwe yawandiika ebigambo bino wammanga, oyinza okulaba enkyukakyuka mu ndowooza ye.

Obwo bwe mujagulizaamu, newakubadde nga mwanakuwazibwa mu kukemebwa okutali kumu akaseera kaakano oba nga kibagwanira, okugezesebwa okw'okukiriza kwamwe okusinga omuwendo ezaabu egwaawo, newakubadde ng'egezebwa mu muliro, kulyoke kulabike okureeta ettendo n'ekitiibwa n'okugulumizibwa yesu kristo bw'alibikulibwa. (1 Peteero 1:6-7).

FAYIRO Y'AMAZIMA

Obutuufu—Dokimion (Luyonani). Ekintu ekigezesedwa ne kikakasibwa. Ekikozesedwa okunyonyola ekintu ekiyiise mumintedeera okugyamu obukyafu bwonna.

Peetero yali akubiriza ekanisa, ng'abakakasa nti okugezesebwa kwali kwetaagisa okusobola okufuna okukkiriza okw'amazima. Bw'olaba okugezesebwa mu ngeri eno n'okolagana ne Katonda, ojja kusobola okusanyuka.

Okusiima Ebuziba.

Laaga kiki enyiriri zino kye zogera ku kugezesebwa, ebigezesa ne butya katonda bwakola mu masekati w'abyo.

Omanyi ekiri mu mutima gwange,
ne bw'ojja gye ndi ekiro,
Nkebera, tojja kunsangamu kibi.
Sijja kwonoona n'akamwa kange. (Zabbuli 17:3)

Kubanga ggwe, Ayi Katonda, watugeza;
Watugezesa nga bwe bagezesa effeeza. (Zabbuli 66:10)

Entamu erongoosa ebya feeza,
n'ekikoomi kya zaabu
naye mukama ye akema emitima. (Engero 17:3).

nga mutegeera ng'okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe kuleeta okugumiikiriza. ⁴Era omulimu gw'okugumiikiriza gutuukirirenga, mulyoke mubeere abaatuukirira, abalina byonna, abataweebuuka mu kigambo kyonna. (Yakobo 1:3-4)

Omusingi Ogw'amanyi

Ng'abaami oba abakyala abali mu buzibu, tutura okuggya amaaso gaffe ku Kristo n'ebisuubizo bye, ne tubiteeka ku mbeera, era ne tuggwaamu amaanyi. Emirundi mingi, okukyukira Yesu kye kintu kye tusembayo okukola. Tulina okukijjukira nti Katonda alindiridde okulaga nti mwesigwa era w'amaanyi okusinga embeera zaffe. Tulina okukuuma essubi lyaffe nga limunywereddeko (Abaebbulaniya 12:2) n'okujjukira nti atusindika mu mbuyaga kubanga alina enteekateeka (Abaefeso 1:11).

Nga Kristo bwe yalaga amaanyi ku butonde bwe yatambula ku mazzi, n'awonya, era n'azuukiza omusajja okuva mu kufa, okutya kwaffe okw'amaanyi, bwatyo Katonda bw'ayagala okukukolera ebyamagero nga bw'oyagala era ng'olabirira omwagalwa wo. Tulina okuba abalamu buli lunaku nga tunoonya okusanyusa Katonda yekka, nga tumukuumirako amaaso mu mbuyaga n'ebizibu. Eky'ennaku, olw'okuba tetufuna mukwano gwa Kristo, emirembe giggwaawo. Tusunguwala, tunyiiga, era ne tufiirwa essanyu n'amaanyi ng'ebintu bikalubye.

Peetero yawandiika nti: "naye omuntu yenna bw'abonyaabonyezebwanga nga Omukristaayo, takwatibwanga nsonyi; naye atenderezanga Katonda mu linnya eryo." – (1 Peetero 4:16). Tewali anyumirwa kubonaabona. Naye eri abaami n'abakyala, kijja kuba kitundu ky'omukwano gwaffe. Mu kifo ky'okulowooza nti, Katonda, lwaki kino kintuukako? kyusa ebirowoozo byo ogambe nti, Katonda, kiki ky'obikkula mu nze mu mbeera eno?

Okwekebera 1.

Mu nnaku musanvu eziddako, wandiika ebintu byonna ebikwata ku bufumbo bwammwe ebisaana okuyitibwa okugezesebwa. Kino kijja kulaga ebifo Katonda by'ayagala okukyusa mu ggwe. Nnyonnyola ebibikulidwa mu ggwe—obusungu, obutagumiikiriza, n'ebirala—endowooza z'olowooza nti tezikwatagana na mbaala ya Katonda.

Olunaku 1:

Olunaku 2:

Olunaku 3:

Olunaku 4:

Olunaku 5:

Olunaku 6:

Olunaku 7:

Ebizibu bingi mu bufumbo biva ku butalaba kugezesebwa nga katonda bw'akulaba. Tandika okuvunaanyizibwa ku nsobi zino ng'osaba Katonda n'omwagalwa wo mu bufumbo okusonyibwa.

Okubonaabona kitundu kya nteekateeka ya Katonda era kiyinza okuleetawo enkyukakyuka mu mutima n'okugulumizibwa kwe. Ebizibu byaffe biva mu bintu bisatu: ensi, omubiri, ne sitaani.

Omusingi Ogw'amanyi

Yee, Katonda oluusi awa Setaani eddembe okututawaanya, nga bwe yakola ne Yobu mu ssuula 1–2. Bw'oba nga tewesigama ku maanyi ga Katonda buli lunaku (Zabbuli 88:9) era ng'onoonya amagezi ge mu buli mbeera (Yakobo 1:5), ekikemo kwe kwesiga amaanyi go. Okuva ku Katonda kiwa amaanyi ekibi kyaffe (Abaggalatiya 5:16). Ebikolwa eby'omubiri n'endowooza tebiraga mbaala ya Katonda (Abaggalatiya 5:19-26), era bino bitera okututawaanya bwe tuva mu mukwano ne Katonda (Abebbulaniya 10:24–25) oba bwe tugaana nti Katonda akozesa omwagalwa waffe okutukyusa mu by'omwoyo.

Okusiima Ebuziba.

Nnyonnyola engeri olunyiriri luno gye lulina okukyusa endowooza yo ku nneeyisa etali ya kitiibwa n'ey'ekibi.

Tewali kukemebwa okubatuukako okutali kw'abantu; naye Katonda mwesigwa, ataabaganyenga kukemebwa okusinga bwe muyinza; naye awamu n'okukemebwa era anassangawo n'obuddukiro, mulyoke muyinzenga okugumiikiriza. (1Abakkoliso 10:13)

Mu Kristo tewali kigezo kyonna kye tutasobola kuwangula, naye Katonda tagamba nti tuteekwa okuba abatuukiridde. Ffenna oluusi tujja kulemererwa. Kyokka, tulina okukkiriza obuvunaanyizibwa olw'ebikolwa byaffe era ne tusaba Katonda atuyambe. Mu ngeri eno, tukolagana ne Katonda okukyuka, okukula, n'okukula mu Kristo. Bwe tukkiriza Yesu Okuba Omulokozi, olugendo lw'okukyuka lutandika. Tujja kutambulira mu kkubo lino okutuusa lwe tulifa. Tewaliba kiseera kyonna kye tuyinza okulowooza nti tutusse oba tumazeeyo okutuusa nga tuli naye mu ggulu. (Abaruumi 8:22–23; 1 Yokaana 3:2–3).

kisome ng'essaala yo eri Katonda, ng'omusaba akole omulimu guno mu ggwe.

Naye Katonda ow'emirembe, eyakomyawo okuva mu bafu omusumba w'endiga omukulu olw'omusaayi ogw'endagaano ey'olubeerera, ye Mukama waffe Yesu, abatuukirize mu buli kigambo ekirungi okukolanga by'ayagala, ng'akolera mu ffe ekisiimibwa mu maaso ge, ku bwa Yesu Kristo; aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina. (Abebbulaniya 13:20-21)

Abakoleera Awamu

Katonda ayagala okukuuma amaka gaffe. Ayagala okweraga nga mwesigwa era ow'amaanyi, naye olina okusooka okumukkiriza okubeera Mukama ku lw'amaka go.

Mukama bw'atazimba nnyumba,
 Abagizimba bakolera bwereere.
 Mukama bw'atakuuma kibuga,
 Omukuumi atunuulirira bwereere (Zabbuli 127:1).

Ggwe ne Katonda mulina okukolera awamu nga Katonda y'akulembedeemu. Ekigambo kya Katonda kigamba nti Awa omukisa obuwlize (Joshua 1:8; Zabbuli 18:20–21). Bwe tuba abajeemu mu nsonga z'omukwano n'enkolagana ne Kristo, Katonda an'asobola okwegayirira ku lw'affe (Yokaana 9:31; Abaebbulaniya 11:6)? Ye mwesigwa, naye tulina okukola ekitundu kyaffe (Abafiripi 2:12-13). Okusobola okugulumiza Katonda, olina okubeera n'enkolagana ennungi naye buli lunaku. Oluvannyuma ojja kufuna enkyukakyuka n'oyimirira ku musingi omunywevu. Nate Katonda tajja kukola mu ngeri ey'ekyamagero ekyo kye yabayita okukola mu buwlize.

Ng'omwami n'omukyala, abaweereza ba Kristo, ensuulo ey'obuweereza si kwagala mwagalwawo oba okwagalibwa munno mu bufumbo, wabula okwagala kwo eri Yesu Kristo. Okutunulirira omwagalwawo okufuna obuyambi kijja kukuleetera obulumi n'okuggwaamu amaanyi. Empeera yaffe ey'amazima eva mu buwlize bw'omuntu ku biragiyo bya Katonda. Abasajja n'abakyala bamanyiddwa nga beemulugunya nti ebiseera ebisinga bannaabwe tebabasiima nnyo okusinga okusiimibwa okuva mu kisolo ekikumibwa awaka. Bwe kiba nti okwagala n'okuweereza Katonda bye bikubiriza okufuba kwo, tewali kintu kyonna ekiyinza okukulemesa okuweereza omwagalwa wo mu bufumbo n'okutuukiriza by'ayagala. Kristo kennyini yajja ku nsi n'okwegomba kumu—okuweereza n'okusanyusa Kitaawe ow'omu ggulu.

Nnyonnyola ebirowoozo byo ku lunyiriri luno.

Nga omwana wo muntu bw'atajja kuweerezebwa, wabula okuwereza nokuwayo obulamu bwe ekinunulo eky'abangi. (Matayo 20:28).

Enkola ez'amagezi n'okuyiia tebisobola kutuukiriza bigendererwa bya Katonda. Ekisinga obukulu ye nkolagana yo naye. Katonda ajja kulemesa enteekateeka z'abantu ezisinga obulungi singa aba tazirimu. Ekikozesebwa ekisigaddeyo mu kitabo kino bijja kuba bya nkizzo nnyo mu kuyamba obufumbo bwammwe. Jjukira nti ebikozesebwa gye mikutu, naye amakulu gava mu kwewaayo eri Katonda n'okutuukiriza by'ayagala n'enteekateeka ye. Ebintu ebikulu kwe kuyiga Ekigambo kye n'okusaba. Tujja kuweebwa amagezi n'endagiriro ebya Katonda nga tweyongera okunoonya obweenyi bwe.

Obuggumu bw'omusingi gwe tuzimbirako amaka gaffe nga tuweereza bannaffe mu bufumbo bukwatagana butereevu n'amaanyi g'enkolagana yaffe ne Yesu Kristo. Okuyitira mu kusaba

Omusingi Ogw'amanyi

buli lunaku, okuyiga Baibuli, n'okwagala okugondera Katonda, tukolagana ne Katonda nga bw'atulongoosa era ng'atukyusa, ekitusobozesa okufuuka abaami n'abakyala abatya Katonda. Tulina okwefuga, okwewaayo, era nga bulijjo, Katonda alina ekisuubizo eky'ekitiibwa ekitulinda.

eri abo abaafuna okukkiriza okw'omuwendu omungi nga ffe bwe twafuna mu butuukirivu bwa Katonda waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo; ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe; kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye ebyatuweesa ebisuubizibwa eby'omuwendu omungi ebinene ennyo; olw'ebyo mulyoke mugabanire awamu obuzaaliranwa bwa Katonda, bwe mwawona okuva mu kuzikirira okuli mu nsi olw'okwegomba. (2 Peteero 1:1-4)

Singa obadde osobola okuzuukuka buli ku makya n'omiira eddagala ery'emirembe, okumanya, amaanyi ga Katonda, n'amagezi mu buli mbeera ey'olunaku, wandikikoze? Kya lwatu, ekyo Katonda ky'atusuubiza singa tusooka okumunoonya ne tweyongerera okumusaba olunaku lwonna.

OKUSIMA EBUZIBA

Laaga ebisubizo bya katonda mu nyiriri zino.

Nange mbagamba mmwe nti musabe, muliweebwa, munoonye muliraba mweyanjule muliggulirwawo kubanga buli muntu yena asaba aweebwa, n'oonya alaba, n'eyeeyanjula aligguliirwa wo. Era ani ku mmwe kitaawe w'omuntu omwana we bw'alimusaba omugaati, alimuwa ejinja? Oba ekyennyanya n'amuwa omusota mukifo ky'ekyennyanya? Oba bw'alisaba eggi n'amuwa enjaba?

Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo, ebirungi talisinga nnyo kitammwe ali mu ggulu okuwa omwoyo omutukuvu abamusaba (Luuka 11:9-13)

Yesu Kristo bwe yafa ku musaalaba, yateeka ekisa, okumanya, amagezi, n'amaanyi mu buli linnya lyaffe. (Abeefeso 1:3). Kyokka osobola okuggya ssente ku akawunti yo bw'okozesa erinnya lye, era ye yekka awa erinnya lye abo abamusembeza era abamwesiga.

Mirundi emeka gy'ogenze mu bbanka ennaku zino? Okufuba kwo okubeera n'obulamu obw'okwewaayo, okubeera wekka ne Mukama waffe wadde eddakiika ntono, kukomekereza mu kuwugulibwa? Tokkirizanga kulemererwa kukuggya ku Mukama wo. Saba obuyambi bwe era weyongere okubukolerako. Tobbibwa olw'okuggwaamu amaanyi oba okuleka akawunti yo nga yeebase olw'obutagikozesa.

Sigala nga ozimba.

Katonda bw'aba ng'alaga nti enkolagana yo naye efuuse nnafu oba ng'ekaddiye, ky'olina okusooka okukola kwe kusaba okusonyiyibwa." (1 Yokaana 1:9). Mugambe nti, "Nsonyiwa. Nneerabidde. Nfiiridwa okwagala kwange okwasooka. Nganyizza emirimu gy'obulamu, okwegomba n'ebizibu okunkyusa okuva ku nsonga lwaki ndimulamu—okussa ekimu n'awe."

Oluvannyuma weeyame okuddamu okutandika. Tandika n'eddakiika kkumi na ttaano buli lunaku okusoma essuula emu, oba okusoma okutuusa Katonda lw'ayogera naawe. Tandika n'eddakiika kkumi na ttaano ez'okusaba, nga weteeka mu maaso ge, nga omutendereza, ng'omusuubira nti ajja kweraga gy'oli. Bw'omaliriza, tandika okusoma ekitabo kya Yokaana, era fumiitiriza ku ebyo by'osoma.

EkiSEMBAYO, fuuna ekitabo, kuuma ebiwandiko by'obuude bwo obw'okwewayo kye bikugamba ne Mukama, "nkusubira okubaako kyoyogera nange leero "lindirira mukama era buli kyakuwa, kiwandike wansi, n'enaku z'omwezi. Yandi kuwa endagiriro ezimu oba esaala oba okujukiza ebisuubizo bye.

Okukuuma ekitabo kitusobozesa okudayo ne tulaba kiki katonda kyamaze okukola na kiki kyatulaze era kitusobozesa okuuzo obugya amaanyi gaffe eri okugezesebwa okw'ekiseera ekyo. Olunaku lumu, oyinza okuddayo ng'oyita mu kitabo kyo, n'okaaba olw'ebigambo ebyawandiikibwa, katonda bye yakugamba.

Enkolagana ey'omukwano eyiita mu mutendera. Tandika n'eddakiika 15 buli lunaku, zijja kweyongera ko. Ojja kuyiga okubeera mu Kristo, okusaba awatali kulekera awo, n'okubeera mu kussa ekimu naye olunaku lwonna. Ku musingi guno omunywevu, ojja kusobola okuzimba obufumbo obw'amaanyi n'amaka.

Okumanya ebisingawo ebikwata ku budde bwo obw'okwewaayo, laba *Ekyongerezedwako C: Okuzimba enkolagana ey'oku lusegere ne Katonda buli lunaku.*

Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa

Ebyongerezeddwako bino baamu ng'ebikozesebwa ebirala. Zisangibwa mu mizingo gyonna etaano, naye si byonna ebigattibwako bye biba mu buli mizingo. Bw'oba oyagala okwetegereza ekyongerezeddwako ekigere, funa we kiri mu lukalala luno wammanga.

Ekyongerezeddwako A: Ebbaluwa ey'Okwewaayo	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako B: Okuwaayo Obulamu Bwo eri Kristo	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako C: Okukulaakulanya Enkolagana Ey'oku Lusegere Ne Katonda Buli Lunaku	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako D: Ebitabo Ebisembwa	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako E: Okwekenenya Okuwuliriza Okulungi	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako F: Okulongoosa Empuliziganya Yo ey'Okwagala	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako G: Okumenya olujegere	Omuzingo 2 & 3
Ekyongerezeddwako H: Ebyetaago by'omwami	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako I: Engeri ya Baibuli Omwami gy'Ayanukulamu Eri Okuziyizibwa	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako J: Engeri yebyawandikibwa omwami gyatukuzamu mukyala we.	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako K: Ebyetaago by'Omukyala	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako L: Ebyetaago by'Omukwano	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako M: Ebintu Ebitera Okwesittaza	Omuzingo 3-5
Ekyongerezeddwako N: Akaboozi Mu Bufumbo Eri Abasajja	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako O: Akaboozi Mu Bufumbo Eri Abakyala	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako P: Obwesige n'Okusonyiwa	Omuzingo 2-5
Ekyongerezeddwako Q: Okwekebeera mu bufumbo	Omuzingo 5

Ekyongerezeddwako R: Enkuluze

Omuzingo 1-5

Ekyongerezeddwako A: Ebbaluwa ey'Okwewaayo

Omuyigirizwa omwagalwa,

Nga bw'otandika emisomo gino, njagala okukuzzaamu amaanyi nti Katonda ajja kukuwa omukisa nga bw'onoonya obulagirizi bwe n'amagezi ge eri obufumbo bwammwe.

era nga ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya. (Abaebbulaniya 11:6)

Era njagala okukusoomooza okwewaayo okw'amaanyi okumaliriza ebitabo by'emirimu. Katonda bw'aba akulembeddemu okutandika, manya nti ayagala omale. Oluvannyuma lw'okusoma okweyama kuno wammanga, nsaba osse omukono n'olunaku wansi.

Kye kusaba kwange okwesiga Mukama okubikkula amazima ge era akuwe ekisa "amaanyi" okukola by'ayagala.

Emikisa mu lugendo lwonna,

Omusumba Craig Caster

Okwewayo okumaririza.

Newaayo okunonya okwagala kwa mukama ne okulungamizibwa eri Obufumbo bwange, okubeera mubuli kibiina (singa nzikiribwa). Okumala buli doboozi, okumaririza ebibuuzo ebimperedwa okukola ewakac, ne okusabira omubeezi wange.

Omukono gwo mubeezi.

Enaku zo Mwezi

Buli mubeezi alina okutekaako omukono. Bwoba olina akatabo kamu nga abafa, Bambi saaba na kalaala oba gyayo ebitundu byona (ku bwerere) ku FDM. World. Buli mwagalwa agya kwetaga akatabo kemirimu akake okumaririza ebitundu.

Ekyongerezeddwako B: Okuwaayo Obulamu Bwo Eri Kristo.

Oyinza okuba ng'olina ebizibu by'ofunye mu bufumbo bwo era n'okitegeera nti ebizibu by'olina biva ku bulamu obw'eby'omwoyo obunafu oba obutanyiikira. Katonda asuubiza okuwa omukisa, okukubiriza, n'okutuwa amaanyi nga bwe twewayo eri obuyinza bwe.

Mukama awa abantu be amaanyi.

Mukama omukisa gw'awa abantu be gye mirembe. (Zabbuli 29:11).

Wandiika esaala eri mukama. Weweeyo okumusoosa mu bulamu bwo, era saaba obuyambi eri okutukiriza obuvunanyizibwa bw'akuwade mukukuza abaana.

Osanga towangayo obulamu bwo eri kristo. Manya katonda akwagala era okuwade ekuubo okubeera n'enkolagana naye. Otekedwa okukola ebintu bitono okwewayo

1. **Wetegerenze era okirize** oli mwonyonyi.

Kubanga bonna baayonoona ne batatuuka ku kitibwa kya katonda.
(Abaruumi 3:23)

2. **Kiriiza** nti Yesu yafa kumusalaba kulwe bibi byo era ye yekka lye kubo lya bonyinyi okusonyibwa ne okutabagaana eri katonda.

Yesu n'amugamba nti nze kkubo n'amazima n'obulamu tewali ajja eri kitange wabula ng'ayita mu nze. (Yokaana 14:6)

So tewali mu mulala bulokozi kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola. (Ebikolwa bya batuume 4:12).

3. **Yatula** ebibi byo eri Yesu era wenenye (wetonde), musabe akusonyiwe.

Omusingi Ogw'amanyi

Nolwekyo wenenye okyuusibwe, ebibi byammwe bisangulibwe, ebiro eby'okuwummuzibwa mu maaso ga Mukama bituuke (Ebikolwa bya batuume 3:19)

Kubanga bw'oyatula yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu olirokoka. (Abaruumi 10:9).

4. **Saaba** Yesu ajje mu mutima gwo omwetwalire ng'omulokozi wo era Mukama.

Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba katonda be bakkiriza erinya lye. (Yokaana 1:12)

Daamu esaala eno okutandiika enkolagana empya ne kristo.

Mukama yesu, nzikiriza ndi mwononyi, nsonyiwa ebibi byange. Webale kuffa kumusalaba kulwange n'osasuula omuwendo kulwe ebibibyange. Jangu mu mutima gwange. Nzijuuzza omwoyo omutukuvu era nyamba okubeera omuyigirizwa wo. Webale kunsonyiwa nakujja mubulamu bwange. Wabale kubanga Kati ndi mwana wa katonda era olunaku lumu njja kkugoberera muguulu. Amina.

Ekyongerezeddwako C: Okukulaakulanya Enkolagana Ey'oku Lusegere Ne Katonda Buli Lunaku

Ekirabo ekisinga obunene ekifunibwa okuyita mu bulokozi bwe busobozi bw'okuba n'enkolagana ey'oku lusegere, eyeesigamwaako ne Katonda. Tewali kirala ky'ayagala nnyo okuva gy'oli.

Tekateka obudde

Londa ekiseera ekisinga obulungi mu lunaku (kumakya oba akawungeezi) era weewaayo mu kusinza eri Katonda buli lunaku. Teweleteera kuggwaamu maanyi ng'osawo ekiruubirirwa ky'otojja kusobola kukuuma. Tandika n'ekisera ekitono, olwo n'oyongerako obudde nga bw'okula. Tandika n'eddakiika kkumi na ttaano buli lunaku.

Londa ekitabo mu Bayibuli.

Soma essuula emu (oba neb'etawera bw'eba essuula empanvu) oba ennyiriri ntono, era ogifumiitirizeeko. Okugatta ku ekyo, oyinza n'okwagala okusoma okuva mu kitabo ekikwata ku kusinza buli lunaku. Laba Ekyongerezeddwako B: Ebitabo byetukukubirza okusoma ofune amagezi.

Saba.

Saba mu ngeri ey'enjawulo ku mazima g'obadde waakasoma. Saba Katonda akubikkulile engeri gye bikwata ku bulamu bwo. Saba obwetoowaze okwewaayo eri obuyinza bwe n'okuddamu mu buwulize.

Muwulirize.

Mala eddakiika ntono mu kasirise, ng'owuliriza kyokka. Kino kiyinza obutanyuma mu kusooka. Tuli mu mulembe ogw'okuwugulwa buli kiseera era tetumanyidde kutuula mukasirise. Gumiikiriza Katonda ajja kuba mwesigwa okwogera naawe. Jjukira nti Omwoyo Omutukuvu abeera mu ggwe era asobola okuweereza eri ebirowoozo byo.

Kuuma akatabo mwowandika ebigenda mu maaso mulamu bwo.

Wandiika essaala zo, by'oyitam, ebirowoozo byo, oba by'ofumiitiriza obikuume nga bya kyama. Wandika ennyiriri kye zitegeeza gy'oli n'ekintu kyonna Mukama ky'ayogera n'omutima gwo.

Ddamu osabe.

Beera mu bugenderevu ku ssaala zo. Kozesa enkola ya ACTS okuyambako:

- *A—Adoration (Okusinza)*— Sinza era Tendereze Katonda.
- *C—Confession (Yatula)*— Yatula era wenenye ebibi byonna ebimanyiddwa.
- *T—Thanksgiving (Okwebaza Katonda)*— Laga okwebaza olw'emikisa gya Katonda mu bulamu bwo.
- *S—Supplication (Okwegayirira)*— Mu buwombeefu sabira ebyetaago byo n'ebiyetaago by'abalala.

Omusingi Ogw'amanyi

Ggalawo ng'osaba Katonda akuyambe okumanya n'okukkiriza okubeerawo kwe olunaku lwo lwonna.

Ekyongerezeddwako D: Ebitabo Ebisembebwa

Wadde ng'ebitabo bingi ebirungi ennyo biriwo okwongera okunyweza enkolagana yo ne Katonda, tukuwa amagezi bino wammanga okukulungamya, okukuyigiriza, n'okukusoomooza.

Ebitabo by'Obuyigirizwa

Experiencing God: Knowing and Doing the Will of God by Henry T. Blackaby, Richard Blackaby, and Claude V. King

Man to Man by Charles R. Swindoll

Marriage Is a Ministry series by Craig Caster

Men of Courage: God's Call to Move Beyond the Silence of Adam by Dr. Larry Crabb

Parenting Is a Ministry series by Craig Caster

Understanding Teens series by Craig Caster

Ebitabo Ebikwata ku Kwewayo eri Katonda

Daily Experience with God by Andrew Murray

Drawing Near: Daily Readings for a Deeper Faith by John F. MacArthur

Every Day with Jesus: First Steps with New Believers by Greg Laurie

Experiencing God: Knowing and Doing the Will of God by Henry T. Blackaby, Richard Blackaby, and Claude V. King

Meet the Bible: A Panorama of God's Word in 366 Daily Readings and Reflections by Brenda Quinn and Philip Yancey

Moments Together for Couples by Dennis and Barbara Rainey

My Utmost for His Highest by Oswald Chambers

On the Other Side of the Garden: Biblical Womanhood by Virginia Ruth Fugate

Our Daily Bread, simple digital and printed devotionals at <https://odb.org/>

Self-Confrontation by John C. Broger

Streams in the Desert by Mrs. Charles E. Cowman

The Love Dare Day by Day: A Year of Devotions for Couples by Stephen and Alex Kendrick

The One Year Book of Psalms by William J. Peterson and Randy Petersen

Ebikozesebwa mu kwewaayo n'okufuuka abayigirizwa eri abatiini

Bad to the Bone: Fifteen Young Bible Heroes Who Lived Radical Lives for God by Miles McPherson Bible app by YouVersion (available on Apple and Android)

BibleProject podcasts and videos, <https://bibleproject.com/>

Growing Little Women: Capturing Teachable Moments with Your Daughter by Donna J. Miller, with Linda Holland

Josh McDowell Daily Devotions, subscribe online at josh.org/resources/youth-family/daily-devotions/youth/

Talksheets by David Lynn (various books for junior high and high school)

Youth Devotions by Josh McDowell

Omusingi Ogw'amanyi

Ebitabo by'omukwano

For Men Only by Shaunti and Jeff Feldhahn

For Parents Only by Shaunti Feldhahn and Lisa A. Rice

For Women Only by Shaunti Feldhahn

For Young Men Only by Jeff Feldhahn and Eric Rice with Shaunti Feldhahn

For Young Women Only by Shaunti Feldhahn and Lisa A. Rice

Lady in Waiting: Becoming God's Best While Waiting for Mr. Right by Jackie Kendall and Debby Jones

Praying for Your Future Husband: Preparing Your Heart for His by Robin Jones Gunn and Tricia Goyer

The Power of a Praying Wife by Stormie Omartian

Obyogera ku Kaboozi

How to Talk Confidently with Your Child about Sex by Lenore Buth

More Than Just the Talk: Becoming Your Kids' Go-To Person about Sex by Jonathan McKee

Ekyongerezeddwako R: Enkuluze

Amakulu g'ebigambo bino gaggiddwa mu nkuluze ya Webster's New International Dictionary of the English Language, G & C Merriam Company, ne The Complete Word Study Dictionary, Spiros Zodhiates, AMG Publishers.

Okusigala; okugenda mu maaso mu kifo; okugumira awatali kwewaayo.

Okukakasa; okukakasa nga kituufu; kakasa mu ngeri ennungi.

amalala oba amalala: Okwegulumiza; okuwulira oba okweraga nti oli mukulu, obutafaayo ku balala. Okwegulumiza; okwewa eddaala erya waggulu, eddaala eritali lya makulu.

egumira ebintu byonna: Eddubu, *stego* (Oluyonaani). Okukweka, okukweka. Okwagala kukweka ensobi z'abalala oba okuzibikka. Kikuuma obusungu nga emmeeri ekuuma amazzi oba akasolya nga enkuba tetonnya.

okukkiriza: *Pisteuo* (Oluyonaani). Okubeera n'okukkiriza oba okusikiriza ennyo mu kintu. Kiraga endowooza y'essuubi erisuubirwa.

okwewaana: Okwogera ku muntu yennyini, oba ebintu ebikwata ku muntu yekka, mu ngeri ey'okwewaana; okwewaana.

companion: Oyo awarekedde oba ali mu kibiina n'omulala; omufumbo, omubeezi, okufaayo kw'omukwano ogutali gumu ogw'enjawulo ng'omufumbo oba munne.

okugeraageranya: Oyo ye munne, oludda olulala, ekitundu ekikontana, munne, mubeezi, naye nga si kifaanagana.

okukkaanya: Okugonjoola enjawukana nga buli omu akkiriziganyizza.

okutereeza: Ekigambo kya Katonda kitubuulira engeri y'okuzzaawo ekintu mu mbeera yaakyo entuufu, okuteekawo ekintu ekigudde ekigolokofu, nga kisonga ku bulamu obw'okutya Katonda.

okuyonoona: Miano (Oluyonaani). Okusiiga langi nga okusiiga endabirwamu, okusiiga langi, okucaafuwaza, okwonoona.

okukangavvula: Hupopiazoo (Oluyonaani). Ekozesebwa okunnyonyola abakubi b'ebikonde nga bakuba emiggo egy'okukoona; ebikonde ku kitundu kya ffeesi wansi ddala w'amaaso okutuusa lwe gaaba amaddugavu ne bbululu. (Ebitundu ebikwatagana: 1 Timoseewo 4:7–8; Yuda 3; 2 Peetero 1:5–6)

amaanyi ag'obwakatonda: Amaanyi, *dunamis* (Oluyonaani). Amaanyi ag'amaanyi, oba obusobozi okukola Katonda yekka ky'asobola okukola.

enjigiriza: Okuyigiriza kwa Katonda okw'obwakatonda kuwa omubiri omujjuvu era omujjuvu ogw'amazima ag'obwakatonda ageetaagisa mu bulamu, okutya Katonda, n'amaka.

okuzimba: *Oikodome* (Oluyonaani). Okuzimba olw'amagoba ag'omwoyo oba okukulaakulana kw'omuntu omulala; ekozesebwa okulaga okuzimba ennyumba oba ekizimbe.

okugumira ebintu byonna: Okugumira, *hupomeno* (Oluyonaani). Okubeera wansi, okugumiikiriza wansi, okubonaabona, ng'omugugu gw'ennaku. Okukkiriza kw'omugumiikiriza, okukwata ekifo kyakwo nga tekikyayinza kukkiriza wadde okusuubira.

enraptured: *Sagah* (Olwebbulaniya). Isaaya yakozesa ekikolwa kino okulaga okuwuguka, okuwuguka oba okuwuubaala olw'okutamiira (Is. 28:7). Yali asobola okunnyonnyola okutamiira, si kuva mu wayini oba bbiya yekka naye n'okuva mu kwagala (Engero 5:19–20).

obuggya: Obutamutira oba obutabeera bulungi ng'olaba obulungi oba omukisa gw'omulala, nga buwerekerwako obukyayi ku ddaala eritali limu n'okwagala okuba n'enkizo ezenkanankana; okunyiiga mu ngeri embi.

okusuubira: Okusuubira oba endowooza y'ekintu ekigenda mu maaso; omutindo ogusuubirwa.

okuleka: Okwegaana. Buli lunaku kwataganya ebintu bye tukulembeza n'Ekigambo kya Katonda, ekiteeka by'ayagala ku byaffe.

gentle: Kirabika, kituukirawo; obwenkanya, obwenkanya, obw'ekigero, obugumiikiriza, obutakkaatiriza ku bbaluwa ya mateeka. Alaga okufaayo okutunuulira mu ngeri ey'obuntubulamu era mu ngeri entuufu ensonga z'omusango.

obutuufu: *Dokimion* (Oluyonaani). Ekintu ekigezeseddwa ne kikkirizibwa. Ekozesebwa okunnyonnyola ebyuma ebyali biyise mu nkola ey'okuggyawo obucaafu bwonna.

glorify: Okufumiitiriza, okussa ekitiibwa, okutendereza, okuwa ekitiibwa oba ekitiibwa nga omuteeka mu kifo eky'ekitiibwa.

omutima: *Kardia* (Oluyonaani). Entebe y'okwegomba, enneewulira, omukwano, obwagazi, ebisikiriza; ebirowoozo.

omutima: *Lebabu* (Olwebbulaniya). Ebirowoozo, omuntu ow'omunda (okwagala, enneewulira). Ekigambo kino okusinga kyogera ku nneeyisa yonna ey'omuntu ow'omunda.

omuyambi: *Azar* (Olwebbulaniya). Okuyamba, okuwagira, okuwa okuzzaamu amaanyi; omu eyeetooloola, akuuma, era n'ayamba omulala.

omuyambi: *Ezer* (Olwebbulaniya). Okuyamba oba obuyambi obuweebwa; kiraga abantu abawa obuyambi. Omukazi yatonda ng'omuyambi wa Adamu ow'okujjuliza (Olubereberye 2:18, 20). Mukama ng'omuyambi wa Isirayiri (Koseya 13:9). Mukama ng'omuyambi wa Isirayiri omukulu (Okuva 18:4; Ekyamateeka 33:7; Zabbuli 33:20; 115:9–11).

omuyambi: Oyo ajja n'ayamba, so si kukulembera.

okuyigirizibwa mu butuukirivu: Ebyawandiikibwa biwa okutendekebwa okulungi. Okuyigiriza mu kusooka kwali kwogera ku kutendeka omwana mu nneeyisa ey'okutya Katonda; si kunenya kwokka n'okutereza enneeyisa enkyamu (Ebikolwa 20:32; 1 Timoseewo 4:6; 1 Peetero 2:1–2).

ekika: *Chrestos* (Oluyonaani). Okukola ebirungi; kitegeeza okuba omukkakkamu, omusaasizi, omusaasizi, ow'ekisa, era ow'empisa ennungi okwawukana ku mukambwe, omukaluba, omusongovu, omukaawa oba omukambwe. Endowooza y'empisa ennungi.

okumanya: *Epignosis* (Oluyonaani). Okwetaba mu bujjuvu mu kufuna okumanya, n'okukukozesa.

okugumiikiriza oba okugumiikiriza: Okubeera ow'obusungu obuwanvu, ekikontana n'obusungu obw'amangu; kizingiramumu okutegeera n'obugumiikiriza eri abantu. Kyetaagisa okugumira embeera, so si kufiirwa kukkiriza oba okulekulira.

omukwano: *Agape* (Oluyonaani). Okuddamu kw'omutima gwa Katonda eri aboononyi abatasaana. Agape kwe kwagala kwa Katonda okwolesebwa mu kwefiiriza olw'okugasa ebintu by'okwagala kwe, Omwana we n'aleeta okusonyiyibwa eri omuntu. Engeru ya Katonda enkulu enoonya ebirungi by'abalala awatali kulowooza ku bikolwa by'abalala; kizingiramumu Katonda okukola ekyo ky'amanyi nti kisinga ku muntu so si ekyo omuntu ky'ayagala. Agape ali mu kusalawo okwagala awatali bukwakkulizo.

omukwano: *Fileo* (Oluyonaani). Engeru omwoyo gw'omuntu gye gukwata ku ekyo ekigusikiriza ng'ekisanyusa. Yawukana ku agape era ayogera ku kitiibwa, ekitiibwa eky'amaanyi, n'omukwano omugonvu era asinga kukwata ku nneewulira. Okwagala kw'omukwano; esalibwawo essanyu omuntu ly'afuna okuva mu kintu ky'ayagala okwagala okwo. Phileo mukwano ogw'obukwakkulizo.

Omusingi Ogw'amanyi

okufumiitiriza: Okuwowoggana, okwogera oba okugugumbula amaloboozi ag'okuwuubaala, ng'okusoma ekitundu mu ddooboozi ery'omwanguka oba okunyumya naawe kennyini, okukwatagana n'ekiwandiiko kisobole okunnyika mu birowoozo byo. Ng'ensawo ya caayi ennyogovu mu mazzi bw'eyita mu mazzi, n'okufumiitiriza ku Byawandiikibwa bwe kuyita mu birowoozo byaffe. Mu nsi ya Baibuli, okufumiitiriza tekyali nkola ya kasirise.

minister (omuntu): Omuweereza oba omuweereza; oyo alabirira, afuga, era atuukiriza.

minister (ekikolwa): Okutereeza, okulung'anya, n'okuteeka mu nsengeka; okuweereza, okuweereza omulala; okukolera Mukama ng'omuuddu.

obutasanyukira butali butuukirivu (obutali butuukirivu): Bw'olaba omuntu ng'agwa mu kibi oba ng'akola ensobi, toba musanyufu wadde okwesasuza gy'ali.

etuukiridde: *Teleio* (Oluyonaani). Okukola ekijjuvu, ekiraga nti waliwo ekintu ekigenda mu maaso. Naddala n'amakulu okuleeta ku nkomerero enzijuvu, okumaliriza, okutuuka ku kiruubirirwa ekigendereddwa, okumaliriza omulimu oba omulimu.

preference: Omuntu ky'ayagala nga tannatuuka oba okusinga munne. Si kituufu wadde ekikyamu.

okuwa: *Pronoeo* (Oluyonaani). Okulowooza ennyo, okulowooza ku, okulowooza, okufaayo, okulowooza nga bukyaali mu ngeri ey'okusaba, okufaayo mu kulabirira omuntu omulala.

ekigendererwa: Ekigendererwa oba ekyetaagisa okuvaamu oba ekiruubirirwa.

react: Okukola nga oddamu ekizimba oba ekisikirizibwa, okukola mu kuwakanya.

okukola mu mubiri: Omukristaayo okweyisa mu mbeera mu ngeri ey'ekibi, mu muze gw'obutonde bwabwe obw'edda obugwa, oba okukola mu maanyi gaabwe n'okutegeera okusinga amaanyi n'amagezi g'Omwoyo Omutukuvu.

nga basanyukira amazima: Nga musanyuka nnyo; okusanyuka olw'ekyo ekituufu nga basinziira ku bisuubizo bya Katonda.

okwenenya: Okumalirira; okulongoosa obulamu bw'omuntu ng'ekivudde mu kwejjusa olw'ebibi by'omuntu; okwejjusa olw'ekyo omuntu ky'akoze oba ky'alekayo okukola mu maaso ga Katonda. Okukyuka n'ogenda mu kkubo eddala; okukyusa endowooza y'omuntu, okwagala kwe, n'obulamu bwe, ekivaamu okukyusa enneeeyisa; okukola ebintu mu ngeri endala.

okunenya: Ekigambo kya Katonda kitubuulira ekikyamu oba ekibi mu kukkiriza n'enneeyisa.

ddamu: Weeyisa bulungi oba mu ngeri ennungi.

okuddamu mu kwagala: **Okuddamu n’obulagirizi obw’omunda, okwagala, amagezi, n’amaanyi g’Omwooyo Omutukuvu.**

okugabanya mu butuufu: Okusala ekintu ekigolokofu nga bw’okola mu kubajja, mu kuzimba amayinja, oba ng’osala olugoye olugenda okutungibwa wamu.

rude: Emanyiddwa olw’okukaluba; obukambwe, obukambwe, obubi, obutali bwa kitiibwa, oba okunyiiza mu ngeri oba mu bikolwa.

okumatiza: *Rawah* (Olwebbulaniya). Okuwa amazzi, okutonnya; okunywa ekijjulo ky’omuntu. Kitegeeza okuwa omuntu ekyokunywa mu ngeri ey’obugambo n’ey’akabonero (Zabuli 36:8-9; 65:10–11). Kitegeeza okunywa byonna omuntu by’ayagala, okumatiza (Engero 5:19; 7:18).

obukuumi: Embeera y’okubeera nga toline bulabe oba kutiisibwatiisibwa, okuba n’obwesige nti omuntu alina obukuumi, era nti obulamu bw’omuntu bukakasibwa omulala, nga mu mukyala awummudde bulungi mu bukulembeze bw’omwami.

noonya era oteekewo ebirowoozo byo: Ebikolwa ebiragiro ebiraga ekikolwa nkola etaggwaawo. Noonya kitegeeza okunoonya n’okufuba okunoonya. Teekawo ebirowoozo byo kitegeeza ekiraamo, omukwano, n’omuntu ow’omunda.

sooka onoonye: Ekiragiro okukola n’obutakoma (Matayo 6:33).

noonya ekkubo lyo: Okugoberera ekisinga okutuukagana n’ebyo by’oyagala nga tofaayo ku ngeri ebikolwa byo oba amakubo go gye bikosaamu abalala. Obutayagala kufuna biteeso, nga muno mulimu okulagirwa okuva mu ndowooza ya Katonda oba munno.

okusoma: Ekikolwa ekiragiro; ekiragiro okukola n’okusigala ng’okola. Kitegeeza okugumiikiriza n’obunyiikivu, okunyiikira, okufuba ennyo okukola kyonna ekisoboka, okwagala ennyo n’obunyiikivu mu kutuukiriza ekiruubirirwa.

okuweereza: *Hupotasso* (Oluyonaani). Endowooza ey’obwannakyewa ey’okwewaayo, okukolagana, okwetikka obuvunaanyizibwa, n’okwetikka omugugu.

talowooza kibi kyonna: *Logizomai* (Oluyonaani). Kikozesebwa ng’ekigambo eky’okubala ebitabo, ekitegeeza okussa ebintu awamu mu birowoozo by’omuntu, okubala oba okugatta, okwemalira mu kubala.

Omusingi Ogw'amanyi

nga tulina ebikozesebwa mu bujjuvu buli mulimu omulungi: Katonda agenderera ffe okutegeera by'ayagala n'okuweebwa amaanyi okugoberera mu buwulize nga tugoberera emisingi gya Baibuli mu Kigambo kye.

ekyusiddwa: *Metamorphoó* (Oluyonaani). Mu kino mwe tuggya ekigambo enkyukakyuka (metamorphosis). Okukyuka n'ofuuka ekintu eky'enjawulo ddala, ng'enkwale okutuuka ku kiwujjo.

amazima: Gava mu Kigambo kya Katonda; eraga bulungi ekituufu n'ekikyamu.

omulimu gw'okukola: *Poiema* (Oluyonaani). Muno mwe tuggya ekigambo ekitontome. Okukola ekintu; omulimu, ekintu ekikolebwa, omulimu oba omulimu ogw'ekikugu.

Ebisembayo

1. Jennifer Wolf, "The Single Parent Statistics Based on Census Data," Very Well Family, byasembayo okukyusibwa May 22, 2018, <https://www.verywellfamily.com/single-parent-census-data2997668>.
2. "Pew Research Social and Demographic Trends," Pew Research Center, byasembayo okukyusibwa 12/14/11, www.pewsocialtrends.org.
3. John MacArthur Jr., *The MacArthur Study Bible* (Nashville, TN: Word Pub., 1997), Olubereberye 2:18.
4. MacArthur, *The MacArthur Study Bible*, 2 Timoseewo 3:16.
5. Spiros Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary: New Testament* (Chattanooga, TN: AMG Publishers, 2000), 481.
6. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, #5048.
7. MacArthur, *The MacArthur Study Bible*, Olubereberye 2:24.
8. MacArthur, *The MacArthur Study Bible*, Olubereberye 2:24.
9. Stephen & Alex Kendrick with Randy Alcorn, *The Resolution for Men*, ed. Lawrence Kimbrough (Nashville, TN: B&H Publishing, 2011), 115.
10. Warren Baker, *The Complete Word Study Dictionary: Old Testament* (Chattanooga, TN: AMG Publishers, 2003), 537.
11. Spiros Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary: New Testament*, (Chattanooga, TN: AMG Publishers, 2000), electronic ed.
12. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, electronic ed.
13. Thomas D. Lea and Hayne P. Griffin, "1, 2 Timothy, Titus," in *The New American Commentary* vol. 34, (Nashville: Broadman & Holman Publishers, 2001), 112.
14. *Webster's New International Dictionary of the English Language*; Second Edition Unabridged; (Springfield, MA: G & C Merriam Company, 1944).

Ebikwata Kumuwandiisi

Omusirusiru. Omuyizi eyalina obuzibu okusoma ebiwandikidwa. Omuyizi wa siniya ey'okusatu naye nga omutindo gw'okusoma eguli ku ddaala ly'ekyookusatu. Omwami atalina ky'amanyi era taata atulugunya. Byona by'ali binyonyola Omusumba Craig Caster mu kiseera ekimu mu bulamu bwe, naye Katonda yalina enteekateeka ya njawulo gy'ali.

Wadde nga Craig yali atya okwogera mu lujjudde, Katonda yamuyita mu buweereza obw'ekiseera kyonna mu 1994. Yafulumu mu kukirira nga talina buyigirize wadde diguli mu seminaaliyo. Yayawulibwa mu 1995 era okuva olwo awandiise ebitabo bina; n'afuula abasajja bangi abayigirizwa; Awabudde ebikumi n'ebikumi; akulembede bangi nnyo eri Kristo; era ayigiriza enkumi n'enkumi okuyitira mu misomo gy'obufumbo n'okukuza abaana, mu zi semina z'abasajja, n'enkuŋgaana z'abasumba mu Amerika n'ensi yonna. Byonna olw'ekisa n'amaanyi ga Katonda.

Wadde nga Craig yawa Yesu obulamu bwe mu 1979, enkyukakyuka ze zaatandika bwe yatandika okubeera n'obudde ne Yesu n'Ekigambo kye buli lunaku. Mu butuufu, Yesu ayagala okuba n'enkolagana ey'oku lusegere ne buli omu ku ffe. Obulamu bwe bukyuse emirembe gyonna kubanga agoberera enkolagana eno era yeesigamira ddala ku Kristo.

Daamu amaanyi.

Bw'oba olafubana n'okwesiga nti Katonda asobola okukola mu bulamu bwo n'okuyita mu bulamu bwo, daamu amaanyi olw'ebyafaayo bya Paasita Craig. Tokkiriza bibi byo eby'emabega, obuzibu bw'okuyiga, okutya okuyigiriza oba okwogera, oba obutasoma kukulemesa kugondera okuyitibwa kwa Katonda ku bulamu bwo. Katonda ayagala okukufuula omuyigirizwa we, era bw'oba omufumbo oba ng'olina abaana, ayagala okukufuula omufumbo era omuzadde amussaamu ekitiibwa. Ekisa kye kyewuunyisa era tekirina kkomo. Ayagala nnyo era ayagala okugulumizibwa okuyitira mu ggwe.

Ebisubizo By'aKatonda gy'Oli.

Twebaza Katonda olw'ebisuubizo bye ebingi n'enteekateeka ze. Fumiitiriza ku bisuubizo bye okuva mu bigambo bya "Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo."

¹Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo, eri abo abaafuna okukkiriza okw'omuwendo omungi nga ffe bwe twakufuna mu butuukirivu bwa Katonda waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo; ²ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe.

³Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye. ⁴Mu

byo mweyatuweera ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo omungi ennyo; olw'ebyo mulyoke muwone okuzikirira okuli mu nsi okuleetebwa okwegomba okubi, mulyoke mugabane ku bwa Katonda bwe. ⁵Olw'ensonga eno mufube okulaba nga, ku kukkiriza kwammwe mwongerako obulungi, era ne ku bulungi bwammwe mwongerako okutegeera; ⁶era ne ku kutegeera kwammwe mwongerako okwegendereza; era ne ku kwegendereza kwammwe mwongerako okugumiikiriza; era ne ku kugumiikiriza kwammwe mwongerako okutya Katonda; ⁷era ne ku kutya kwammwe Katonda mwongerako okwagala ab'oluganda; era ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe mwongerako okwagala. ⁸Kubanga bwe muba n'ebyo ne biba ebingi, bibafuula abatali bagayaavu n'ababala ebibala olw'okutegeerera ddala Mukama waffe Yesu Kristo. (2 Peteero 1:1-8).

Ebikwata Ku Buweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka

Obuweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka (FDM), obuwereza obwa na kyeewa ekyatandikibwawo mu 1994 n'omutandiisi era omuddukanya omusumba Craig Caster, efuba okuwagira, okusomesa n'okutendeka omubiri gwa Kristo okuweereza amaka. Okusobola okutuukiriza ekigendererwa kino, FDM ewa ebitabo by'okujjuzaamu, obutambi ezibisemba, n'ebikozesebwa ku yintaneeti eby'okusoma kinnoomu, ebibinja ebitono, okusoma mu kibiina ky'awaka, n'obuyigirizwa omu ku omu. Bakola emisomo egikwata ku bufumbo, okukuza abaana, okutegeera abavubuka, n'okuteekateeka abuyigirizwa mu kkanisa.

Ekgendererwa kya FDM mu buweereza kwe kukubiriza, okutendeka n'okuteekateeka abakulembeze b'amakanisa g'Abakrisitaayo okukulaakulanya okwolesebwa kw'okubeera abayigirizwa n'okubawa ebitabo eby'okujjuzaamu eby'esigamye ku Bayibuli okubayamba okuweereza amaka mu makkansa gabwe. Okuva mu 1995, enkumi n'enkumi z'abantu bamalirizza emisomo gy'obufumbo n'okukuza abaana era ebikumi n'ebikumi by'amakanisa mu Amerika n'ebweru w'eggwanga biweereza ebibiina byabwe nga bakozesa ebintu bya FDM. Obuweereza bwabwe era buyamba amaka mangi okuyitira mu bintu bya yintaneeti eby'obwereere ebisingibwa ku FDM.world.

FDM yenyigira mu kuwereza mu nsi yonna mu mawanga nga Russia, Ukraine, Cuba, Mexico, Africa, Singapore, Japan ne China. Manya ebisingawo ku FDM.world.